Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

EQUIPPING CHURCH LEADERS
• EAST AFRICA •

OKUTENDEKA ABAKULEMBEZE BA'MAKANISA MU BUVANJUBA BWA'FRICA

OKUBUULIRA OKW'OKWANJULUZA

kyawandiikibwa

Jonathan M. Menn

B.A., University of Wisconsin-Madison, 1974
J.D., Cornell Law School, 1977
M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007

Equipping Church Leaders-East Africa
3701 N. Gillett St., Appleton, WI 54914
(920) 731-5523
jonathanmenn@yahoo.com
www.eclea.net

Omwezi ogw'ekkumi n'ebbiri 2007; yalongoosebwamu mu Ogw'okutaano 2013; yatereezebwa mu gw'omusanvu 2014

Okubuulira okw'okwanjuluza—engeri ey'okwanjuluza, okubuulira, n'okuteekesa Bayibuli mu nkola—kunyonnyoddwa ne kulagibwa bulungi. Omugaso gw'obulamu bw'omubuulizi yennyini gunyonnyoddwa. Buli kintu ekikwata ku ngiri ennungi, okuva ku nyanjula yaayo, okuyita mu nsonga enkulu n'okwanjuluza, okutuuka ku kuteekesa obubaka mu nkola n'okuwunzika, kyekenneenyezeddwa ne kitangaazibwa bulungi. Engeri ey'okuteekateeka n'okutegeka engiri ennungi etunuuliddwaamu, enkola ez'okutegeka engiri zonna zilagiddwa, n'obufunze bw'engiri buweereddwa mu bujjuvu. Ekisobozesa empuliziganya okusendasenda, n'enkola y'omubuulizi, nabyo byogeddwako.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

EBIRIMU

I. Okubuulira okw'Okwanjuluza—Enyanjula…….....…….…….....3
A. ***Okunyonnyola Okubuulira okw'Okwanjuluza***…….....3
B. ***Ensonga z'okubuulira okw'okwanjuluza, n'emigaso gyakwo*** ……..…….....5
C. ***Okwawukana kw'okwanjuluza ku kubuulira okuliko omutwe*** ……..…….....6

II. Okubuulira kitabo ku kitabo mu Bayibuli …….….....6
A. Ennono nnyingi okubuulira kwazo zikuggya mu bitundu ebisangibwa mu kukuŋŋaanyizibwa kw'ebitabo eby'ebyawandiikibwa okuva mu Bayibuli……....6
B. ***Okwanjuluza ebitundu ebitayungiddwa wamu wiiki ku wiiki kuziimuula ebiri mu nyiriri ezeetoolodde ekitundu ekyo*** ……..…….....6
C. ***Enkola emu ey'okwanjuluza kwe kubuulira kitabo ku kitabo mu Bayibuli***…….…..…...7
D. ***Waliwo ensonga eziwerako ez'okubuulira kitabo ku kitabo, n'emigaso gyakwo*** …..……..7

III. Obulamu bw'Omubuulizi…….……...8
A. ***Abo ababuulira Ekigambo kya Katonda bayitiddwa okubeera n'obulamu obutukuvu***……...8
B. ***Omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu mu kubuulira okw'okwanjuluza gwetaagisa ababuulizi okuba n'obulamu obutukuvu***…….…….....9
C. ***Obulamu obufaanana ekyo ky'obuulira, obukolagana obulungi ne Katonda n'abalala, buyamba nnyo okusendasenda kw'ebyo by'oyogera***..…….…....10

IV. Okulowooza ku Mbeera z'Abawuliriza n'Okumanya kwabwe ……..…...…….....10
A. ***Okulowooza ku Mbeera z'Abawuliriza***……...…….……10
B. ***Newakubadde empaayo yaabwe ey'enjiri yayawukananga okusinziira ku mbeera y'abawuliriza n'ekigendererwa kyabwe, Yesu n'ababuulizi n'abayigiriza abalala aba Bayibuli baakozesanga enkola ey'okubuulira n'okuyigiriza "eyeesigamizibbwa ku "kizibu (oba, ensonga)" ebakwatako***…….…….…11
C. ***Okubuulira kwaffe kulina kugoberera enkola ya Yesu ne Pawulo*** ..…….…...…….12
D. ***Okumanya kw'ekkung'aniro n'enkola "ey'Olukomera olw'Empagi" eyeesigamizibbwa ku kizibu ekiba kiriwo-ky'etegeeza***……..……15

V. Okulowooza ku Kitundu kya Bayibuli ky'Oyanjuluza ……...…….…….16
A. ***Ekigendererwa ky'ekitundu***…….....…….....16
B. ***Okunyonnyola n'okuwa eky'okulabirako ky'ekitundu***……..…….……18

VI. Okuteeka mu nkola
A. ***Okukyusa obulamu ky'ekigendererwa ky'embuulira ey'okwanjuluza***…….....19
B. ***Amazima g'enjigiriza ya Bayibuli yonna gagatiddwa wamu n'enteeka yaago mu nkola mu bulamu obwa bulijjo eraga amazima ago bwe galina okufaanana ne bwe galina okukozesebw mu bulamu bwaffe***……..19
C. ***Okuteeka mu nkola kuwa enyanjuluza amakulu gaayo***……..19
D. ***Okuteeka mu nkola kuyinza okwetaaga nkyukakyuka mu ndowooza n'enkyukakyuka mu mpisa***……....19
E. ***Ababuulizi baleme kulowooza nti okunyonnyola obunyonnyozi, oba okuwa eby'okulabirako by'ekyo Bayibuli ky'egamba ne ky'etegeeza, abantu bajja kutegeererawo mbagirawo enkozesa y'amazima ga Bayibuli mu bulamu bwabwe***……...20
F. ***Ebibuuzo bibiri ebikulu okukuuma okuteeka mu nkola-ssa essira***……...20

VII. Ebitundu eby'Enjiri Ezikola n'Enteekateeka yabyo.....……..……..……..…22
A. ***Okusobola okukwata ku bantu, enjiri erina kuba na mulamwa gumu ogugatta byonna awamu*** ……..…….....22
B. ***Obubaka obusendasenda buyambibwako enteekateeka entangaavu***……..24
C. ***Ebitundu bisatu eby'enjiri bitera okuyisibwamu amaaso, naye ate nga bya mugaso eri okukola kw'enjiri yo obulungi: Enyanjula; Enkyuka; n'Empunzik***….....24
D. ***Endowooza ez'enjawulo ku nteekateeka*** ……..……..25
E. ***Enkola ez'enjawulo ez'enteekateeka***……..…….....27

VIII. Empuliziganya Esendasenda "n'Enkola" y`Omubuulizi……..…….....29
A. ***Teri nkola emu entuufu ey'okubuulira***…….....29
B. ***Engeri oba enkola ey`okubuulira obubaka esinziira kw`ebyo ebiri mu bubaka obwo ekiluubirirwa kyabwo, embeera gy'obuuliramu, okumanya kw`abawuliriza,***

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

***n`ebyetaago byabwe*……..30**

C. *Ennono y'okusendasenda ekozesebwa mu njiri ne mu bika ebirala eby'okwogera eri abantu abangi* ……..31

D. *"Okufukibwako amafuta" kw'omubuulizi tekwekuusa ku kusituka kw'obusimu*…..……..33

EBITABO EBYEYAMBISIBBWA ……..……..33

EBYONGERWAKO A— OKUYIGA BAYIBULI OKULIMU OKUBUUZA EBIBUUZO KU LW'OKUBUULIRA BAYIBULI…….....34

EBYONGERWAKO B— EMITENDERA EGITWALA ERI ENJIRI: OKWEKEBEZA OKUTONOENNYO KU LW'ABABUULIZI……...…36

EBYONGERWAKO C—Mat 6:19-24—Obulambulukufu bw'Ekika ky'Enjiri Esomesa……....43

EBYONGERWAKO D—Bef 2:11-16—Obulambulukufu bw'Ekika ky'Enjiri Esomesa…….45

EBYONGERWAKO E—Kuv 1:1-22—Obulambulukufu obwa OEO obw'Ekika ky'Enjiri Esomesa.....47

EBYONGERWAKO F—Kub 19:11-21—Obulambulukufu obwa OEO obw'Ekika ky'Enjiri eva mu Lugero...……..51

EBYONGERWAKO G—Zab 73:1-28—Obulambulukufu bw'Enjiri y'Ekitundu ky'Ebyawandiikibwa…….……..52

EBYONGERWAKO H—Kub 19:11-21—Obulambulukufu bw'Enjiri y'Ekitundu ky'Ebyawandiikibwa ……..56

EBYONGERWAKO I—1 Sam 30:1-31—Obulambulukufu bw'enjiri erimu Nze-Ffe-Katonda-Ggwe-Ffe…….....56

EBYONGERWAKO J—ENGIRI EZISUUBIRWA OKUTUUKA KU BILUUBIRIRWA…….58

EBYONGERWAKO K—OYONOONA OBUDDE BWO OBW'OKUTEEKATEEKA ENGIRI?.....60

EBYONGERWAKO L—EBY'OKUKOLERA ENGIRI EBITALI BYANGU.....…….62

OMUWANDIISI……..63

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

OKUBUULIRA OKW'OKWANJULUZA

I. Okubuulira okw'Okwanjuluza—Enyanjula

A. *Okunyonnyola Okubuulira okw'Okwanjuluza*

1. Newakubadde Bayibuli yawandiikibwa enkumi z'emyaka emabegako, Omwoyo Omutukuvu akyayogera naffe okuyita mu Byawandiikibwa, era awa ebigambo by'Ebyawandiikibwa ebyo obulamu ne biba nti byaffe ffe abantu ba leero.

   a. *Enyiriri nyingi zikozesa ebiseera ebya leero mu Bywawandiikibwa, ekiraga nti Omwoyo akyayogerera ddala naffe okuyita mu Bayibuli olwaleero (**Beb 3:7; 4:7; 10:15-17; 12:5-6**).* N'ebyo ebyayita mu Ndagaano Enkadde byaliwo ng'eby'okulabirako gye tuli, byawandiikibwa naddala olw'okutuyigirizanga, era abantu abaabirimu bakyayogera naffe. (**1 Kol 10:6, 11; Beb 11:4**). Abatume n'abawandiisi ba Bayibuli batera nnyo okukozesa ebiseera ebyayita n'ebiriwo mu kwogera ku Byawandiikibwa, ekiraga nti ebyo ebyali biwandiikiddwa mu biseera biri bikyali "ekigambo ekiramu eri abantu abalamu okuva eri Katonda omulamu" (Stott 1982: 100). John Stott akinyonnyola bwati: "Bwe tumala okunyweza amazima nti Katonda 'akyayogera okuyita mu ekyo kye yayoyera', tujja kukuumibwa bulungi eri ensobi bbiri ezitakwatagana. Esooka y'enzikiriza nti, newakubadde eddoboozi lya Katonda lyawulirwa mu biseera eby'edda, olwaleero lisirise. Ey'okubiri y'endowooza nti ddala Katonda akyayogera n'olwaleero, naye Ekigambo kye kirina kitono nnyo ekikwatagana n'Ebyawandiikibwa, oba n'obutaba nakyo. . . Obutebenkevu n'amazima bisangibwa mu ndowooza ezikwatagana ezigamba nti Katonda yayogera, nti era akyayogera, era nti obubaka bwe bwombi buyungiddwa wamu, kubanga *okuyita* mu ekyo kye yayogera era akyayogera." (Ekitundu kye kimu: 102)

   b. *Enyiriri ezimu ziraga nti Omwoyo Omutukuvu bw'ayogera okuyita mu muntu abuulira obulungi Bayibuli, KIBA Kigambo kya Katonda (**Bik 4:31; 6:4; 11:14; Bar 10:17; Baf 1:14; 1 Bas 2:13; Beb 13:7; 1 Peet 1:22-25; 4:11**). Ekitegeeza*, omubuulizi bw'akola ekyo ky'ateekeddwa okukola, omubuulizi, Omwoyo, n'Ekigambo bonna bayungibwa wamu mu mulimu omulamu, ogulimu amaanyi, era ogusukkulumye ku kya bulijjo.

2. Okubuulira okw'Okwanjuluza kugoberera okuva ku mazima ago waggulu.

   a. *Ebitundu ebikola okubuulira okw'Okwanjuluza bye bino:*

      (1) Okubuulira okw'okwanjuluza kwesigamizibwa ku kiwandiiko ky'omu Bayibuli era kukinyonnyola mu bujjuvu;

      (2) Okubuulira okw'okwanjuluza kukola obwesigwa eri ekyo omuwandiisi ky'akkaatiriza, enjigiriza ye, omulimu gw'ekitundu ekyo eky'Ebyawandiikibwa, n'ekigendererwa kye; ne

      (3) Okubuulira okw'okwanjuluza kuteeka ekitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa ku bulamu bw'abawuliriza.

   b. *Okunyonnyola okubuulira okw'okwanjuluza.* Okubuulira okw'okwanjuluza kuyinza okunyonnyolwa nga, "okwanjuluza ekiwandiiko ekyalung'amizibwa n'obwesigwa era n'obwegendereza okukisobozesa okutegeerwa obulungi eddoboozi lya Katonda lisobole okuwulirwa abantu be basobole okumugondera." Bryan Chapell ayongerako nti, "Okusobola okwanjuluza obulungi ekitundu omubuulizi ateekwa okunyonnyola enyiriri ezikulembera ekitundu ekyo n'eziddako, nga anyonnyola amakulu gaazo, n'alaga kiki kye zitegeeza abawuliriza be bazifune mu ngeri ebasanyusa, etegeerekeka era ebasobozesa okuziteeka mu nkola" (Chapell 1994: 127).

3. Ekigambo "okwanjuluza" kiraga nti "okwanjuluza" ekyo Bayibuli ky'egamba, ky'etegeeza, ne ky'eraga, kuli mu mutima gw'okubuulira. Enkola eyo yatandikibwa bakabona mu Nekkemiya, "abaasoma mu kitabo, mu mateeka ga Katonda, okuwulikika [oba "okunyonnyola'] ne baleeta amakulu n'okutegeera ne bategeera ebyasomebwa" (**Nek 8:8**). Stott akinyonnyola bw'ati: "Okwanjuluza Ekyawandiikibwa kwe kujja mu kiwandiiko ebyo ebikirimu n'okubiteeka mu maaso g'abantu. Omwanjuluzi aggulawo ebyo ebirabika okuba nti byaggalwa, n'alabisa ebyo ebitalabika bulungi, n'asumulula ebyo ebyasibwa, n'ayanjuluza ebyo ebyasibwa awamu. Okwawukana n'okwanjuluza waliwo 'okuyingizaamu', ekitegeeza okuyingiza mu kyawandiikibwa ekintu ekitakiriimu. 'Ekyawandiikibwa' ekyo kiyinza okuba olunyiriri, oba emboozi ennamba, oba ekigambo kimu kyokka. Kiyinza n'okuba ekitundu, oba essuula, oba ekitabo ekiramba. Obunene bwakyo si nsonga kasita kiba nga kivudde mu Bayibuli. Ekikulu ky'ekyo kye tukikozesa. Oba kiwanvu oba kimpi, obuvunaanyizibwa bwaffe ng'abaanjuluzi kukiggulawo mu ngeri esobozesa obubaka obukirimu okuvaayo obulungi, mu butangaavu, awatali kukikyamyamu, mu ngeri ekwata ku bawuliriza, awatali kugattako, kutoolako, oba okulimba. Mu kubuulira okw'okwanjuluza ekyawandiikibwa ekivudde mu Bayibuli tekikola nyanjula ku njiri eriko omulamwa ogw'enjawulo,

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

era si kikondo kye tuyinza okwesigamyako ebirowoozo byaffe ebya buli kika, naye ye mukulu asalawo era afuga ebyo bye tulina okwogera." (Stott 1982: 125-26)

4. Okubuulira okw'okwanjuluza kukolagana na bitundu biwandiike. Omusumba Mark Harris anyonnyola nti, "Ekitundu ekiwandiike kiyinza okutegeerwa nga olunyiriri lw'ebirowoozo, enkubaganya y'ebirowoozo, oba olugero. Luyinza okuba olunyiriri lumu, oba nyingiko, oba essuula nyingiko. Mu buli kitundu, omulamwa gumu bulijjo gwe gufuga byonna, ebirala ebyetoolodde ne biba nti biwagira omulamwa ogwo. Omulamwa ogwo "ky'ekirowoozo ekikulu' " (Harris 2004: 22). Chapell mu ngeri y'emu ayita ekitundu ky'Ebyawandiikibwa eky'okubuulira "ekitundu ekiramba eky'okwanjuluza," ky'anyonnyola nga "ekitundu ky'Ebyawandiikibwa ekinene oba akatono omubuulizi mw'ayinza okulaga amazima ag'omwoyo ng'akozesa amazima amalala oba ebirowoozo ebirala ebiwagira omulamwa ogwo okuva mu kitundu kye kimu" (Chapell 1994: 53). Okutunuulira Ebyawandiikibwa ng'ebitundu eby'okwanjuluza kuyamba ababuulizi okutunuulira ebitundu by'Ebyawandiikibwa nga pakiti z'ebirowoozo ebyekutte awamu okusinga okubirowoozaako ng'enyiriri eziri awo nga buli emu eri ku bwayo" (Ekitundu kye kimu: 52).

5. Okubuulira okw'okwanjuluza kusinga okuyigiriza. Omubuulizi alina okuyiga Bayibuli, okugitegeera, n'okugivuunula obulungi. Okubuulira okw'okwanjuluza ne kulyoka kutwala eddaala eriddako ery'okutuusa amawulire agagirimu eri abantu *abatakoze* omusomo ogwo mu ngeri ebasobozesa okugutegeera *ng'abagukose.* Naye ng'ate okubuulira okw'okwanjuluza kukola ekintu ekisinga ku ekyo—kutuusa amazima ga Bayibuli eri abawuliriza mu ngeri ebalung'amya *okukyusa obulamu bwabwe* okusinziira ku ebyo bye bawulidde ne bye bategedde okuva eri omubuulizi. John Piper akinyonnyola bw'ati: "Paulo bw'agamba Timoseewo mu 2 Timoeewo 4:2, 'Buuliranga ekigambo,' ekigambo ky'akozesa awali 'buuliranga' ky'ekigambo ekikozesebwa nga 'okutangaaza' oba 'okulangirira' oba 'okubuulira mu lujudde' (*kēruxon*). Si ky'ekigambo ekikozesebwa nga 'okusomesa' oba 'okunyonnyola.' . . . Okulanga okwo nkuyita *kujaguza.* Okubuulira kwe *kujaguza* mu lujudde olw'amazima ge kuleeta. Si ky'ekintu ky'otoyinza kweyagaliramu oba ekinyogovu oba ekitaliiko ludda. Si kumala ganyonnyola bunyonnyozi. Kufaayo okulaba ku ebyo ebiva mu bye kugamba.

Naye ng'okulangirira okwo kulimu okuyigiriza. Oyinza okulaba nti nga bw'oddayo emabega mu 2 Timoseewo 3:16-Ebyawandiikibwa (ebireeta okubuulira) bya mugaso *olw'okuyigirizanga.* Era oyinza okukiraba ne mu 2 Timoseewo 4:2, 'Buuliranga ekigambo . . . kubirizanga, weranga era nenyanga, n'okugumiikiriza kwonna n'okuyigiriza.' N'olw'ekyo okubuulira kwanjuluza. Kukolagana n'Ekigambo kya Katonda. Okubuulira okutuufu tekuba birowoozo bya muntu. Kuba kwanjuluza Ekigambo kya Katonda n'obwesigwa. Kale, mu bimpimpi, okubuulira kwe kujaguza *okulimu okwanjuluza*." (Piper 2004: 10-11)

6. Okubuulira okw'okwanjuluza tekuteekwa kutwaliramu ebirowoozo by'omubuulizi byokka, naye n'omutima gwe, n'obulamu bwe. Ensonga eri nti Omwoyo Omutukuvu *asooka* kuteeka ekigambo ekyo ku *mutima gw'omubuulizi*, awo, okuyita mu ye, n'akiteeka ku mitima gy'abantu abalala. Okusobola okubuulira mu ngeri y'okwanjuluza, omubuulizi alina kusoma bulungi ekyawandiikibwa ekyo, ekiriisa omwoyo gwe, ne kimuwa amaanyi, ne kimufuula okuba omusumba era omuntu omulungi okusinga bw'abadde. Enkola eyo yateekebwayo Ezira "eyakakasa omutima gwe okunoonya amateeka ga Mukama, n'okugakolanga, n'okuyigirizanga mu Isiraeri amateeka ge n'emisango" (**Ezira 7:10**). "Soma-Teeka mu nkola-Yigiriza" yeeteekeddwa okuba enkola y'ababuulizi n'olwaleero.

7. Okubuulira okw'okwanjuluza mu ngeri y'emu kuteekwa okutwaliramu ebirowoozo, emitima, n'obulamu bw'ekkung'aniro. Piper agamba, "Mu nsinza ey'amazima bulijjo mulimu *okutegeera* n'amagezi *n'okuliisibwa* n'omutima. Bulijjo okutegeera kwe kuteekwa okuba omusingi gw'ekyo kye tuwulira muli, oba si ekyo, kye tubeera nakyo kwe kusituka kw'obusimu okutaliiko mitwe na magulu. Naye okutegeera Katonda okutaleeta okumuwulira mu mitima gyaffe kufuuka si kintu kirala wabula magezi ga bwongo n'obufu" (Piper 2004: 10).

8. *Ekigendererwa oba omulamwa* gw'okubuulira okw'okwanjuluza *si* kumala gayigiriza abantu Bayibuli ky'egamba ne ky'etegeeza, naye *kukyusa bulamu.* Nga Omusumba Andy Stanley bw'agamba, ekigendererwa "kuyigiriza abantu okubeera n'obulamu obulaga empisa, ennono, n'amazima ga Bayibuli" (Stanley ne Jones 2006: 95). Okukyusibwa *kw'obulamu* bwaffe (si ndowooza zaffe oba enzikiriza zaffe zokka) gwe mulamwa gw'ekyo Obukristaayo kye bukwatako (laba **Bar 8:29; 12:1-2; Bef 4:17-24; 5:8**). Kino Yakobo yakitangaaza bulungi bwe yagamba nti "okukkiriza awatali bikolwa tekuliiko kye kugasa" (**Yak 2:20**), ne "Naye mubeerenga bakozi ba kigambo, so si bawulizi buwulizi, nga mwerimbalimba" (**Yak 1:22**). Yesu yawa akabonero kamu akamanyisa abantu nti tuli bayigirizwa be: "Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka" (**Yok 13:35**). N'olw'ekyo, ekyo kye kyali ekigendererwa ky'enjigiriza ya Pawulo: "Naye enkomerero y'ekiragiro kwe kwagala okuva mu mutima omulongoofu n'omwoyo omulungi n'okukkiriza okutalina bukuusa" (**1 Tim 1:5**). Laba

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ng'ekigendererwa ky'okwagala bwe kikyusa *obulamu* bw'omuntu *bwonna:* omutima gulongoosebwa, amagezi galungiwa (kubanga tewakyali njawulo wakati w'ekyo omuntu ky'agamba n'ekyo ky'akola); n'okukkiriza kw'omuntu tekuba na bukuusa (okukkiriza kutambula wamu n'ebikolwa eby'Obwakatonda olwo ne kutaddayo kubeera kintu ekitagasa).

9. Kubanga ekigendererwa ky'okubuulira okw'okwanjuluza kukyusa bulamu, *enteeka y'ekigambo—KU bulamu bw'abawuliriza, ne MU bulamu bwabwe nga kikolebwa abawuliriza—kwe kwetooloolera byonna.* Ekigambo kya Katonda bulijjo kisaba omuntu okukyanukula: "Bwe weewaayo okubuulira olw'okukyusa obulamu, okwetegeka kwo tekunnaba kumala okutuusa ng'ozzeemu ebibuuzo bino bibiri eby'omugaso ennyo: N'olw'ekyo kiki? ne Kati kiki? Okubuulira kwaffe tekujja kukola njawulo nnene singa abantu baffe tebategeera njawulo gye kusuubirwa kuleeta. . . . Ekisumuluzo ekikuwa entandikwa entuufu ey'enkola eyo kwe kugaana okutandika okwogera okutuusa ng'ofunye okuddibwamu kw'ebibuuzo bino bibiri: Kintu ki ekimu kye njagala abawuliriza bange bamanye? [ne] Kiki kye njagala bakikolere?" (Stanley ne Jones 2006: 97, 104)

B. ***Ensonga z'okubuulira okw'okwanjuluza, n'emigaso gyakwo***

1. Okwanjuluza "kuteeka ekikugiro" mu ngeri y'okutukuumira mu kwanjuluza ekitundu ky'ebyawandiikibwa kye tukutte kyokka. Si kyangu omubuulizi okuwaba n'agwa mu kikemo eky'okuyigiriza "obulowoozo bwe obutonotono" n'ebigendererwa ebibye ku bubwe. Era si kyangu okukakibwa abantu be okubuulira "bye baagala okuwulira" byokka. *Ekikugiro* ku ekyo ky'ateekeddwa okubuulira kimuwa eddembe okubuulira okuteesa kwa Katonda kwonna mu ngeri eyamba okukakasa nti *obwesigwa* (eddembe ly'obutakemebwa n'obutakakibwa ku by'alina okubuulira) *n'okwenkanyankanya* (okwenkanyankanya wakati w'ebitundu eby'enjawulo ebya Bayibuli, n'okwenkanyankanya mu kitabo ekimu) bukolebwa mu kubuulira kwe.

2. Okwanjuluza okutuufu kwetaagisa omubuulizi obutanyoola Ebyawandiikibwa. Omubuulizi ayanjuluza ateekwa okuba n'obwesigwa okutegeera ekyo omuwandiisi w'ekitabo kye yagenderera okutegeeza, n'akyogera. Omubuulizi ayanjuluza ateekwa "okutuula wansi w'obuyinza bw'Ebyawandiikibwa n'obuwombeefu, mu kifo ky'okubeera ng'abisalira omusango" (Stott 1982: 127-30). Mu butuufu, bw'oba tobuulira ng'oyanjuluza Ekigambo, Katonda oba omukiikiridde bubi kubanga, "oyogera mu linnya lya Katonda ekyo Katonda ky'ataayogera: osuubiza abantu ebintu by'ataabasuubiza; owa amagezi ye g'ataawa, era owa okulabulwa ye kw'ataawa. Mu bufunze, oyigiriza (abawuliriza bo) mu ndabika enkyamu eya Katonda. Mu kukola ekyo, oba ofuuse omuyigiriza omulimba era weeteeka wansi w'okusalirwa omusango gwa Katonda." (Harris 2004: 26)

3. Ekigambo kiwa ababuulizi obuyinza obusembayo. "Obuyinza obw'Ekigambo butusobozesa okugamba omuntu yenna ebintu ebisinga okusoomooza awatali kwejjusa, naye ate obwo obuyinza bwe butwogeza n'ekisa nga tetukozesezza bubi maanyi ge tulina" (Chapell 1994: 89). Mu ngeri y'emu, okwanjuluza kutuwa obugumu mu kubuulira kubanga tuba tetubuulira birowoozo byaffe ku bwaffe oba eby'omuntu munnaffe omunafu. Wabula, twanjuluza Ekigambo kya Katonda n'obwesigwa n'amazima"; kale "tuyinza okuba abavumu ennyo" (Stott 1982: 132). Mazima, okunoonyereza kwa CTS ku bantu 263 abatali batendeke mu makung'aniro 28 (9 B'afirika-B'amerika; 16 abatasibuka mu bulaaya oba Supania; 3 nga ba mawanga matabule) okuva mu bubondo 13 mu seminaliyo y'eby'eddiini ey'abakristu eyo wakati mumaserengeta ga'America[Okunonyereza kwa CTS] kwalaga nti, "empisa ekyasinze okwogerwako ennyo ewa enjiri obuyinza y'enkozesa y'omubuulizi eya Bayibuli," naddala ng'omubuulizi agisomedde ddala bulungi era nga by'abuulira si birowoozo bye ye ng'omuntu (Allen 2006: 65, 67-68). Ekyo ekizuuliddwa kyakakasibwa okunoonyereza okulala okwakolebwa ku babuulizi 102 n'abawuliriza 479 okuva mu Amerika yonna, okwaggyibwa mu bibinja by'emyaka gyonna, dinominesoni, ebifo, n'amawanga gonna [okunoonyereza kwa GASS], okwazuula nti, "Emu ku mpisa ezisinga okuzuulibwa eza okubuulira okulungi, okusinziira ku bawuliriza abaabuuziddwa, kwali nti kubeere 'okwesigamiziddwa ku byawandiikibwa'; engeri enkulu ey'okubuulira okubi yali nkolagana etali ntegeerekeka wakati w'ekitundu ky'Ebyawandiikibwa n'ensonga (ensonga) enkulu ey'okubuulira" (Carrell 2000: 27).

4. Okubuulira okw'okwanjuluza kuleeta *amaanyi* g'Ekigambo *n'obuyinza* bwakyo, ne kubikozesa, omulimu ogukolebwa Omwoyo Omutukuvu (**Isa 55:10-11; Yer 23:29; Bik 18:28; Bef 4:17; 1 Bas 2:13; Beb 4:12; Yak 1:18; 1 Peet 1:23**). Awatali kubuusabuusa omusumba ayinza okusuubira okulaba okukyusibwa okw'omwoyo mu ndiga ze ng'ekibala ky'okubuulira kwe, kubanga "bwe tubuulira Ekigambo tuleeta omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu ne gukwata ku bulamu bw'abantu. Tewali mazima malala gazzaamu maanyi okusinga ago mu kubuulira kwaffe agatuwa n'okusuubira ebibala okuva mu kufuba kwaffe." (Chapell 1994: 24)

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

C. ***Okwawukana kw'okwanjuluza ku kubuulira okuliko omutwe***

1. Enjiri eriko omutwe y'enjiri ebuulirwa ku mutwe ogulondeddwa omubuulizi oba abantu abalala. Ebiseera bingi enjiri ezeesigamizibbwa ku miramwa teziba za kwanjuluza. Ababuulizi balonda omulamwa gw'enjiri eyo ne baguzimba okusinziira ku magezi gabwe, so si ku ekyo Katonda ky'ayogedde mu Bayibuli. "Ebyawandiikibwa bitonotono eby'okwekwasizaako" biyinza okusuulibwamu okuva mu Bayibuli, naye nga mu njiri ez'ekika ekyo emiramwa oba emitwe emikulu "giteekebwateekebwa okusinziira ku kigendererwa so si ku kulung'amya kw'ebyawandiikibwa ebyetoolodde," n'enzimba y'ebirowoozo ebikulu [eby'enjiri eyo] eva bweru w'ebyawandiikibwa ebyo." (Chapell 1994:127-28).
2. Enjiri eziriko emitwe ku bwazo ziyinza okuba za kwanjuluza. Mu kubuulira "okw'okwanjuluza okuliko omulamwa, enjiri etandika n'omulamwa, enjigiriza, omuntu, ekibi, ekyetaago ekiwuliddwa, n'ebirala, n'egenda eri Ebyawandiikibwa okunoonya kiki Katonda ky'agamba ku mulamwa ogwo." (Harris 2004: 30). Eky'okulabirako, mu kubuulira ku kujjamu embuto, ojja kwetaaga kutunuulira enyiriri okuva mu bitundu eby'enjawulo ebya Bayibuli kubanga tewali kitundu kyogera butereevu ku mulamwa ogwo. Omuntu abuulira enjiri "eyanjuluza omulamwa" alina kusigala nga yeewaddeyo okwanjuluza ekyo Bayibuli ky'egamba oba ky'eraga ku nsonga eyo; Bayibuli yeeteekwa okuba ekyo omuntu kye yeebuuzaako ekisookerwako n'obuyinza obusooka, era omubuulizi alina okwewaayo obutakozesa olunyiriri oluli ebweru w'ekyo ekyategeezebwa mu kusooka" (Ekitundu kye kimu). Enjiri ey'okwanjuluza eriko omutwe nayo eyinza okukozesa olunyiriri lumu olw'Ebyawandiikibwa "ng'essika" erisookerwako ery'obubaka, naye omwanjuluzi ayinza okukozesa n'enyiriri endala okunyonnyola endowooza engaziko ey'ekyo Bayibuli ky'egamba ku mutwe ogwo. Enjawulo wakati "w'okwanjuluza kw'omutwe" "n'okwanjuluza kw'ekitundu ky'Ebyawandiikibwa" eri nti mu kwanjuluza ekitundu ky'Ebyawandiikibwa *omubuulizi atandika n'ekiwandiiko n'akireka kimulage* 'endowooza enkulu' eri mu bubaka bw'enjiri eyo. Okunyonnyola embeera eyaliwo mu kaseera ak'okuwandiika ekitabo ekyo n'ensonga ezaakileetera okuwandiikibwa, n'okunyonnyola ebyo okubikwataganya n'emirembe egiriwo ennaku zino kukolebwa na bwegendereza era kwe kulaga entambula y'obubaka." (Ekitundu kye kimu, twongeddemu okukkaatiriza)
3. Enjiri eziriko emitwe awatali kubuusabuusa zirina ebifo byazo:
    a. Ziyamba okwawula enjiri ezigobereragana eziva mu kitabo kimu oba eziri ku mulamwa gumu, abantu basobole okuwulira n'ebintu ebirala.
    b. Zikwata ku nsonga eziba ziriwo mu bulamu bw'abantu oba mu buwangwa bwabwe ez'eetaaga okukolebwako mu kaseera akaba kaliwo.
    c. Ziyinza okukwata ku nsonga eziba ziriwo okusinziira ku kalenda (nga, Amazaalibwa ga Kristo, Pasika, olunaku olw'omugaso olw'okuwummula mu ggwanga) ezeetaaga okwogerwako.
    d. *Enjiri eziriko emitwe ku bwazo ziyinza okuvaamu enjiri ezigenda zigobereragana ezeesigamizibwa ku mulamwa oguli buli wamu mu Bayibuli (eky'okulabirako, "obuwanika" oba "empisa za Katonda").* Ku nsonga ng'eyo, omubuulizi ayinza okusalawo okwanjuluza ebitundu ebilonde mu Bayibuli, buli kitundu nga kyogera ku mulamwa gw'enjiri ezo ezigenda zigobereragana newakubadde ziva mu bitabo eby'enjawulo ebya Bayibuli. Ddala, omubuulizi ayinza okusalawo okubuulira enjiri ezigobereragana nga zirina omulamwa gumu *mu kitabo* (eky'okulabirako, "ekitiibwa kya Katonda" okuva mu Isaaya)—ku nsonga eyo, ekitabo ekyo kye kireeta ekiteeso, naye tekitegeeza nti buli lunyiriri mu kitabo ekyo lwa kwanjuluza.

II. Okubuulira kitabo ku kitabo mu Bayibuli

A. ***Abantu bangi bafuna enjiri zaabwe okuva mu kitabo ky'Ebyawandiikibwa ebiteeketeeke***

Ekitabo ky'ebyawandiikibwa ebiteeketeeke ky'ekitabo ekirimu ebitundu ebyalondebwa okuva mu Ndagaano Enkadde, Zabbuli, Enjiri, n'Ebbaluwa nga oyinza okubyetoolooleramu wiiki ku wiiki okumalako emyaka esatu. Ekitabo ekyo kibeeramu ebitundu ebyalondebwa okuva mu Byawandiikibwa ne biteekebwateekebwa, ekintu ekiyamba omusumba okumanyirawo ekitundu ky'agenda okubuulira. Ekirala, ebitundu ebyo biva mu bitabo byonna, ekitegeeza, mu bbanga lya myaka kumi n'ebiri, ekitundu kinene ekya Bayibuli kiyinza okwanjuluzwa. Mu nteekateeka eno, amaanyi gaateekebwa mu kukwataganya ebitundu ebya buli wiiki ne Kalenda y'ekkanisa. Newakubadde kisoboka okubuulira enjiri ez'okwanjuluza okuva mu bitundu ebyo ebilondeddwa wiiki ku wiiki, ebitundu ebyo, okusinga, tebiyungiddwa wamu.

B. ***Okwanjuluza ebitundu ebitayungiddwa wamu wiiki ku wiiki kuziimuula ebiri mu nyiriri ezeetoolodde ekitundu ekyo***

Ekibi ekinene ekiri mu kwanjuluza enyiriri oba ebitundu ebitakwatagana wiiki ku wiiki,

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

newakubadde enyiriri ezo oba ebitundu ebyo bilondeddwa okuva mu kitabo ky'Ebyawandiikibwa ebiteeketeeke, kiri nti okukola ekyo tekufa ku *nyiriri ezeetoolodde ekitundu eky*o. Ekyo kiziyiza abawuliriza okulaba enkwatagana wakati w'enyiriri ezo oba ekitundu ekyo ekyanjuluzwa n'enyiriri ezikyetoolodde nazo ezaalibadde zaanjuluzwa singa omubuulizi abadde abuulira okuyita mu kitabo kyonna. N'olw'ekyo, abawuliriza tebajja kusobola kufuna omulamwa gwonna ogw'ekitabo olunyiriri oba ekitundu mwe kisangibwa.

C. ***Enkola emu ey'okwanjuluza kwe kubuulira kitabo ku kitabo mu Bayibuli***

Wano okubuulira okw'okwanjuluza kubeera njiri ezigobereragana nga ziva mu kitabo kimu ekya Bayibuli. Ekyo bwe kiri kubanga ebitabo ebisinga ebya Bayibuli biwanvu okuyitirira ne biba nti tebisobola kwanjuluzwa bulungi mu njiri emu yokka. Ebitabo ebyo tebyetaaga kugobererwa kimu ku kimu okuva ku Lubereberye okutuuka ku Kubikkulirwa. Mu nkola eya bulijjo, ebitabo ebiwanvu byetaaga okubeera nga biwaanyisibwa n'ebimpi, oba, ebyawandiikibwa omuwandiisi omu okuwaanyisibwa n'eby'omuwandiisi omulala, oba, eby'Endagaano Enkadde okuwanyisibwa n'eby'Endagaano Empya, oba enjiri ezigenda zigobereragana eziva mu kitabo ekimu okuwaanyisibwa n'obubaka obuliko emitwe, okusobola okukyusaamu. Ne bw'oba tobuulira kubuulira kuddiriŋŋana okuyita mu kitabo kyonna, oyinza okulowooza ku ky'okubuulira okubuulira okuddiriŋŋana ng'oyita mu bitundu ebikulu eby'ebitabo (okugeza, omuddirirwa ku bulamu bwa Yusufu [**Olubereberye 37, 39-50**] oba omuddirirwa ku Okubuulira ku Lusozi [**Matayo 5-7**]). Omuddirirwa ng'ogwo guwa emigaso egy'okufaananako n'okubuulira ng'oyita mu bitabo byonna (laba wansi).

D. ***Waliwo ensonga ez'okubuulira kitabo ku kitabo eziwerako, n'emigaso gyakwo***

1. <u>Mu kutuwa Bayibuli, Katonda teyasalawo okutuwa Ekigambo kye ng'enyiriri eziri awo nga tezitakwatagana, naye mu ngeri y'ebitabo. Mu bitabo ebyo enyiriri zonna zikolera wamu okutuwa ebiteeso n'ebirowoozo ebikwatagana.</u> N'olw'ekyo, "[ekitabo] kyonna kinene okusinga omugatte gw'ebitundu byakyo [enyiriri ezo n'ebitundu byakyo]." Mu kubuulira okuva mu Bayibuli kitabo ku kitabo, omubuulizi ateeka bulungi essira ku Kigambo kya Katonda, awa Ebyawandiikibwa ekitiibwa olw'ekikula kyabyo, n'atuyamba okulowooza nga tutwaliddemu ebitundu ebirala ebigazi eby'Ebyawandiikibwa okusinga okulowooza ku nyiriri ezo awatali kufa ku ndala.
2. Okubuulira <u>enjiri ezaanjuluza okuyita mu bitabo bya Bayibuli kugaziya—ne kuwanvuya—okumanya kw'abantu n'omubuulizi, okw'Ekigambo kya Katonda.</u> Omubuulizi nga bw'abuulira okuyita mu kitabo ekimu, enjiri ezaanjuluza ebitundu ebikulembera n'ebigoberera ekitundu ky'aliko ziyinza okukoona ku kitundu ekyo, ekintu ekiwa abantu amaanyi okuddamu okukung'aanya ebiri mu kitundu ekyo n'okubitegeera.
3. <u>Okubuulira okw'okwanjuluza kugoberera eky'okulabirako n'enkola eyakozesebwanga mu Ndagaano Enkadde, era eyakozesebwa Kristo n'Abatume be mu Ndagaano Empya.</u> Mu Ndagaano Enkadde Ezira yayanjuluza Ebyawandiikibwa (**Nek 8:5-8**). Yesu yanyonnyola byonna ebyali bimuwandiikiddwako (**Luk 24:27, 32**). Yesu, Pawulo, ne Apolo baasoma, banyonnyola, ne batangaaza bulungi amakulu g'Ebyawandiikibwa ne bakubiriza abantu okuyita mu byo (laba **Lukka 4:14-27; Bik 17:1-4; 18:4-5, 24-28; 1 Tim 4:13; 2 Tim 4:2**).
4. <u>Abantu bategeera bulungi enjiri ya leero ng'eri mu mwaliro gw'enjiri endala ez'emabegako.</u> Omubuulizi tajja kwetaaga kumala kiseera kiwanvu ng'ayanjula ebiri mu buli njiri.
5. <u>Okutegeera kw'abantu kujja kweyongera mangu.</u> Olw'okuba nti kitwala obubaka obusukka ku bumu okusobozesa abantu "okukifuna," okugenda ng'odding'ana ekintu okutera okukolebwa mu kubuulira okuyita mu kitabo kuyamba okukkaatiriza omulamwa gw'ekitabo. Obubaka obumu bunyweza obulala.
6. <u>Okweteekateeka kw'omubuulizi kwanguwa.</u> Mu kwewaayo okubuulira okuyita mu bitabo bya Bayibuli, omubuulizi tajja kumenyeka nga yeebuuza (oba okwonoona ebiseera ng'anoonya) kiki ky'alina okubuulira buli wiiki.
7. <u>Abantu bajja kumanya engeri y'okwevvuunulira Bayibuli.</u> Okwongereza ku ky'okuyiga ebiri mu Kigambo kya Katonda, abantu bajja kuyiga buli wiiki engeri y'okwevvuunulira Ebyawandiikibwa okusinziira ku bitundu mwe bisangibwa.
8. <u>Okubuulira okw'okwanjuluza kutambula bulungi n'okwetaba kw'abantu mu njiri.</u> Ebibuuzo biyinza okubuuzibwa wiiki emu ng'olunaku olw'okubuulira enjiri telunatuuka; okuyamba abantu okuyingira mu kyawandiikibwa n'okutandika okukirowoozaako, obubiina obutonotono obw'abantu abayiga okuva mu kitabo ekyo buyinza okuteekebwawo olw'okukikubaganyaako ebirowoozo n'okuyiga ebikirimu nga bali bokka, enjiri nga bw'ebawa eby'okukozesa.
9. <u>Emitwe emizibu giyinza okukolebwako mu ngeri eya bulijjo.</u> Mu kubuulira okuyita mu bitabo ebiramba, omusumba *akakibwa n'okusobozesebwa* okusoma n'okubuulira "Ekigambo kya Katonda kyonna." Abantu bajja kulaba nti omusumba akutte ku mulamwa ogwetaaga okwogerwako n'obwegendereza kubanga agutuuseeko butuusi mu ngeri eya bulijjo mu kwanjuluza ekitabo.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

N'olw'ekyo, tebajja kwewuunya nga beebuuza nti "lwaki omusumba ayogera ku ekyo?" oba "omusumba abuulira enjiri eyo ku ani?"

10. Okubuulira okuyita mu bitabo bya Bayibuli kuyamba okukakasa nti ebyetaago by'ekkung'aniro ebikulu bituukibwako. "Ebyawandiikibwa byonna kubikkulirwa okulimu okununula okwaweebwa omuntu olw'okukola ku mbeera ye ey'okugwa (oba obutatuukirira bwe)" (Chapell 1994: 270-71). Okubuulira okuyita mu bitabo kutegeeza nti Bayibuli ejja kubikkulwa eri ekkung'aniro mu ngeri y'okukola ku nsonga zonna. Nga *Westminster Confession of Faith,* essuula 1, akatundu 6, bw'ekiteeka: "Ekigambo kya Katonda kyonna ekikwata ku bintu byonna ebyetaagisa olw'ekitiibwa Kye, obulokozi bw'omuntu, okukkiriza n'obulamu, kiteekeddwa wansi butereevu mu Byawandiikibwa, oba mu ngeri y'ebivaamu ebirungi ebyetaagisa ebiyinza okujjibwa okuva mu Byawandiikibwa: ebitayinza kwongerwako kantu konna obudde bwonna, okuyita mu kubikkulirwa okupya okw'Omwoyo, oba njigiriza za bantu."

III. Obulamu bw'Omubuulizi

Omubuulizi oba omukulembeze yenna mu kanisa ya Kristo ateekeddwa okubeera n'obulamu obuweesa Kristo ekitiibwa (laba **1 Tim 3:1-7; Tit 1:5-9**). Ekyo kituufu naddala eri abo abagenderera okunyonnyola Ebyawandiikibwa mu bujjuvu, kubanga Katonda agulumisa ekigambo kye (**Zab 138:2**).

A. *Abo abalangirira era ababuulira Ekigambo kya Katonda bayitiddwa okubeera n'obulamu obutukuvu*

1. Abaddu ba Katonda bayitiddwa okubeera mu bulamu obw'obutukuvu n'obuwulize eri Mukama. **Yok 14:21—**"Alina ebiragiro byange, n'abikwata, oyo nga ye anjagala." **Bar 6:19—**"muwengayo ebitundu byammwe okubanga abaddu eri obutuukirivu okutukuzibwa." **2 Kol 1:12—**"Kubanga okwenyumiriza kwaffe kwe kuno, okutegeeza okw'omwoyo gwaffe, nga mu butukuvu ne mu mazima ga Katonda, si mu magezi ag'omubiri wabula mu kisa kya Katonda bwe twatambulanga mu nsi era okusinga ennyo eri mmwe." **2 Tim 2:15**—"Fubanga okweraga ng'osiimibwa Katonda, omukozi atakwatibwa nsonyi, ayisa wakati ekigambo eky'amazima." **Beb 13:7**—"Mujjukirenga abo abaabafuga, abaababuulira Ekigambo kya Katonda; era nga mutunuulira enkomerero y'empisa zabwe, mugoberererenga okukkiriza kwabwe." **1 Tim 4:12—**"Omuntu yenna takunyoomanga olw'obuvubuka bwo, naye beeranga kya kulabirako eri abo abakkiriza." Laba ne **1 Tim 3:1-7** ne **Tito 1:5-9** olw'ebisaanyizo ebyetaagisa okusobola okubeera omukadde oba omulabirizi mu kanisa.
2. Ababuulizi naddala bateekwa okubeera n'obulamu obutukuvu, kubanga Katonda ye mujulizi waabwe era omusango gwe gubakwatako. **1 Bas 2:5, 10—**"Kubanga tetubeeranga na kigambo eky'okwegonza, nga bwe mumanyi, newakubadde n'ensonga ey'okukisa okwegomba—Katonda ye mujulirwa . . . Mmwe bajulirwa era ne Katonda, bwe twabanga n'obutukuvu n'obutuukirivu awatali kunenyezebwa eri mmwe abakkiriza." **Beb 13:17—**"Muwulirenga abo ababafuga, mubagonderenga; kubanga abo batunula olw'obulamu bwammwe, ng'abaliwoza bwe baakola" **Yak 3:1—** "Temubeeranga bayigiriza bangi, nga mumanyi nga tulisalirwa omusango ogusinga obunene."
3. Ababuulizi bateekwa okuzzaawo n'okukuuma enkolagana entuufu ne Katonda era n'abalala.
    a. *Kyetaagisa obulamu obuliko akabonero k'omusalaba okusobola okubuulira omusalaba.* Yesu yategeeza nti *tetuyinza* kubala ebibala fekka—tulina okusigala nga tuyungiddwa ku muzabbibu (**Yok 15:1-10**). Tuteekwa okusigala nga twesigamye ku Yesu n'ekigambo kye, nga Yesu bwe yeesigama ku Taata n'ekigambo kye (laba **Mat 26:39; Yok 4:34; 5:17-20, 30; 6:38; 8:28-29; 10:18; 12:49-50; 14:31; 17:4**).
    b. *Okubeera nga tuyungiddwa bulungi ku Yesu, n'okugondera ekigambo kye, kitegeeza nti tuteekwa okubeera n'enkolagana entuufu n'abantu abalala.* Ekimu ku bisaanyizo by'okubeera omukadde mu kanisa kwe kubeera omuntu ayaniriza abagenyi (**1 Tim 3:2).** Okwaniriza abagenyi—okutwala obudde ng'oli n'abantu abali mu kanisa yo n'okubamanya (essuubi lyabwe, okutya kwabwe, okufuba kwabwe, ebizibu byabwe, n'obulamu bwabwe okutwaliza awamu)—kwongera amaanyi mu busobozi bwo okukolagana obulungi n'abantu, ekijja okukuleetera okukola omulimu omulungi ng'omubuulizi. Yokaana yagattako nti, "kubanga atayagala muganda we gwe yali alabyeko, tayinza kwagala Katonda gw'atalabangako" (**1 Yok 4:20;** laba ne **Yak 2:14-26; 1 Yok 3:17**). Ekirala, omuntu atambula era ayogera ng'Ekigambo kya Katonda bwe kyogera, alina enkolagana ennungi ne Katonda n'abalala, mu butuufu tayinza kunenyezebwa olw'obunanfuusi, naye ayinza bulungi okuyita abalala okumugobereranga (laba **1 Kol 4:16, 11:1; Baf 3:17; 4:9; 1 Bas 1:6**).
4. Okuwa ebirowoozo ku ngeri y'okuteekawo enkolagana ennungi ne Katonda n'abalala.
    a. Fuba okubeera n'obutukuvu obukola, obw'amazima, obuva mu mutima ogulimu essanyu mu buli kitundu ky'obulamu bwo.
    b. Fuula obulamu bwo—naddala obulamu obw'okuyiga kwo—obulamu obw'okusseekimu ne Katonda ng'oyita mu kusaba.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

c. Soma ebitabo ebyawandiikibwa abasajja oba abakazi ba Katonda abatiiriika Bayibuli singa obasuna era abalina amazima agali mu musaayi gwabwe agakwata ku bye boogerako.
d. Twala ebirowoozo byo bulijjo eri ekigambo ky'okufa.
e. Lowooza ku njigiriza ya Bayibuli nti ggwe ng'omubuulizi ogenda kusalirwa omusango n'amaanyi.
f. Lowooza ku ky'okulabirako kya Yesu.
g. Fuba n'amaanyi go gonna okumanya Katonda n'okwewoombeekanga wansi w'omukono gwe ogw'amaanyi. (Piper 2004: 63-66)

B. ***Omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu mu kubuulira okw'okwanjuluza gwetaagisa omubuulizi okubeera n'obulamu obutukuvu***

1. Mu kubuulira okw'okwanjuluza okutuufu, Omwoyo Omutukuvu y'abikkulira omubuulizi amazima agali mu kitundu ekyo ky'abuulira, n'ateeka amaanyi mu bigambo by'ayogera, n'akwata ku bawuliriza mu ngeri y'okubawa obuwulize (laba **Bik 1:8; 4:31; 10:42-44; 11:12-21; 16:6-10, 14; 1 Kol 2:4, 12-13; 2 Peet 1:19-21**).
2. Okuweebwa okulung'amizibwa kw'Omwoyo mu kubuulira, ebiseera bingi, kusinziira ku *ndowooza*-y'omubuulizi.

a. *Pawulo yayogera ku ky'okubeera n'omwoyo omutuufu ogw'obuwulize, ne ku "kutya n'okukankana," mu maaso ga Katonda.* Yakiraba nti mu mbeera eyo, ye ng'ekibya kya *Katonda*, ajja kuba abuulira ekigambo kya *Katonda*, eri abantu ba *Katonda*, ku lw'ekitiibwa kya *Katonda*—era Katonda alimusalira omusango okusinziira ku ebyo (**1 Kol 2:1-5**; laba ne **2 Kol 2:14-17; 4:2, 7; 5:11**).

b. *Endowooza entuufu emanyi okwesigama kwaffe ku Mwoyo.* Piper atulabula: "Phillips Brooks yawanga ababuulizi abato amagezi ng'akozesa ebigambo bino: 'Tokkirizanga n'akatono okuwulira mu mutima gwo nti wenkana n'omulimu gwo. Bw'olaba ng'omwoyo ogwo gutandise okukubeeramu, tya.' Era ensonga emu ey'okutya eri nti Kitaawo ajja kukumenya era akuwoombeese. . . . Emitawaana gy'okwemalirira n'okwegulumiza mu buweereza obw'okubuulira enjiri gigenda gyekung'anya bwegityo Katonda olumu n'aba nti atubonereza bw'aba nga ky'ateekwa okukola okutukutulako okwematira kwaffe n'enkola yaffe ey'obukugu.

Kale Pawulo n'agolokoka okubuulira (agamba mu 1 Kol 2:3) "mu bunafu ne mu kutya ne mu kukankana okungi"—ng'alina okutya mu kitiibwa kya Mukama, ng'amenyeddwa mu malala ge, ng'akomereddwa ne Kristo, ng'aziimuula okwogera kw'abo abeeyita abagezi. Kiki ekyaliwo? Waaliwo okulabisibwa kw'Omwoyo Omutukuvu n'amaanyi ge (2:4)!

Awatali kulabisibwa okwo okw'Omwoyo Omutukuvu n'amaanyi ge mu kubuulira kwaffe, tewali kya mugaso ekiyinza okutuukibwako abantu ne bwe tunaabamatiza tutya era ne bwe banaasanyukira batya eby'okulabirako byaffe oba ne bwe banaayiga batya okuva ku njigiriza yaffe. Ekigendererwa ky'okubuulira ky'ekitiibwa kya Katonda mu buwulize obulimu essanyu mu bantu be. . . . Oba okukyogerako mu ngeri endala, mu kubuulira, oyo atuwa omulamwa n'atuwa n'amaanyi okubuulira y'atwala ekitiibwa. N'olw'ekyo, ekiruubirirwa ky'okubuulira bwe kiba nga kya kutuukibwako, tuteekwa buteekwa okubuulira ekigambo ekilung'amizibbwa Omwoyo wa Katonda mu maanyi agatuweereddwa Omwoyo wa Katonda." (Piper 2004: 42-43)

c. *Okutuyamba okusigala nga twesigamye ku Mwoyo, Piper agoberera emitendera etaano "mu kunoonya okubuulira so si mu maanyi gange naye mu maanyi Katonda g'awa."* Ateeka mu bufunze emitendera egyo etaano mu nukuta *NSOKB.* Ebirowoozo bye bwe biba "bitabuddwa okutya oba okuzikirizibwa," amangu ago nga sinnaba kubuulira, "kumpi bulijjo nteeka omutima gwange mu maaso ga Mukama okuyita mu *NSOKB*." *NSOKB* kiyimirirawo ku lwa bino: **N—**Nzikiriziganya ne Mukama nti awatali ye sirina kye nyinza kukola; **S**—Mmusaba obuyambi, okutegeera, amaanyi, obuwombeefu, okwagala, okujjukira, n'eddembe lye nneetaaga okubuulira obubaka obwo ku lw'ekitiibwa ky'erinya lye n'essanyu ly'abantu be n'okukung'aanya kw'abalonde be; **O**—Okwesiga so si mu bulungi bwa Katonda okutwaliza awamu, naye mu kisuubizo ekiweereddwa kye nyinza okuterekamu essuubi lyange ku lw'akaseera ako; **K**—Okukola nga ndi mugumu nti Katonda ajja kutuukiriza ekigambo kye; **B**—Neebaza Katonda ku nkomerero y'obubaka bwe mpadde kubanga ampaniridde era amazima g'ekigambo kye n'obuguzi bw'Omusalaba gwe bibuuliddwa mu maanyi ag'Omwoyo we olw'ekitiibwa ky'erinnya lye (Piper 2004: 47-49).

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

C. ***Obulamu obufaanana ekyo ky'obuulira, obukolagana obulungi ne Katonda n'abalala, buyamba nnyo okusendasenda kw'ebyo by'oyogera***

1. Ojja kusendasenda abantu okusinga ne bw'oba nga toli mwogezi mulungi. Abantu bangi bakitwala nti ebbaluwa za Pawulo "nzibu era za maanyi" newakubadde okubeerawo kwe mu buntu tekwasikirizanga n'okwogera kwe "kunyoomebwa" (**2 Kol 10:10**). Ekyawa ebigambo bya Pawulo amaanyi ago n'obuyinza mu birowoozo ne mu bulamu bw'abantu kyali nti "bwe tuli mu bigambo mu bbaluwa nga tetuliiyo, era bwe tutyo bwe tuli mu bikolwa nga tuli eyo**"** (**2 Kol 10:11**). Pawulo yalaga amazima nti, ffe ababuulizi bwe "tulaga nti obuyinza bwe tulina mu kubuulira tebuva mu ffe ng'abantu sekinn'omu, oba mu ofiisi zaffe ng'abatendekebwa oba ababuulizi, newakubadde mu kanisa gye tulimu ng'abasumba ab'amannya, naye waggulu wa byonna mu maanyi ag'ekigambo kya Katonda kye twanjuluza . . . awo abantu bajja kwagala okukiwulira, naddala nga tukitadde mu kifo we kitayinza kubuusibwabuusibwa mu ngeri y'okulaga nti ffe ffennyini twagala okubeera wansi w'obuyinza bwe" (Stott 1982: 58).
2. Eky'Okulabirako kya Pawulo kyakakasibwa abayizi b'okwogera obulungi eri abantu. Omufirosoofi Omugiriki ayitibwa Aristotle n'aboogezi ab'amannya baali bamaze okwogera ku kiki ekikola okwogera okusendasenda emyaka 400 ng'ebiseera bya Pawulo tebinnaba kutuuka. Aristotle yali agabanyizzaamu okwogera okusendasenda emirundi esatu: *logos, pathos,* ne *ethos. Logos* kyogera ku "ebirowoozo, enzimba, n'entambula y'okwogera bw'ogigerageranya n'amaanyi ga byo ag'okusendasenda" (Mack 1990: 36). *Pathos* kyogera ku "kuteeka endowooza emanyiddwa mu muwulizi" (Cooper 1932: 8); kutwaliramu *obusimu* bw'abawuliriza ne *bye baagala ng'abantu* (Stern 1991: 89). *Ethos z'empisa z'omwogezi. Ethos* z'omwogezi z'esigamizibwa ku busobozi bwe okuteekawo amagezi agakola, empisa, n'ebigendererwa ebirungi (Jamar 2001: 73). Aristotle yagamba nti *ethos* "ly'ekkubo erisinga okuba ery'amaanyi mu makubo gonna ag'okusendasenda" (Cooper 1932: 9). Abayizi ab'omulembe guno ab'okubuulira, obuwolereza, n'okwogera okusendasenda balaba ebintu bye bimu Aristotle bye yanyonnyola emyaka 2300 egy'emabegako (Adler 1983: 29-45; Chapell 1994: 25-30; Stern 1991: 13, 87; Stott 1982: 262-98). N'olw'ekyo, okukwatagana okuli wakati w'obulamu bw'omubuulizi n'okwogera kwe, okwongereza ku kubeera ow'omugaso mu by'okuyiga ku Katonda ne mu mwoyo, nakwo kulina kye kukola mu kubuulira *okulungi*.
3. Obwesigwa obw'omwoyo—*ethos*—bwetaagibwa nnyo mu kukubiriza n'okubuulirira abantu ku *nkozesa* y'ekyawandiikibwa mu bulamu bwabwe (era gwe mutima n'ekigendererwa ky'okubuulira. Chapell akitangaaza bulungi: "Okuteeka Ekigambo mu nkola nakyo kyetaagisa obwesigwa bw'omubuulizi ng'omuntu. Lwaki abantu bawuliriza omubuulizi abagamba okukola ye by'atayagala kukola, oba by'atakoze, oba bye yeetaaga okukyusa? Eky'okuddamu bwe kitaba 'Kubanga omubuulizi ayagala nnyo abantu be ne Mukama n'aba nti tasobola kusirikira amazima ge beetaaga,' ekigambo kijja kugwa ku matu amazibe. Kale bwe kityo kileetera abantu okwagala okuwuliriza Ekigambo bwe balaba obwesigwa obw'omwoyo mu mubuulizi. Obwesigwa ng'obwo tebubaawo lwa kunnyonnyola ng'omuntu omutendeke oba lwa kuzimba enjiri obulungi naye eva ku bulamu bw'omusumba okulaga okujjuzibwa kw'Omwoyo Omutukuvu." (Chapell 1994: 222)
4. Abawuliriza bo tebajja kussaayo mwoyo okuwuliriza enjiri yo singa tokola ekyo ky'obuulira. so ng'ate enkolagana wakati w'omubuulizi n'omuwuliriza etera okuba ey'okubeera 'mumanyi' okusinga 'omukwano ogw'oku lusegere,' wadde kiri kityo, era eba nkolagana. Omubuulizi ye mukulembeze w'ekitundu; . . . Ka kibeere kika ki eky'obukulembeze, obulamu bw'omubuulizi bweyolekera ddala. Tewali kwogera kulala mu lujjudde obwetaavu bw'obwesige tebuli waggulu bwe butyo." (Carrell 2000: 25) Mu kuyiga okwa CTS, abanoonyereza baakizuula nti: "Abawuliriza bangi bagamba nti basanga obuyinza mu njiri bwe balaba obulamu bw'omubuulizi nga bufaanana obubaka bwe. Ate, batwala enjiri ng'ekintu ekitali kya mugaso (oba ekitaliimu kantu) singa obulamu bw'omubuulizi ebweru w'ekituuti tebufaanana obubaka bw'enjiri ze. Ku ekyo eky'oluvannyuma, bangi bagamba, 'Siwuliriza muntu atagezaako kukola ky'abuulira.'" (Allen 2006: 68) okunoonyereza kwa GASS kwali kufaananako bwe kuti: "Abawuliriza balaba obulamu bw'omubuulizi. Abawuliriza boogera bokka na bokka singa wazuulibwa nti waliwo obunnanfuusi obuyinza okubaawo. Omuwuliriza omu ku bakozi yagamba nti, 'Buli ky'ayogera mu kubuulira kwe ku kuzimba ekitundu, okwagala n'okussa ekitiibwa mu balala, kiwulikika bulungi. Naye mmulaba buli wiiki mu nkiiko z'abakozi. Manyi engeri gy'ayisaamu abalala.' . . . Abawuliriza 17 ku buli 100 baalina obubaka bumu eri ababuulizi: Kola ku bulamu bwo obw'omwoyo (Carrell 2000: 25-26, 98)

IV. Okulowooza ku Mbeera z'Abawuliriza n'Okumanya kwabwe

A. ***Okulowooza ku Mbeera z'Abawuliriza***

1. Ebyawandiikibwa byonna byaweebwa okusinziira ku buwangwa bw'abantu abaasooka okubifuna (byawandiikibwa mu mwaliro gw'obuwangwa bw'abantu, ne bitwaliramu obuwangwa obwo).

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Bayibuli teyawandiikibwa mu bbanga ejjereere, oba teyatondebwa ku lw'abantu ababeera mu kifo ekyatuukirira, aboogerwako obwogezi naye nga mu butuufu tebaliiyo. Abawandiisi baayo tebaafugibwa buwangwa bwabwe kyokka, naye ebyawandiikibwa ku bwabyo byayisibwa mu bintu ebikwatagana n'obuwangwa bwabwe. Ekirala, abantu abaasooka okufuna ebyawandiikibwa ebyo baabitegeera okusinziira ku buwangwa bwabwe." (Webb 2001: 23)

2. Mu kufuuka omuntu, Yesu "yajjira mu buwangwa": "Yatwala ekifaananyi ky'omuntu "n'ebimufaako mu bujjuvu" —ng'Omuyudaaya ow'e Palestiina, 'eyazaalibwa omukazi, eyazaalibwa wansi w'amateeka' (**Bag 4:4**)—mu kiseera n'ekifo ebyaliwo ddala. Yannyikibwa yenna mu buwangwa bw'Abayudaaya; yeenyigira mu bijaguzo byabwo n'obulombolombo bwabwo; yayogeranga Oluramaika oluwulikika ng'Olugaliraaya; yalina ekikula eky'omubiri awamu n'empisa ebyamwawulanga ku balala. Nga Charles Kraft bw'akiteeka, 'Katonda mu Yesu yafuukira ddala omu ku bantu ab'ekitundu ekimu abantu bangi ne balemwa okutegeera nti yali yava walala.'" (Flemming 2005: 20)

3. Yesu n'ababuulizi n'abayigiriza abalala aba Bayibuli baatwaliramu obuwangwa mu kubuulira ne mu kuyigiriza kwabwe. Yesu "yawuliziganya n'abantu so si okuyita mu bintu ebikwata ku Katonda ebitategeerekeka naye yayita mu bintu ebyali bimanyiddwa, ebyaliwo—eby'amagero, eby'okulabirako okuva mu bulamu obwa bulijjo, engero, enkolagana wakati w'omuyigiriza n'omuyigirizwa n'eky'okulabirako eky'obulamu bwe ng'ali nabo. Newakubadde yaleeta njigiriza mpya ddala, teyaleeta lulimi lulala okusobola okunyonnyola enjigiriza eyo. Wabula, yakozesa ebifaananyi by'ebintu eby'oku nsi eby'obulamu obwa bulijjo obw'ekinnakyalo. Okuvuba n'okulima, omuddo n'ensawo ez'amaliba, ettaka n'omunnyo byafuuka 'omuggo gwe' ogukozesebwa mu mulimu gwe ogukwata ku Katonda. Okuviira ddala mu ntandikwa enjiri yatuweebwa okuyita mu bintu ebya bulijjo ebyafugibwanga obuwangwa." (Flemming 2005: 21)

4. Yesu n'ababuulizi n'abayigiriza abalala aba Bayibuli baabeeranga bakyusa enkola *n'ekika* ky'okubuulira n'okuyigiriza kwabwe okusinziira ku bawuliriza baabwe n'ekigendererwa kye baali baagala okutuukako mu kubuulira. Yesu yasobolanga okubeera omusongovu eri abananfuusi n'abo abaalaganga bubi Katonda (**Mat 23:13-36**), naye yali wa kisa eri aboonoonyi (**Mak 14:3-9; Yok 8:1-11**). Pawulo "yaleetera Abasessaloniika enjiri mu ngeri ey'enjawulo ku ngeri gye yagileetera abakkolinso newakubadde ebibiina by'abantu abo byombi bisangibwa mu buwangwa bwe bumu obw'Abayonaani n'Abaruumi abatabule" (Flemming 2005: 20). Mu njiri ze enkulu mu **Bikolwa by'Abatume**, Pawulo yabeeranga akyusa enkola ye okusinziira ku bawuliriza be: mu **Bikolwa 13** yayogeranga eri Abayudaaya mu kung'aniro, ng'asinga kwogera ku byafaayo bya Isiraeri, n'anokola enyiriri okuva mu Ndagaano Enkadde; mu **Bikolwa 17** yayogera eri abafirosoofa abakaafiiri mu Asene, ng'asinga okwogera ku kiki Katonda ky'ali, n'anokolangayo ebitontome by'abakaafiiri.

B. ***Newakubadde empaayo yaabwe ey'enjiri yayawukananga okusinziira ku mbeera y'abawuliriza n'ekigendererwa kyabwe, Yesu n'ababuulizi n'abayigiriza abalala aba Bayibuli baakozesanga enkola ey'okubuulira n'okuyigiriza eyeesigamizibbwa ku "kizibu (oba, ensonga)" ebakwatako***

1. Kumpi kimu kya kubiri eky'enjigiriza eziri mu Njiri z'atandikibwa abantu abaalina obwetaavu, ekizibu, oba ensonga ey'engeri emu oba endala; mu kimu kya kubiri eky'enjigiriza za Yesu "yateranga okutandika ku ddaala ery'obuntu kubanga mu ngeri eyo abantu baasoobolanga okuyunga amazima Ge agataggwaawo ku bulamu bwabwe" (LeBar and Plueddemann 1995: 93). "Omwoyo ogunogera ekizibu eddagala guyingira mu buli kanyomero ak'Enjiri. . . . Oluusi yatwalanga ebibuuzo byabwe butereevu okuva ku birowoozo byabwe n'ababuuza ebibuuzo nga, 'Mulowoozanga Abaggaliraaya Piraato be yatabulira omusaayi gwabwe ne ssaddaaka zaabwe, baali boonoonyi okusinga abalala? Oba bali ekkumi n'omunaana, ekigo eky'omu Sirowamu be kyagwako ne kibatta—mulowooza baali bakozi ba bibi okusinga abantu bonna abaali mu Yesrusaalemi?' (Luk 13:1-2)

Ebibuuzo bye ebyali bikwata ku mazima agaaliwo byalina ekigendererwa eky'okukola ku byetaago ebyaliwo n'okubiteekako ebirowoozo mu kubikwanaganya naye. Teyasabanga bantu kumuddiramu eby'okuddamu bye. Yali abanoonyaamu okutegeera okw'omwoyo n'ebikolwa ebisinziira ku kuyigiriza kwe. Yakozesanga ebibuuzo okuyamba abawuliriza be okwenyigira mu mbeera ey'okusomesebwa n'okubakulembera okubatwala eri amazima." (Ekitundu kye kimu: 94)

2. Ebbaluwa za Pawulo zonna zaawandiikirwa eri amakanisa agaali mu bitundu eby'enjawulo oba abantu sekinn'omu olw'okukola ku byetaago, ebizibu, n'ensonga ezaali zibakwatako. "Ebbaluwa za Pawulo ezisinga si biwandiiko ebyateekateekebwa n'obwegendereza naye bubaka obwa bulijjo nga bulimu ebintu eby'obuntu. Zaawandiikibwa eri amakanisa oba omuntu sekinn'omu, ebiseera ebisinga ng'eky'okuddamu eky'ebbaluwa gye baali bamuwandiikidde. Buli emu, okujjako ey'Abaefeso, yawandiikibwa okusookera ddala okusisinkana ebyetaago ebyaliwo ddala ate oluvannyuma okusisinkana ebyetaago eby'emirembe gy'onna egy'ekkanisa. Ebyo bye yayogera ebirimu okuyigiriza byava ku mbeera eyaliwo ey'ekkanisa eyo. . . . N'ebitundu ebisingira ddala

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

okuyigiriza eby'ebbaluwa ye eri Abaruumi byawandiikibwa okusisinkana ebyetaago ebyaliwo mu kiseera ekyo. Oluusi Pawulo yatandikanga n'ebizibu mu kanisa eyo n'akwataganya ebizibu ebyo n'amazima ga Katonda. Oluusi yatandikanga n'amazima oluvannyuma n'akwataganya amazima ago n'obulamu. Naye tewali Pawulo waasomesa ebintu ebitakwatagana n'ebyetaago n'ebizibu ebiri mu bulamu bw'abantu." (LeBar and Plueddemann 1995: 131, 136)

C. ***Okubuulira kwaffe kulina kugoberera enkola ya Yesu ne Pawulo***

"Yesu teyayigiriza omulamwa ogutaakwataganga na bulamu, era teyayigirizanga engeri y'okumala ekizibu nga tasomesezza Kigambo." (Plueddemann 1994: 46) Okukimanya kuno nti buli Kyawandiikibwa kyogera ku kitundu ekimu eky'okugwa kw'omuntu era nga kitegekeddwa okukulembera abakiwulira okutuuka ku kiruubirirwa ky'okutuukirizibwa mu Kristo kirina ebigendererwa eby'ewala eby'okunnyonnyola awamu n'eby'okubuulira. Mu ntegeeza, okutaputa ekiwandiiko kyonna eky'Ebyawandiikibwa kulina okulowooza ku mukolo mwe kyawandiikibwa n'embeera z'abasomi baakyo abaasooka. Okuzuula ekizibu ekitongole ekyaleeta ekiwandiiko mu kusooka, obwetaavu bw'abaasooka okukifuna, kyetaagisa nnyo mu kuzuula ekigendererwa kyakyo Katonda kye yakiwa mu kutondawo ekibiina ekitukuvu abantu baakyo mwe bakula okutuuka ku butuukirivu mu Kristo. Mu ngeri y'okubuulira, okutegeera engeri ekizibu ky'eby'omwoyo eky'abasooka okuweebwa gye kyeyoleka mu bumanyirivu bw'abawuliriza baffe —wadde nga waliwo enjawulo zonna mu biseera n'ekifo n'obuwangwa n'endabika ey'okungulu—kiwa obulagirizi obusinga obukakafu ku kukozesa obubaka bw'ekiwandiiko eri abantu ab'omulembe gwaffe. Olw'okuba okukozesa ng'okwo kuyinza okulabibwa nga kuva butereevu mu kiwandiiko, kutwala obwesige n'okukakasa." (Johnson 2007: 71n.5) Obubaka bwa Kabaka eri abavubuka.

"Mu kwettanira okungi n'okukkiriza, abawuliriza baffe abali mu kuyiga balaga obwetaavu obw'enjiri ezikwata ku nsonga ezisinga okuba enzibu mu bulamu bwaffe. Awamu n'okuyaayaana kwabwe okuwulira ku nkola ya Katonda mu ffe n'okusiima kwabwe olw'okwewaayo kwaffe okweteeka mu katyabaga ak'okubuulira ku nsonga eziwakanirwa, abawuliriza abo baagala okuwulira enjiri ezibayamba okuddamu n'amaanyi, ebibuuzo ebikwata ku bulamu bwabwe, n'ensonga eziwakanirwa mu kitangaala ky'okukkiriza okw'Ekikristaayo. Ekirala eky'omugaso kiri nti, ebigambo byabwe biraga obukakafu bwe balina mu Kigambo kya Katonda ekiri mu Byawandiikibwa era basaba ababuulizi okuleeta ebikozesebwa eby'okukkiriza okw'Ekikristaayo basobole okukola ku bizibu eby'ensi ezibeetoolodde." (Mulligan, et al. 2005: 108)

"Bwe tuba twagala Yesu okuyigiriza mu ngeri ye yennyini okuyita mu ffe, twetaaga kukozesa nkola ki okutwaliza awamu? Tujja kutandikira awo abayizi baffe we bali, n'obwetaavu bwe balina, nga tubayamba okulaba eky'okuddamu kya Katonda eri obwetaavu obwo, n'okutandikirawo okuteeka eky'okuddamu ekyo mu nkola." (LeBar and Plueddemann 1995: 99)

1. <u>Enkola y'enjigiriza ya Yesu ne Pawulo egerageranyizibwa "ne y'Olukomera olw'Empagi."</u>

2. <u>James Plueddemann, eyateekawo enkola eyo, aginyonnyola bw'ati:</u> "Olukomera olw'empagi lukolebwa mu waya za seng'enge bbiri nga ziwanirirwa mpagi. Waya eya waggulu eraga amazima. Waya eya wansi eraga obulamu. Ekintu kyonna ekiyamba okugatta awamu amazima n'obulamu kibeera mpagi ya lukomera. Empagi ey'olukomera eyinza okuba okutegeera okw'omnda omuyizi kw'afuna okukwata ku nkolagana wakati w'ekyawandiikibwa mu Bayibuli n'ekyetaago ky'obulamu. Abayigiriza bangi baagala okuzimba empagi za seng'enge okuyita mu nkola zaabwe ez'okuyigiriza. Okufumiitiriza ennyo kyakulabirako eky'empagi ey'olukomera eri wakati w'amazima n'obulamu. Omuyigiriza akola n'Omwoyo Omutukuvu anoonya okuyigiriza amazima mu ngeri ekubiriza okufumiitiriza okw'amaanyi wakati w'ebyetaago by'obulamu by'omuyizi n'amazima ag'Ekigambo kya Katonda.

Amazima awatali bulamu gatwala omuntu eri eddiini enfu. Obulamu awatali mazima gatwala omuntu eri enjigiriza ey'obulimba. Okuyigirizako kimu kyokka ku ebyo ebibiri si nkola ya Bayibuli era si ky'ekintu ekireeta "okukula mu by'omwoyo." (LeBar and Plueddemann 1995: 101)

3. <u>Okuteekesa "enkola y'Olukomera olw'Empagi" mu nkola mu kubuulira:</u> *Bw'oba oteekateeka* enjiri yo, otandika ne "waya ya seng'enge eya waggulu" (kwe kugamba, osooka kunyonnyola

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

bulungi byonna ebiri mu kitundu ekyo eky'Ebyawandiikibwa); naye mu *kuwaayo* enjiri yo tandika ne "waya eya wansi" (kwe kugamba, ekyetaago, ekizibu, ensonga eriwo mu bulamu bw'abantu bo).

a. *Obulamu bw'abantu abasinga tebukwatagana n'Ekigambo kya Katonda.* "Watera kubaawo okusika omuguwa wakati w'omutindo gwa Katonda n'obulamu bwaffe. Okusika omuguwa okwo kufuga amagezi gaffe, obusimu bwaffe, n'empisa zaffe. Obulamu bwaffe bwe butatuuka ku mutindo gw'Ebyawandiikibwa, wabeerawo obuzibu n'okuggwamu amaanyi. Ekivaamu kwe kusikagana omuguwa okwo mu bulamu bwo." (LaBar and Plueddemann 1995: 101-02) Embeera y'abantu efaanana bw'eti:



b. *Enjiri yo etegekeddwa okuyamba abantu okutegeera obwetaavu bwabwe, okutegeera ng'ekigambo kya Katonda bwe kiyinza okukola ku bwetaavu obwo, n'okukomyawo obulamu bwabwe ("waya ya seng'enge eya wansi") okubukwataganya n'amazima g'ekigambo kya Katonda ("waya eya waggulu").* Eky'okusooka, manya era laga nti waliwo obwetaavu, obuzibu, oba ensonga ekwata ku bantu abali mu kkung'aniro lyo. Mu kulaga abantu ensonga ebakwatako ku ntandikwa y'enjiri, oba mu ngeri y'okubuuza bibuuzo, oba mu kkubo eddala lyonna, okwata ebirowoozo by'abantu abo, kubanga baba bakimanyi nti okutte ku nsonga enkulu mu bulamu bwabwe. Oluvanyuma lw'okubalaga ensonga eyo ("waya eya wansi"), n'olyoka ogenda ku "waya eya waggulu." Oyinza okugamba nti, "Ka tulabe kiki Bayibuli ky'eyogera ku nsonga eyo." Awo n'olyoka olaga abantu ng'okuteeka ekyawandiikibwa kya Bayibuli mu nkola bwe kiyinza okubayamba okukwatagana n'obuzibu bwe wabalaze ku ntandikwa. Omulimu gw'okuyigiriza, ng'olukomera olw'empagi, gulina emitendera esatu. Omuyigiriza bulijjo asanidde kutandika na kuyamba abayizi okulowooza ku bizibu bye balina mu bulamu bwabwe (waya eya wansi) ebiyinza okuteekebwa mu Kyawandiikibwa ky'okozesa. Ekiddako, omuyigiriza ayamba omuyizi okutegeera ebiri mu Kyawandiikibwa ekyo (waya eya waggulu). Eky'okusatu, omuyigiriza asoomooza, akubiriza, n'ayamba abayizi okuvumbula enkolagana wakati w'ebiri mu Byawandiikibwa n'ebizibu ebiri mu bulamu bwabwe (empagi ez'olukomera). Okuyita mu ky'amagero ky'ekisa kya Katonda abantu basobola okukula okutuuka ku bukulu mu Kristo okuyita mu maanyi g'ekigambo, Omwoyo, n'abayigiriza abaaweebwa ebirabo eby'Omwoyo. (LaBar and Plueddemann 1995: 102)

4. <u>Plueddemann alina ekifaananyi ekirala eky'ekyo omubuulizi oba omuyigiriza ky'agezaako okukola.</u> "Omuyigiriza omulungi alinga omuntu addira omuguwa ogw'amaanyi, ku ludda olumu n'agusiba ng'agwetoolooza ku birowoozo ebinene eby'Ebyawandiikibwa, oludda olulala n'alusiba okulwetoolooza ku miramwa emikulu egy'obulamu. Okuyita mu maanyi ag'Omwoyo n'alyoka afuba okusika ebintu ebyo byombi wamu (Plueddemann 1994: 48).

5. <u>Enjiri esaana kusindika bantu kulowooza n'okufumiitiriza ku njawulo wakati w'obumanyirivu bwabwe n'obulamu bwabwe ng'abantu n'ekyo Bayibuli ky'egamba.</u> Ekibuuzo ekikulu ennyo ababuulizi kye beetaaga okwebuuza nga basoma n'okuteekateeka enjiri yabwe kiri: "Ekigambo kya Katonda eri abantu bange kye kiruwa, era kikolagana kitya n'embeera yabwe?" Omusumba alina okwetegereza nti obulamu—obwa buli muntu sekinn'omu, oba ekkanisa, oba abantu b'ekitundu ekyo, oba eggwanga lyonna okutwaliza awamu—tebutambula okusinziira ku Byawandikibwa. N'olw'ekyo: "Bayibuli erina kuyigirizibwa mu butangaavu, naye okuyigiriza si y'enkomerero—ly'ekkubo. Omuyigiriza ateekwa okusoomooza omuyizi okwekenneenya okusika omuguwa okuli wakati w'omutindo gwa Katonda n'ebyo by'ayitamu mu bulamu bwe, n'ayamba omuyizi oyo okusika ebintu ebyo byombi okubikwataganya wamu. . . . Omuyigiriza omulungi owa Bayibuli abeera muyigiriza mulungi ow'omulamwa oguba guliwo, naye buli kiseera abeera asoomooza abayizi okumeggana n'ebyo Bayibuli by'eyogera ebikwatagana n'empisa, ebizibu mu kanisa, n'obulamu bw'omuntu. Omuyigiriza omulungi ajja kuleeta okusikagana kw'omuguwa wakati w'Ebyawandiikibwa n'endowooza eziriwo ez'omulembe guno n'obulamu." (Plueddemann 1994: 49-50)

6. <u>Enkola eno y'emu eyitibwa "Okutwaliramu Obuwangwa":</u> "*Okwekenneenya n'Okunyonnyola*

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Obuwangwa: Eddaala erisooka mu nkola ey'okutwaliramu obuwangwa kwe kuyiga ku buwangwa bw'abantu abakwatibwako [abantu nga bwe bategeera ebintu bye bakkiririzaamu n'ebikolwa byabwe]. . . . *Okunyonnyola Ebyawandiikibwa n'Okukola Olutindo olugatta ebintu Byombi:* Mu ddaala ery'okubiri, omusumba oba omuminsani ayamba ekkanisa okuyiga ku Byawandiikibwa ebikwata ku kibuuzo ekiba kiriwo. . . . *Eky'okuddamu ekikulu:* Eddaala ery'okusatu lya bantu bonna awamu okwekenneenya obuwangwa bwabwe mu kitangaala ky'okutegeera kwabwe okupya okwa Bayibuli, n'okubaako ne kye basalawo okusinziira ku amazima amapya agazuuliddwa. Enjiri si mawulire ga kuwa buwi bantu. Buba bubaka abantu bwe bateekwa okwanukula." (Hiebert 1987: 109-10)

7. Okukozesa enkola ya "Olukomera olw'Empagi" eyeesigamizibbwa ku kizibu (ensonga) mu njiri kikola nnyo mu kuyamba abantu okukyusa entambula yabwe.

a. *Enkola eyo ekozesebbwa mu bifo bingi okwetooloola ensi yonna.* Eyo ye yali enkola ya Yesu yennyini. Y'enkola y'abagunjuzi Abakristaayo nga LeBar ne Plueddemann. Omugunjuzi omukaafiiri Paulo Freire yawandiika kiwanvu ku nkola ng'eyo eyeesigamizibwa ku kizibu ekiba kiriwo (newakubadde teyateekamu "waya ya seng'enge eya waggulu ey'Ebyawandiikibwa"), n'agikozesa mu kuyigiriza abantu abaavu mu Brazil (Freire 1973). Abagunjuzi abalala abakaafiiri abanoonyereza ku birowoozo n'engeri gye bikolamu balabye omugaso gw'enkola ng'eyo (laba LeBar ne Plueddemann 1995: 9-13). Plueddemann yennyini yakozesa enkola eyo mu bintu bye yawandiika ebikozesebwa mu Musomo gwa Sande ne mu misomo gy'okutendeka gye yateekateeka ng'omukulu w'Ekitongole eky'Obuyigirize eky'Obubaka Obukristaayo obwa Sudan ey'Omunda ku lw'Amakanisa Amabuulizi g'Enjiri ago'mumaserengeta ga Afrika (Ekitundu kye kimu: 13).

b. *Omusomo gwa CTS gulaga nti enkola ng'eyo eyamba nnyo enjiri okukola mu bulamu bw'abantu.*

(1) Ekiluubirirwa ekikulu eky'enkola "y'Olukomera olw'Empagi" kuyamba bantu okulaba obutakwatagana wakati w'obulamu bwabwe n'obulamu Katonda bw'ayagala babeere nabwo, n'okukozesa Ebyawandiikibwa okubalaga entambula ennungi esingako mu bulamu. Kino kyetaagisa omubuulizi okubayamba okulowooza ku bintu bye batalowoozangako, oba okulowooza ku bintu mu ngeri empya. Ebyo byennyini bye bintu ebireeta okukyuka: "Ekirowoozo ekiri emabega w'ebyo abawuliriza bye boogera ekigenda mu maaso kiri nti bakola enkyukakyuka mu ndowooza zaabwe ne mu mpisa zaabwe obulamu bwabwe singa buba butataganyiziddwa [kwe kugamba, tebuteredde wamu]. Obutatereera obwo buyinza okuba nga bumanyiddwa bulungi era buyinza okukyusa ebitundu ebimu eby'obulamu (eby'omuntu sekinn'omu oba ebya bonna awamu), oba buyinza obutaba mu birowoozo by'omuwuliriza okutuusa nga bwogeddwako mu njiri. Mazima, enjiri eyinza okutondawo engeri y'obutatereera. Mu biseera ng'ebyo abawuliriza bangi baddamu lwatu nga boogera ku ky'okutandika okulowooza n'okukola mu ngeri ey'enjawulo." (Allen 2008: 68-69)

(2) Okulaga okufaanagana wakati w'obulamu bw'abantu be tusanga mu Bayibuli n'obulamu bw'abantu ba leero kufuula Bayibuli okubeera eya "ddala" eri abawuliriza. LeBar atujjukiza nti, "Kubanga ekikula ky'omuntu tekyuka kinene nnyo okuyita mu mirembe ate ne Bayibuli eyogera eri embeera y'omuntu, ebeera ekwata ku bizibu ebikulu eby'omuntu newakubadde obuwangwa bwawukana kinene. Abantu be tusanga mu Bayibuli tuteekwa okubayigirako nga tutwaliramu ebyo ebyaliwo mu biseera ebyo, ate nga ebizibu bye baasanga naffe bye tusanga." (LeBar ne Plueddemann 1995: 98) Omusomo gwa CTS gwakizuula nti: "Okuwulira nti abantu be tusanga mu Bayibuli baafubanga mu ngeri efaananako n'okufuba kw'abantu ba leero kuzzaamu abantu bangi ababasomako amaanyi. Omuntu omu yagamba, "Ndowooza ekimu ku bintu omusumba waffe by'akola obulungi ennyo kwe kunyonnyola obulungi abantu be tusanga mu Bayibuli ng'abantu bennyini. Oluusi omusumba agenda ewala n'atuuka n'okukozesa ekintu ekiringa olugero okutuyamba okumanya nti abantu abo baali bantu bennyini." Ekyo kya mugaso kubanga "Ebiseera bingi tubeera n'abantu b'omu Bayibuli wakati mu lujudde lw'abantu abangi abali mu birowoozo byaffe, kale omusumba abatunyonnyola bulungi ne tubategeera bulungi ng'abantu bennyini. Ekyo kinnyamba nnyo." (Allen 2008: 66)

D. ***Okumanya kw'abawuliriza n'okutegeeza kw'enkola "ey'Olukomera olw'Empagi" eyeesigamizibbwa***

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ku nsonga oba ekizibu ekiba kiriwo

1. Kubanga Ebyawandiikibwa byonna bikwatagana n'ebyaliwo, n'okubuulira kwonna kulina okukwatagana n'ebiriwo. "Okubuulira okukwatagana n'ebiriwo kwe kubuulira ekitundu ky'Ebyawandiikibwa nga ennyiriri ezeetoolodde ekitundu ekyo ze ziwa omubuulizi obubaka bw'alina okubuulira. Ekyo kiraga nti ebiri mu nyiriri ezeetoolodde ekitundu ekyo biteekwa okulowoozebwako [ekitegeeza, bya mugaso nnyo; bizimba] mu kiseera eky'okuvvuunula. Omubuulizi lw'abuulira ng'atwaliramu ebiri mu nyiriri ezeetoolodde ekitundu ky'Ebyawandiikibwa ky'akutte, enjiri ye lw'ejja okukwata ku mbeera eriwo ey'abantu be mu ngeri erimu amakulu." (Pieterse 1984: 5)

2. Okusobola okusinga okukola obulungi, omubuulizi alina okuba n'enkola entongole ey'okukung'aanya ebiteeso by'abawuliriza mu kubuulira okujja. Abawuliriza abasinga obungi tebayogera na babuulizi ku kubuulira kwe bawulira. Kino kwonoona eby'okukozesa. Wadde ng'ababuulizi bamala ebiseera ebisinga nga beetegekera okubuulira nga bayiga ekiwandiiko kya Bayibuli, mu butuufu ababuulizi balina ebiwandiiko bibiri: Bayibuli n'abawuliriza baabwe. Balina okusoma byombi. Omuwandiisi w'okunoonyereza kwa GASS agamba nti: "Ababuulizi, mumanyi ebirowoozo n'enneewulira z'abawuliriza ku mulamwa oba ekiwandiiko kyammwe eky'okubuulira ekiddako? Oyinza okubyogera mu ngeri ematiza abawuliriza ng'otandika okuteekateeka okubuulira kwo? Enkola ezimu entongole ez'okukung'aanya endowooza z'abawuliriza zirina okuteekebwawo. Ababuulizi basobola okuzzaamu amaanyi mu kubuulira kwabwe n'obuyiiya, obupya, n'okukwatagana, nga bakola nnyo okugoberera endowooza z'abawuliriza n'okugatta endowooza ezo mu buli kubuulira.

Ababulizi' obulamu b'abawuliriza bamwe bwe buyambi bamwe obusinga obunene. Singa ekitabo kino kikuleetera okukola enkyukakyuka emu yokka, nsaba, tonda enkola entongole mw'oyinza okukung'aanya ebiteeso by'abawuliriza mu kubuulira okujja. Langirira emitwe n'ebiwandiiko nga bukyali, waayo akabokisi 'Okuwagira Okubuulira' mu kifo ekirabika obulungi, era oyite abawuliriza okuwaayo 'ebirowoozo byabwe, bye boogera, n'ebibuuzo byabwe.'

Ku kibinja ky'abawuliriza b'oyinza okuteesa nabo ku kubuulira okujja. Singa embeera ey'obulabe ebaawo, olwo 'abawagizi' abaalondeddwa n'engalo basobola okukola ekibiina kyo ekisooka eky'okuwagira abawuliriza nga bwe weeyanguyiza mu mbeera y'omukwano era nga bw'oyanguyiza abawuliriza mu nkola y'okuteesa okutuufu. Oyinza n'okwagala okukola ekyenkya ekiggule, ekyemisana eky'ensawo ya kitaka, oba emboozi z'okubuulira ku dessert ez'akawungeezi, osobole okuwuliriza abawuliriza bo nga boogera ku bikwata ku kusemberera ebirimu mu kubuulira. . . . Ababuulizi, singa ekibiina ekiwagira okubuulira kifuuka ekitundu ekikulu mu kutegeka okubuulira kwammwe, amaanyi g'enkyukakyuka ag'ebigambo ebyogerwa eby'okubuulira kwammwe tegajja kwongerwako, naye n'ekibiina ky'ekkanisa kijja kunywezebwa okuyita mu nkolagana ezivaamu." (Carrell 2000: 210, 212)

3. Okusobola "okunyonnyola obuwangwa [oba ebiri mu nyiriri ezeetoolodde]," olw'ekigendererwa eky'okugatta awamu "waya y'olukomera eya waggulu" n'eya wansi, omubuulizi ateekwa okuba ng'akwatagana bulungi n'abantu be era ng'abamanyi bulungi. "Omubuulizi ateekwa okunyweza, era ateekwa *okulaga mu bulamu bwe* embeera abantu be gye balimu n'ebyo ebibakwatako. Omubuulizi ateekwa okukola ku bulamu bw'abantu be "obw'eddaala erya wansi", ebyo bye bawulira mu mitima gyabwe ne bye balowooza. Ateekwa okweyingizaamu endowooza gye balina ku Katonda. Bw'atuula n'abantu be, abonaabona nabo, aggwamu essuubi wamu nabo era asuubira nabo, ajeemera obutali bwenkanya n'okuyigganyizibwa wamu nabo, awo n'asobola okukwataganya obubaka bwa Bayibuli n'obulamu bwabwe. Eyo y'enkola ey'okubuulira okusinziira ku biriwo." (Pieterse 1984: 7-8) Mu kunoonyereza kwa GASS, "Abawuliriza kkumi na musanvu ku buli kikumi bagamba nti ababuulizi bakuza enkolagana n'abawuliriza. Eky'okuddamu ekisinga okumanyibwa mu kiti kino kiri nti, 'Manya abawuliriza bo.'" (Carrell 2000: 97)

4. Okubeera omu n'abantu bo kiyinza okulagibwa mu njiri. Okubeera wamu n'abantu kufuula omubuulizi okuba omuntu omutuufu okubuulira enjiri ne kuleetera n'enjiri ye okukola obulungi. Essomo limu mu Amerika lyakizuula nti okukozesa ebigambo nga "Nze" mu kifo kya "Ggwe" mu njiri kuyamba okugatta wamu omusumba n'abantu be, ne "kuleeta okukwatagana okujjuvu n'okussaayo omwoyo" (Okunoonyereza 1981: 51). Omubuulizi "bw'alaga mu bulamu bwe nti ali omu n'abantu be era nti bye basanga naye by'asanga," obulamu bwe bwokka buyinza okuba enjiri ey'amaanyi: "Okuwulira olugero olukwata ku mubuulizi yennyini nakyo kikola njiri y'amaanyi eri abawuliriza bangi. Oluvannyuma lw'omubuulizi okunyonnyola nga bwe yafuba ng'alwana n'ensonga y'okukyuka, omuwuliriza omu yagamba, 'Okuwulira omuntu omulala ng'awa obujulizi obukwata ku kukkiriza kwe mu lwatu ne mu mazima oluusi kumpa amaanyi ne kunnyamba okukwatagana n'ekizibu kye nnina ekifaanana ng'ekyo omuntu oyo kye yayitamu.'" (Allen 2008: 66)

5. Omubuulizi asobola okubuulira ekyo abantu be kye basobola okutegeera n'okutwala kyokka. Mu

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

kuteekateeka n'okuwa enjiri, ababuulizi balina kulowooza ku bintu bingi ebikwata ku bawuliriza babwe, omuli: a. obuyigirize bwabwe; b. abasajja n'abakazi; c. emyaka gyabwe; d. omuwendo gw'abakkiriza n'abatannakkiriza; d. okukula kwabwe (mu by'omwoyo ne mu birala okutwaliza awamu); e. okumanya kwabwe okwa Bayibuli; f. enjala yabwe ey'Ekigambo; g. emirimo gyabwe; h. obuwangwa bwabwe, ebyafaayo byabwe, n'ebirala ebibakwatako. Ebintu ng'ebyo birina bingi kye bisalawo ku njiri, nga: a. obuwanvu bw'enjiri yo; b. enteekateeka y'enjiri yo n'engeri gy'ogiwaayo; c. ekitabo ky'olina okukozesa mu kuwa obubaka; d. ekigendererwa ky'enjiri yo; e. enzimba y'enjiri yo; f. obujjuvu bw'enyinyonnyola y'ebiri mu njiri yo.

6. Ababuulizi bateekeddwa okumanya ebintu ebirala ebirina okukwatibwako mu ngeri ey'enjawulo ebikwata ku bawuliriza babwe. "Okubuulira okutwaliramu ebyo ebiba biriwo" kwetaagisa nti enjiri etambula wamu n'okutegeera kw'abawuliriza n'okusuubira kwabwe. Ekirala, omubuulizi alina kwegendereza ebintu nga: obufumbo bwabwe; obusobozi oba obutaba na busobozi okufuna abaana (n'obulumi n'okunyolwa ebiyinza okuva mu butaba na baana); banamwandu; bamulekwa; abalina akawukaka ka mukenenya nebirala. Okusinziira ku kunoonyereza kwa GASS, "Abawuliriza abasinga obungi bakyala (ebitundu 61 ku buli 100) ate ababuulizi abasinga obungi basajja (ebitundu 84 ku buli 100): . . . Ku bawuliriza bangi abakyala, enjawulo eno mu kikula ky'abantu eyamba ku ndowooza zaabwe ku butakwatagana mu kubuulira n'omubuulizi okuba nga 'tabamanyi ddala.'" (Carrell 2000: 145-46). Ababuulizi abasajja bangi bakozesa eby'okulabirako bingi ebikwata ku mizannyo mu njiri zaabwe, awatali kumanya nti eby'okulabirako ng'ebyo oluusi tebiyinza kukwata ku bulamu bw'abakazi abasinga (kwe kugamba, abantu abasinga) mu kung'aniro. Abantu bonna batera kwagala kulowooza, kukola, n'okwogerera mu "busobozi bwabwe." Naye, okubeera omubuulizi omulungi, omusumba ateekeddwa okuva mu "kitundu mwawulirira obulungi" n'ayingira mu nsi n'embeera ey'abantu be.

7. Ababuulizi beetaaga okumanya abawuliriza babwe, n'enziramu yaabwe, *mu biseera eby'okubuulira.* Weetaaga okutunuuliragana maaso ku maaso n'abantu ab'enjawulo abali mu kung'aniro mu kiseera eky'okubuulira. Ekyo kijja kukuyamba "okukwatagana" n'abali mu kung'aniro. Okukyuka kw'ebyenyi by'abawuliriza, ennyeenya y'emitwe gyabwe, amaaso gabwe, n'ebirala bijja kukutegeeza oba bategeera oba tebategeera, bakkiriziganya n'ebyo by'oyogera, era bibakolamu omulimu oba nedda: "Okuddamu kw'abawuliriza kitundu kya mugaso nnyo mu mulimu guno ogw'okwogera eri abantu. By'olaba ku byenyi oba ku maaso g'abawuliriza bo bikumanyisa mbagirawo oba oli nabo, oba waliwo ekigenda mu maaso mu bulamu bwabwe oba nedda. Okumanyisibwa okwo tekuteekwa kubulawo mu kubuulira okulimu amaanyi." (Adler 1983: 78)

V. Okulowooza ku Kitundu kya Bayibuli ky'Oyanjuluza.

Obulambulukufu obujjuvu ku ngeri y'okwekebejja n'okuyiga ekyawandiikibwa eky'omu Bayibuli okusobola okukibuulira obulungi bulagiddwa nga **Eby'ongerwako A ("Okuyiga Bayibuli mu ngeri y'Okugyekebejja olw'Okugibuulira"),** n'ekitundu **Eby'ongerwako B ("Emitendera egitwala eri enjiri: okwekebeza okutono ennyo ku lw'ababuulizi").** Naddala ebintu ebikulu by'olina okulowoozako ebikwata ku kitundu kyogenderera okubuulirako byogerwako wammanga.

A. *Ekigendererwa ky'ekitundu*

1. Katonda alina *ensonga n'ekigendererwa* lwaki yatuwa buli kitundu eky'Ebyawandiikibwa.

   a. *Ebyawandiikibwa byona bya kutufuula abajjudde, tusobole okuteekateekebwa obulungi okukola ebikolwa ebirungi Katonda bye yateekateeka ffe okubitambulirangamu—mazima, tusobole okufuuka nga Kristo yennyini (laba **2 Tim 3:16-17; Bar 8:29; 15:4; Bef 2:10**).* N'olw'ekyo, omubuulizi ateekwa *okukwanaganya* ekitundu ekyo eky'Ebyawandiikibwa n'abawuliriza mu ngeri ekwatagana n'ekigendererwa oba ensonga lwaki Katonda yalagira omuwandiisi okuteeka ekitundu ekyo mu Byawandiikibwa. Chapell atutegeeza: "Tetuyinza kutegeera omulamwa mu bujjuvu okutuusa nga tumaze okumanya *ensonga* yagwo oba *ekyaguteekesaawo.* Oluvanyuma lwa byonna okulowooza ku mulamwa gw'obubaka kutuleetera okwebuuza, 'Lwaki ensonga ezo zoogerwako wano? Kiki ekyateekesa ensonga ezo, oba ebirowoozo ebyo mu buwandiike? Ekigendererwa ky'omuwandiisi kyali ki? Lwaki Omwoyo Omutukuvu yateeka ebigambo ebyo mu byawandiikibwa?'" (Chapell 1994: 40)

   b. *Kitera kuba kya mugaso okuteeka mu bulambulukufu ekitundu ekyo mu kukisoma, okusobola okutegeera entambula y'ebirowoozo by'omuwandiisi*. Obulambulukufu obwo butuyamba—mazima, ne *butukaka*—okulaba enzimba n'okuteesa kw'omuwandiisi nga bwe kutambula mu kitundu ekyo, kubanga tuteekwa kubuteeka ku lupapula. Era butukaka okusobola okuteeka mu bigambo byaffe ffennyini ensonga enkulu eziri mu kitundu ekyo.

2. Okusingira ddala nga tubuulira endagaano enkadde (naye era nga tubuulira endagaano empya) twetaaga okwebuuza nti, "Kristo ali ludda wa mu kino?" "Tekisoboka okuva mu Ndagaano Enkadde yokka okutegeera ekipimo ekijjuvu eky'ebikolwa bya Katonda n'ebisuubizo bye by'awandiika"

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

(Goldsworthy 1991: 54). Ensonga lwaki endagano enkadde yokka tetuusa makulu gaayo mu bujjuvu, agasirikitu, y'enjigiriza y'okubikkulirwa okugenda mu maaso: ekitegeza., amazima ga Bayibuli tegaabikkulwa omulundi gumu, wabula gaabikkulwa mpolampola okumala ekiseera. Bwe kityo, endagano enkadde kwe kutegeka enjiri; Enjiri kwe kulabisibwa kw'enjiri; Ebikolwa kwe kugaziyizibwa kw'enjiri; Ebbaluwa zezi nnyonnyola enjiri; era Okubikkulirwa kwe kutuukirizibwa kw'enjiri. Amakulu amajjuvu ag'ekitundu kyonna ekigere gayinza obutategeerekeka bulungi okuggyako nga Bayibuli yonna n'omutendera gw'ebyafaayo by'obununuzi bitunuuliddwa. "Okusoma Bayibuli mu butuffu bwayo ng'Ekigambo kya Katonda kiteekwa okubeeramu ekitabo ekimaliriziddwa ng'ensonga enkomerero ey'ekitundu kyonna ekigere" (Johnson 2007: 156). Yesu n'abawandiisi b'Endagaano z'Endagaano kino baakitegeera. Balaba endagano enkadde yonna nga mu ngeri emu oba endala ekitabo ekikwata ku Yesu. Ye muntu waakyo ow'omu makkati era omulamwa ogugatta (**Lukka 24:25-27, 44-45; Yok 5:39-40, 46; Bik 3:18, 24; 10:43; 26:22-23; 2 Kol 1:20; 1 Peet 1:10-12; Beb 1:1-3**). Olw'ensonga eno, "Okukola kwa buli mutabaganya w'endagaano era eyeetabye mu ndagaano—jjajja, nnabbi, kabona, omulamuzi, kabaka, omwami, taata, omwana, abazadde, abaana, omuweereza—ku nkomerero kulina okutaputibwa okusinziira ku ngeri gye yeeyolekamu (oba agwa mu kufumiitiriza) obuwulize obw'endagaano obutuukiridde obugenda okuweebwayo Yesu nga Mukama w'abantu be—mu bufunze, okutabaganya okutuukiridde okwandituukiddwako Yesu Omwana wa Katonda era muganda w'abantu be. . . . Bwe kityo enneeyisa ezitabuliddwamu ez'abakulembeze b'endagaano zifuula buli omu, olw'obukulu bw'ofiisi ye, mu ngeri emu oba endala, okuba ow'ekika ky'Omununuzi Ajja, mu ye emirimu gya nnabbi, kabona, ne kabaka gye gyandituukiridde mu bujjuvu." (Ekitundu kye kimu: 216) Ebyokulabirako bya kino bisobola okuba ebirungi n'ebibi. Ebyokulabirako ebirungi mulimu Yusufu eyalibwamu olukwe mu ngeri etali ya bwenkanya baganda be bennyini, naye n'asigala nga mwesigwa wadde nga yafuna ebizibu n'okukemebwa, era n'agulumizibwa nnyo era n'alokola bangi (**Lub 37: 1-36; 39:1-47:31; 50:1-26**), ne Isaaka (**Lub 22:1-18**) eyagondera kitaawe kyeyagalire ne yeewaayo nga ssaddaaka. Ebyokulabirako ebitali birungi mulimu Lameka (**Lub 4:17-24**) eyabuusa amaaso enteekateeka ya Katonda ey'obufumbo (obutafaananako Kristo—**Bef 5:25-32**), eyattibwa ng'amenya amateeka ga Katonda (laba **Kuv 21:23-25**), era n'alaga omwoyo eky'okwesasuza okusinga okusonyiwa (obutafaananako Kristo—**Mat 18:21-22**), ne "Okulemererwa kw'abalamuzi n'obutali bwenkanya bwa bakabaka [ebyo] byalaga Isirayiri obwetaavu bwa kabaka ajja eyandiwadde obwenkanya n'obwenkanya obujjuvu n'okumanya byonna okuva mu Katonda (Is 11:1-5)" (Ekitundu kye kimu). Okukiyisa mu ngeri endala, okusobola okubuulira ekitundu ky'endagano enkadde nga kituufu eri ensonga enzijuvu eya Bayibuli enzijuvu, twetaaga okukola ebintu bibiri: "[1] okukakasa (nga bwe tusobola) engeri abawuliriza baakyo abaasooka gye baalina okukitegeera naye era [2] kiteeke amakulu ago mu mbeera y'okukulukuta okwategekebwa Katonda okw'ebyafaayo eby'obununuzi n'okubikkulirwa okulokola okwali kutambuza emitima gy'abakkiriza bulijjo eri Kristo." (Ekitundu kye kimu: 330) Abawuliriza baffe bwe batyo bajja kusobola okulaba engeri endagano enkadde gye yali esonga ku kutuukirizibwa okw'enkomerero mu Kristo.

3. <u>Bwe tuba nga twekebejja ekyawandiikibwa, tulina okuddamu ebibuuzo bibiri okusobola okumanya ekigendererwa ky'ekyawandiikibwa ebyo:</u>

a. *Ekyawandiikibwa kino kitutegeeza ki ku Katonda (kwe kugamba, wano kiki "eky'Obwakatonda")?* "Bayibuli tekwata ku Luusi, Dawudi, Yona, oba Peetero, naye ekwata ku Katonda wa Luusi, owa Dawudi, owa Yona, n'owa Peetero" (Harris 2004: 66). Katonda waali mu ngeri nyingi, era akola mu ngeri nyingi, mu ngeri elabikirawo n'etelabikirawo, mu Bayibuli yonna. Atuyita okusseekimu n'okukolagana naye. Twetaaga okwebuuza ngeri ki gyalabikiramu mu kitundu kye tusoma.

b. *Ekitundu kino kitugamba ki ku bantu n'embeera y'omuntu (kwe kugamba, kiruwa "ekikwata ku "Kwonooneka kw'Omuntu")?*

(1) <u>Olw'embeera y'omuntu ey'okugwa, abantu balina ensonga, ebyetaago, n'ebizibu, ebya buli kika bye bagezaako (naye ne balemererwa) okugonjoola oba okutereeza okuyita mu makubo (ebiseera bingi amakyamu) mangi ag'enjawulo (agatera okubaleetera ebizibu okusinga ne bye baatandika nabyo)</u>. Kino Chapell akiyita *Enkulungo ey'Embeera y'Okugwa* kw'omuntu (EEO), era akinyonnyola bw'ati: "Kubanga Katonda yateekateeka Bayibuli okutufuula abalamba, ebigirimu birina kulaga nti mu ngeri emu oba endala tetuli balamba. Obutali bulamba bwaffe bwava ku mbeera yaffe ey'okugwa gye tubeeramu. . . . Obwonoonefu bw'ensi yaffe n'obulamu bwaffe bikaabira obuyambi bwa Katonda. Atuddamu n'Ekigambo kye, ng'alina oludda lw'assaako essira mu buli kitundu. EEO *y'embeera y'omuntu abakkiriza aba leero gye bagabana n'abo ekyawandiikibwa ekyo be kyawandiikirwa ekyetaaga ekisa ky'ekyawandiikibwa ekyo.*" (Chapell 1994: 41-42)

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

(2) Kubanga omulandira gwa EEO y'ekitundu ky'Ebyawandikibwa guli mu mbeera yaffe ng'abantu, EEO eyo eyinza okukyuka okuva ku kitundu ekimu okugenda ku kirala. Eky'okulabirako, EEO y'ekitundu ky'Ebyawandikibwa eyinza okuba ensonga ezikwata ku kibi oba ebibi ebimanyiddwa. *Mu bintu ebitali bya kibi mwe muli:* ennaku; obulwadde; okusuubira okukomawo kwa Mukama; obwetaavu obw'okumanya engeri y'okugabana enjiri; okumanya okusaba obulungi; okwagala okuba omuzadde omulungi; okumanya okwagala kwa Katonda; okunywerera ku bwesigwa mu kuwakanyizibwa; oba okutegeera ebirabo byo. *Mu bibi mwe muli:* omululu; obujeemu; okwegomba; obutamanya buvunanyizibwa; obuwanika obubi; amalala, n'ebirala. EEO ("Enkulungo ey'Embeera ey'Okugwa") kiba kitundu butundu ku mbeera y'omuntu eyeetaaga okuyigiriza, okubuulirira, okulabula, n'okugumya kw'Ebyawandiikibwa.

B. ***Okunyonnyola n'okuwa eky'okulabirako eky'ekitundu***

1. Okunyonnyola ebyawandiikibwa. Okunyonnyola kwetaagisa omubuulizi okutuusa ebivudde mu kunoonyereza kwe n'obumalirivu bwe, eri abantu mu ngeri etegeerekeka era ebasobozesa okubijjukira. Okunyonnyola ekyawandiikibwa kuyinza okukolebwa obulungi (a) *mu ngeri y'okulaga amazima agali mu kyawandiikibwa ekyo* (kwe kugamba, okulaga kiki ekyawandiikibwa ekyo kye kitegeeza); (b) *okulaga wa amazima g'ekyawandiikibwa ekyo we gali* (kwe kugamba, okulaga wa we wajja ekirowoozo ekyo); ne (c) *okulaga obukakafu bw'amazima g'ekyawandiikibwa ekyo* (kwe kugamba, okuddamu okubiteeka mu bigambo byo, okubibuulira, okubinyonnyola, okubifaananya, okuwa amakulu gabyo, n'okuwa ensonga abantu basobole okutegeera lwaki ekyawandiikibwa ekyo kitegeeza ekyo ky'ogamba kitegeeza—obukakafu ng'obwo buyinza okweraga bwokka, oba s'ekyo, buyinza okusinziira ku kyawandiikibwa ekiba kiriwo) (Chapell 1994: 116-24).

2. Okuwa eky'okulabirako ky'ekyawandiikibwa. Omubuulizi n'abawuliriza bombi bali wala mu biseera, ekifo, n'obuwangwa, okuva ku ebyo ebya Bayibuli. Eby'okulabirako biyinza okuba olugero, ebintu bye tuyitamu mu bulamu, ekintu kyonna ekiyinza okutangaaza, okukulaakulanya, oba okwongera okunyonnyola okuyamba abawuliriza okubeera wamu n'ennono eri mu kyawandiikibwa ekyo ekiri mu kwanjuluzwa. Eby'okulabirako bikyusa amazima agatavaayo bulungi ne gafuuka ebiriwo ddala. Ng'omusomesa omu ow'okwogera okulungi eri abantu bw'akiteeka: "Guno bulijjo gwe mulamwa gw'omwogezi: okuleeta eka ekiteeso kye eri abawuliriza, okufuula ekitali kitangaavu ekintu ekiriwo ddala n'olw'ekyo eky'amazima" (Buckley 1988: 15). Eby'okulabirako bigaziya n'okuwanvuya okutegeera kwaffe okw'ekyawandiikibwa. Biyinza okujjibwa okuva ku nsibuko yonna eriwo: olupapula lw'amawulire oba ekitabo; akalombolombo oba ekikolwa eky'obuwangwa; ekintu kyonna ekyali kibaddewo, oba ekintu kyonna abantu kye bamanyi mu kitundu, ekintu kyonna mu bulamu bw'omubuulizi yennyini; ekintu kyonna eky'omu butonde; eby'obufuzi; emizannyo; ekyafaayo; television; radio; entambi z'ebifaananyi; Bayibuli; mu bimpimpi, ekintu kyonna abawuliriza kye bayinza okukolagana nakyo ekiyinza okuyamba okutangaaza amazima g'Ekigambo kya Katonda. Enkozesa y'engero n'enfumo z'obuwangwa ya mugaso nnyo mu buwangwa obutali bwa bazungu awali engero ng'ekkubo erya bulijjo, ery'omugaso, era erisuubirwa ery'okutambuza amazima. Yesu naye yabeeranga mu buwangwa ng'obwo, era yakozesanga engero okutambuza amazima oba okulaga amazima ag'omwoyo.

3. Eby'okulabirako n'okunyonnyola bitambulira wamu. Eby'okulabirako ebirungi byetaagisa okusobozesa abantu okunyweza amazima ga Bayibuli, naye awatali kubinyonnyola tebimala: "Mu kusimba amazima ga Bayibuli mu mbeera abantu ze balaba eby'okulabirako bigatta amazima ga Bayibuli wamu n'obulamu abantu bwe bayitamu, era mu kukola ekyo, bisobozesa Ekigambo okutuukibwako, okutegeerekeka, okubeera aga ddala mu ngeri ebirowoozo ebimaze gateekebwa awo gye bitayinza kukikola . . . Abawuliriza abayita mu ebyo bye bawulidde—wadde mu ngeri y'okwewaayo ku lw'abalala—mu butuufu bayiga okusinga abo abalowooza obulowooza ku bigambo n'ebirowoozo awatali kubirabako mu bulamu bwabwe. Ekyo ababuulizi kye bamanyi okuva munda yabwe emyaka n'ebisiibo kirina omusingi omugumu ogw'ekinasayansi. Ekirowoozo ekirimu amakulu kivaamu ebibala bwe kisibwa ku mazima. Okuvumbula okwo kuzibukula omugaso gw'eby'okulabirako ogukwekeddwa. Abawuliriza bategeera kiwanvu era kigazi okusinga bwe tuteeka amazima ga Bayibuli mu bintu abantu bye bayitamu ebirabika. . . . [Okukwatagana n'enkozesa ya Kristo ey'engero (**Makko 4:34**)] Okutuusa ng'okunyonnyola kugoberedde olugero olwo, amazima galwo gaasigalanga si matangaavu. Eby'okulabirako byokka tebijja kutangaaza amazima ga Bayibuli. Amaanyi g'Ekyawandiikibwa gava mu kuyunga eky'okulabirako n'ekiteeso wamu olwo ebitundu byombi eby'okwanjuluza ne byanjuluza era buli kimu ne kiwa ekirala amaanyi." (Chapell 1994: 166, 173, 175n.39)

VI. Okuteeka mu nkola

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

A. ***Okukyusa obulamu ky'ekigendererwa ky'embuulira ey'okwanjuluza***

"Ekigendererwa ky'Ebyawandiikibwa kyennyini si kumala gagabana amawulire agakwata ku Katonda naye kukyusa abantu be bafaanane nga Yesu Kristo" (Chapell 1994: 45). Kubanga Ebyawandiikibwa byonna byatuweebwa olw'okuteekateeka abantu ba Katonda olw'omulimu gw'ayagala bakole (**2 Tim 3:16-17**), Katonda atusuubira okukola ku bizibu (kwe kugamba, EEO) Omwoyo Gwe n'Ekigambo Kye bye bitubikkulira. Ekirala, abantu balina eddembe okubuuza omubuulizi, *"Lwaki wambuulidde ebyo byonna?"* oba okwogera ku njiri nti, *"Ntegeera ky'olowooza—naye n'olw'ekyo kiki—nnina kukikolera ki?"* Omuwandiisi w'omusomo gwa CTS anyonnyola "ekigezo ekikaawu eky'obuyinza bw'enjiri": "'Ebeera n'obuyinza singa oluvanyuma lw'ebyo bye mpulidde neesanga nga nkola ebyo bye mpulidde. Tebeera na buyinza okutuusa nga ekyo kituukiridde.' Ababuulizi, n'olw'ekyo, bayinza okupima obuyinza bw'okubuulira kwabwe, oluvanyuma lw'akabanga, n'enkozesa y'emiramwa emikulu egy'enjiri abawuliriza ze bawulira buli wiiki. Obulamu obukyusiddwa okusinziira ku njiri buyinza okulabika okukulukuta okugenda mu bantu abali mu kitundu ekyetoolodde, nga bulung'amya abalala okumanya Oyo omuweereza gw'abuulira mu buyinza bwe ne mu linnya lye." (Allen 2006: 74) Mu kunoonyereza kwa GASS, wadde ng'ababuulizi abasinga baagamba nti "okukyusa" mu bulamu kye kigendererwa kyabwe mu kubuulira, tewali n'omu ku bawuliriza yagamba ekyo ng'ensonga yaabwe ey'okuwuliriza (35% yawandiika "okubudaabudibwa; 30%—okuteka munkola mu bulamu; 21%—okutegezebwa; 14% —okutegeera): "Kyokka, endowooza eyinza okuteekebwawo nti okuva abawuliriza 35 ku buli 100 bwe baagala okulunŋŋamizibwa ate abalala 30 ku buli 100 baagala bya kuteka mu nkola mu bulamu —okubuulira okulunŋŋamya, okulimu amagezi ku ngeri y'okukozesaamu obulamu kuyinza okuleetawo okwagala okukyuka. . . . Wadde ng'abawuliriza abaabuuziddwa tebaazuula kiruubirirwa kyabwe eky'okuwuliriza nga 'Njagala kukyusibwa,' okunoonyereza ku bawuliriza bwe kwabuuza ekibuuzo nti, 'Owulira otya munda mu kubuulira okusinga obungi?' Abawuliriza 14 ku buli 100 baategeeza nti engeri gye bawuliramu munda mu ngeri eya bulijjo kwe "okwetegekera okukyuka.'" (Carrell 2000: 151)

B. ***Amazima g'enjigiriza ya Bayibuli yonna gagatiddwa wamu n'enteeka yaago mu nkola mu bulamu obwa bulijjo eraga amazima ago bwe galina okufaanana ne bwe galina okukozesebw mu bulamu bwaffe***

"Bulijjo, Bayibuli eyunga enjigiriza ku bikolwa" (LeBar and Plueddemann 1995: 141). Eky'okulabirako, banabbi mu Ndagaano Enkadde baagattanga ebigambo bya Katonda eby'okulabula n'kusalirwa omusango wamu n'okuyitibwa kw'abantu be okwenenya n'okukyusa entambula yabwe. Yesu yabikkula ekifaananyi kya Katonda, ye kennyini, n'obwakabaka bwa Katonda, n'anyonnyola bwe tuteekeddwa okubeera mu kitangaala ky'okubikkulirwa okwo. Ebbaluwa ezisinga zaawandiikibwa okukola ku bizibu ebyaliwo oba ensonga ezaali zikwata ku makanisa ago. Abawandiisi b'ebbaluwa ezo okusinga batandika ebbaluwa zaabwe n'enyinnyonnyola y'enjigiriza, ne bava awo ne banyonnyola enjigiriza eyo ky'etwala ne kye yeetaagisa mu bulamu bw'abagoberezi ba Kristo.

C. ***Okuteeka mu nkola kuwa enyanjuluza amakulu gaayo***

Okulaga amazima g'Ebyawandiikibwa mu bulamu bwaffe, okukola ebyo bye gagamba, n'okubiteeka mu nkola bye bintu ebiraga oba omuntu ategeera oba tategeera era oba alina okukkiriza okw'amazima era okulokola (see, e.g., **Matayo 7:16-21; 28:20; Yokaana 14:21, 23; 15:10; Yakobo 1:23-25; 2:14-26**). N'olw'ekyo, enjiri eteekwa okugatta wamu okuteeka mu nkola n'enyanjuluza: "Amakulu amatuufu ag'ekitundu ky'Ebyawandiikibwa gasigala gakwekeddwa okutuusa nga tutegedde nga amazima g'ekitundu ekyo bwe galina okufuga obulamu bwaffe. . . . Totandika kuwandiika bubaka nga tonnategeera enjiri yo ky'eyagala okutuukiriza. Okuteeka mu nkola kuteekwa okukulembera okusalawo okusembayo ku nzimba, enkozesa y'ebigambo, n'empulikika y'obubaka oba s'ekyo omubuulizi ajja kuba ateekateeka okukola oluguudo lw'atamanyiiko ntuuko. . . . *Okuteeka mu nkola kuwa enyanjuluza amakulu amakusifu.* . . . Ekyo kitegeeza nti okutuusa ng'omubuulizi awadde engeri ey'okuteeka obubaka obwo mu nkola, okwanjuluza kusigala tekuwedde." (Chapell 1994: 78, 202-03) Mu butuufu, ng'omugunjuzi Omukristaayo Lois LeBar bw'akomekkereza, "Yakobo 4:17 akitangaaza bulungi nti okumanya n'okukola mitendera ebiri emyawufu. Bwe tusomesa abantu amazima amapya awatali kubalaga eky'okugakolera, tubafuula okuba aboonoonyi ababi okusinga bwe babadde mu kusooka." (LeBar and Plueddemann 1995: 99)

D. ***Okuteeka mu nkola kuyinza okwetaaga nkyukakyuka mu ndowooza n'enkyukakyuka mu mpisa***

Awatali nkyukakyuka mu ndowooza—enzikiriza, okuwa amaanyi, okulowooza—okukubiriza abantu okukyusa empisa kuba kuwa bantu mateeka ku ngeri gye balina okweyisamu. Ekivaamu, okuzuula mu bantu endowooza eyeetaga okukyusibwa (amalala, okwekubiira, omululu), okuleeta enkyukakyuka ennungi mu ndowooza zaabwe (essanyu, okukkiriza, okwesiga Katonda mu mbeera enzibu), oba okuyamba okwewaayo okutuukiriza ekyo kye beeyama emabegako okukola mu kukkiriza (okunyweza eddembe ery'okusonyiyibwa, okuwulira emirembe mu mazima agali mu mazuukira, okuzza obuggya essuubi lyabwe eriri ku musingi gw'obukulu bwa Katonda), bintu birungi okwongereza ku ky'okubayita okubeera n'empisa

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ekyusiddwa era bya mugaso. Okulowoozesa abantu mu makubo amapya—eky'okulabirako, "Okumanyisa abantu obwetaavu bw'okukyuka," "okuyamba abantu okulaba bye batalabye," "n'okubayamba okulaba engeri ensi gyelabikira abantu abaawufu ku bo"—gonna makubo malungi enjiri mwe ziyambira abantu okukyusa amakubo gaabwe (Allen 2008: 63, 67).

E. ***Ababuulizi baleme kulowooza nti okunyonnyola obunyonnyozi, oba okuwa eby'okulabirako by'ekyo Bayibuli ky'egamba ne ky'etegeeza, abantu bajja kutegeerererawo mbagirawo enkozesa y'amazima ga Bayibuli mu bulamu bwabwe***

Ekizibu ekisooka ku "ndagiriro z'enjiri ku ebyo ebirina okukolebwa" kiri nti tezitunuulira kizibu kimu era *teziteekeka bulungi mu nkola*. Mu kunoonyereza okwakolebwa abasumba 206 n'abantu 2,233 ab'ekkanisa, "bawuliriza batono nnyo okusinga abasumba baagamba nti enjiri zikwata ku 'nsonga z'obuntu ez'obulamu'" (Reed 1999: 84). Ababuulizi batera "kubuusa maaso" ku bizibu n'ensonga eziriwo ddala mu bulamu bw'abantu awatali kuzikolako butereevu (Reed 1999: 84; Allen 2005: 371-72). Mu kifo ky'okukola ekyo, omubuulizi ateekwa kuba ng'ategeerekeka era nga mutangaavu, *n'a*laga *enteeka mu nkola* ey'ekigambo abantu kye bawulidde era ekintu kye beetaaga. Nga Chapell bw'agamba: "Okuteeka mu nkola kuteeka amaanyi g'enjiri gonna ku kukyusibwa Katonda kw'ayagaliza abantu be. Kino si ky'ekiseera okwogera nga weeruma ekirimi oba obutafa ku ekyo ekigenda mu maaso mu bulamu bw'abawuliriza. Kiseera kya kuteeka mu nkola butereevu *ng'otunuulidde omuntu—naye n'okwagala.* Okuva ku kituuti, yogera ekyo kyennyini ky'otegeeza nga bwe walikyogedde eri omuntu gw'oyagala. Obulungi obw'omwoyo obw'abalala bukwetaagisa obutakwekerera ekyo ky'otegeeza n'okireeta mu ngeri etetegeerekeka, ekitatabula muntu n'omu era ekitalina maanyi kukuteeka mu mutawaana. . . . Bw'oba olaba nti ekkanisa tejja kuwona okutuusa ng'okugeya kukomye, kyogere. Oba enjawukana mu by'obufuzi eyawulayawula mu bakkiriza, kyogereko. Yogera n'obumanyirivu. Yogera n'okwagala. Naye tolemwa kwogera ekyo embeera eyo kye yeetaaga era Bayibuli ky'esaba." (Chapell 1994: 223)

F. ***Ebibuuzo bibiri ebikulu okukuuma okuteeka mu nkola-ssa essira***

1. <u>Kiki abantu kye beetaaga okukola?</u>

a. *Okuteeka mu nkola kulina kwesigamizibwa ku nnono ekyawandiikibwa ze kiwagira.* Okunyonnyola kw'ekyawandiikibwa kulina okulaga omugaso gw'ennono okuteeka mu nkola gye kuyimiriddeko. Kino kikulu kubanga abawuliriza abasinga obungi "okutwalira awamu basobola okuteekebwa mu kibinja kya 'abatafaayo' ku kiruubirirwa ky'ababuulizi 'eky'okukyusibwa' okuva bwe batabeerawo nga basuubira nti bajja kukyusibwa" (Carrell 2000: 151). Ku nkomerero abawuliriza bateekwa okuba nga basobola okugamba: "Ekyo tuteekwa kukikola kubanga Bayibuli ky'eyogera." Ekyo naddala kya mugaso kubanga okuteeka mu nkola—mu makulu gakwo, kutwaliramu okukyuka mu ndowooza oba empisa—era mu kiseera ekyo abawuliriza lwe basinga okwagala *okuziyiza* omubuulizi n'enjiri. Eno y`ensonga lwaki okwekenneenya ebyawandiikibwa awamu n`okubinyonyola biteekwa okuwulikika obulungi. Okwekenneenya ekyawandiikibwa n`okukinyonnyola obulungi byombi bwe bibeera nga biwulikika, n`okuteeka mu nkola nga kuvudde mu kyawandiikibwa kyo (era ng'abawuliriza balabye nti bwe kiri), olwo okwekenneenya ekyawandiikibwa, okukinyonyola awamu n`okukiteeka mu nkola, bijja kuwang'ana amaanyi.

b. *Okuteeka mu nkola kuteekwa okubeera nga kwa nsonga—era omubuulizi ateekwa okuwa eby`okulabirako ebikusifu eby'engeri ey'okukola ekyo ekyetaaga okukolebwa.* Okukuutira abantu "Okwagala muliranwawo", ssi ky`ekyo ekiteekebwa mu nkola. Okwagala muliranwawo nnono y`awamu, emanyiddwa olukungaana lwonna. Etandika okutambula okuva ku nnono ey`awamu neetuuka mu kuteekebwa mu nkola ebya ddala, nga omubuulizi amaze okutegeeza mu ndaba ye embeera eziriwo ez`omulembe abawulizi ze basisinkana mwe betaaga okuteeka ennono eyo eya Bayibuli (gamba nga okwagala muliranwa awagira ekibiina eky`obufuzi ekyawukana n`ekikyo, akuza abaana ab`obukyaayi, asekerera okukkiriza kwo, ow'eggwanga eddala, oba olulyo olwawukana n`olulwo). Naye era n`okwogera bwe tutyo tekimalira ddala. Omubuulizi alina okuwa eby`okulabirako ebikusifu ebiraga okwagala okwo bwe kufaanana (eky`okulabirako, okwewaayo okulabirira omwana ow`ekizibu okumala akaseera, osobole okuyamba ku maama we okuwummulamu; okulaga ekikolwa ekikusifu eky'ekisa eri muliranwa wo, okuyita muliranwa wo okujja okulya nawe eky`eggulo). Omubuulizi ateekwa okuwa eby`okulabirako eby`ensonga eby'engeri *abantu ab`enjawulo mu kuŋŋaniro* (abato, abavubuka, abakadde, abafumbo, abasajja, abakazi) gye basobola okuteeka mu nkola ennono ez`omu Bayibuli mu bulamu bwabwe. Okwongereza kw`ekyo "okuwulira engero z`abantu bennyini abaliwo (nga kwogasse n`omubuulizi) abaakozesebwa oba abaalowoozesebwa bulala kiyamba okuleetamu endowooza n`enneyisa empya." (Allen 2008:66).

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

c. *Okuteeka mu nkola kiteekwa kuba kya mazima.* LeBar atujjukiza ku mazima gano ag'omugaso: "Kya butonde nti twewala enkyukakyuuka kubanga kitegeeza nkola mpya ey'ekikula kyaffe eky`obuntu kye tubadde tuzimba. Kyangu nnyo okugenda mu maaso n'okuwakanyizibwa okusinga obutono okusinga okutaataaganya enkola enkadde ey'okulowooza n'okukola. Ssinga omuntu agambibwa okukola enkyukakyuka nyingi omulundi gumu, ekivaamu atendewalirwa." (LeBar ne Pluedermann 1995:175) N'olw'ekyo, wegendereze obutalagira bakungaanye okukyuusa obulamu bwabwe bwonna. Gezaako okunoonya ekyo buli omu ky'ayinza okukola—era oleetere obubondo obuli mu bawuliriza (abavubuka, abakadde, abakkiriza, ab`ensi, abatakkiriza, n'abalala) ebirowoozo ebikusifu. Stanley agamba bw'ati: "Bwe ng'amba abawuliriza okukola ekintu eky`ensonga, ntera okubagamba okukikolera mu kaseera akagere. Nga tutuuse mu mmakati g`omusomo ogukwata ku Ssaala ya Mukama waffe, nagamba ekung'aniro lyaffe okutandika ennaku 7 eziddako n'okusaba. Nnaku musanvu zokka. Buli muntu yali asobola okukikola. Era mu kusuubirwa, ennaku ezo 7 zaali zirina empisa gye zijja okutandikawo mu bulamu bwabwe. (Stanley ne Jones 2006:189). Jjukira nti ogezaako okukyusa emize gy'abantu. Kiringa bw'onoogezaako okujja emipiira gy`ekiggaali mu mpaanka ezikadiyidde ddala--si kyangu, era kitwaala ekiseera awamu n'okudiŋŋana. Naye, empisa empya ezivudde mu ndowooza n`ebikolwa ebipya bwe zitandika mu muntu, mpola mpola zifuna emiizi ekiseera nga bwe kigenda kiyita era nga bw'agenda aziddidiŋŋana.

d. *Mu kuteeka mu nkola tuteekwa okukakasa nti tulagiriza abawulizi baffe eri ensibuko ze balina mu Kristo—obwetoowaze mu kugonda, okusaba, Ekigambo kye, eky`okulabirako kye, Omwoyo, okwesiga obugabirizi bwe, okukolera ku mazima ge—okubasobozesa okukola enkyukakyuka ze betaaga okukola mu bulamu bwabwe.* Ababuulizi bateekwa okubeera abegenderevu obutamala "gawa okukubiriza okukola obulungi mu maanyi ag'omubiri okutunuulira omuntu." (Chapell 1994:210) Si kya "mutindo gw'obukristaayo" okugamba abawulira "okubeera nga [Musa, Gidyooni, Dawudi, Danyeeri oba Peetero]," "mubeere balungi," oba "mubeere n'empisa", ekiraga nti "tusobola okukyuusa ekikula kyaffe ekyaagwa nga tukozesa amaanyi gaffe" (Ekitundu kye kimu: 267-68, 280-286). Okubuulira ekyo abantu kye beetaaga okuba n'okukola, awatali kwogera ku Kristo, abasobozesa okubeera kye bali n`okubakoza kye bakola, kikyamya enjiri—era mu bulungi bwayo obusingira ddala, ejja kutondawo ekkung'aniro ly'abafarisaayo.

e. *Okuteeka mu nkola kiteekwa okukozesa ebiriwo mu kkanisa.* Omusomo gwa CTS gwaalaga nti "ababuulizi tebayinza kwesiga nti ekkung'aniro linaatandika okulowooza n'okukola mu ngeri ey'enjawulo olw'okuwulira enjiri emu bumu. Ababuulizi, mu buli ngeri beetaaga okulowooza nti buli njiri ekola n'enjiri endala era n'ebitundu ebirala eby'enkola y'ekkung'aniro (okusobola okuleeta enkyukakyuka mu bulamu)." (Allen 2008:74) Wakiri ebintu bibiri bisobola okuyamba.

> (1) <u>Tuusa abantu bo ku bintu ebiyinza okukozesebwa ebiriwo mu kkanisa ne mu bantu abali mu kitundu.</u> Ssinga ekkanisa eddukanyizibwa nga bweteekeddwa okukolebwa, era, ssinga omubuulizi amanya bulungi abantu be (awamu n`ebitone byabwe n'ebintu bye bayinza okukozesa), abo abali mu bukulembeze bw'ekitundu basobola okulagirizibwa eri abo abali mu Mubiri gwa Kristo abayinza okubayamba nga bwe batandika okukyusibwa mu kifaananyi kya Kristo. Newakubadde ekkanisa terina buweereza obulabika oba abantu abasobola okuyamba abakulu ng'abo, ekyaalo oba abantu abali mu kitundu ekyo bayinza okuba n`ebintu ebikozesebwa.
>
> (2) <u>Obubiina obutono obukubaganya ebirowoozo.</u> Amakanisa mangi gakozesa obubiina obutono obusisinkana mu wiiki. Amakanisa agamu galina n'obubiina obukubaganya ebirowoozo ku nsonga eziba zileeteddwa mu njiri amangu ddala ng`okukung'ana kuwedde. Obubiina buno buyinza okukubaganya ebirowoozo ku njiri ya wiiki eyo, nga buteeka essira na ddala ku ky'okufumiitiriza ku njiri eyo n'okugiteeka mu nkola. Okukozesa obubiina obutono obw'okukubaganya ebirowoozo kkubo ddungi ery'okuyamba abantu okwenyigira "n'okwetaba" mu njiri ebuliddwa. Abantu abali mu bubiina buno balina ebintu bye batuukako ne bye bazuula ebiyinza okuyamba abalala, n`ebibuuzo ebikwaata ku njiri ebiyinza okuddibwamu. Mortimer Adler atubuulira lwaki okukubaganya ebirowoozo okw`ekika ekyo kwa mugaso: "Awatali kuwakanyizibwa, kubanga okwogera okutatataganyiziddwa n'okuwuliriza mu kasirise bizibu okukola obulungi okusinga okuwandiika n'okusoma, byombi bisobola okukola obulungi singa okwogera okugendererwa okusomesa kugobererwa okwogera kwa ngeri biri – emboozi oba okukubaganya ebirowoozo, okuyita mu kubuuza bibuuzo n'okuddibwamu, okukolebwa akabiina akalimu omwogezi n'omuwuliriza nga beetaba mu njogera

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ey`okuwanyisiganya. . . . Okusomesa bwe kutawa kukubaganya birowoozo kkubo, ekintu ekyandiyambye omwogezi okukakasa nti ebirowoozo by`abawuliriza bituukiddwako era bikwatiddwako, era okuwuliriza bwe kutagobererwa na kusoma mu butaliiwo bw'ekyo ekiyinza okutuukibwaako na kukubaganya birowoozo, okwogera kufuuka okusomesa okusingira ddala obutaba na kye bukola mu bulamu bw'omuwuliriza." (Adler 1983:52)

2. Lwaki beetaaga okukikola?

a. *Twetaaga okuwa amaanyi mu ngeri entuufu.* Okukola ebikolwa ebituufu naye ate nga ekigendererwa kyabyo kikyamu, kiba kibi okusinga okukwasisa amateeka n'obunanfuusi. Mu kifo ky'ebyo, obukristaayo buluubirira okuleeta obulamu obukyusiddwa "okuva munda"—(laba **Bar 12:1-2**). Obulamu obukyusiddwa okuva munda bujja kuleetawo enneyisa ekyusiddwa ebweru. Ekisumuluzo kwe kulagiriza abawuliriza eri Kristo awamu n`okwagala n`ekisa kya Katonda. Eky'enkomerero, ensonga ababuulizi gye balina okusisinkana eri: tulina kubeera batukuvu *tulyoke tusembezebwe* Katonda, oba tuli ba kubeera batukuvu *olw'okusembezebwa* kwa Katonda? Okusingibwa omusango kusindika *ow'omutima oguteenenya* okujja eri omusalaba naye eri *omukkiriza*, okutegeera okutuufu *okw'ekisa* kya Katonda kukyusa buli kimu okuba *eky'okusiima*. "Abakkiriza bwe balaba nga Ebyawandiikibwa mu bulamba bwabyo – okubikkulirwa kwonna nga bwe kuli mu Bayibuli, ddaala limu ery'okulaga ekisa, emitima gyabwe giddamu na kwewuunya n'obwetoowaze. "Enyanukula ng`ezo zitandikawo obubaka obw`okusinza awamu n`obuwulize mu bigendererwa byabyo ebituufu, era ne bifuula enkozesa y'amazima gonna aga Bayibuli okubeera ekikolwa eky`okwebaza, okutendereza, okusiima, n`obuweereza obw`okwagala. Okubuulira okwekulungulira ku Kristo tekujjaawo emitendera egimanyiddwa egy`enneeyisa ey`ekikristaayo, wabula kuzuula ensibuko yagyo okubeera mu maanyi ag'ekisa. Amateeka ag`obuwulize tegakyuka, ensonga ze zikyuka." (Chapell 1994: 302).[1]

b. *Era twetaaga okuwa okulung'amizibwa okutuufu abantu basobole okubeera ng'ebyawandiikibwa bwe byagala babeere.* Wa eby`okulabirako okuva mu bulamu bwo, oba obw`abalala, oba obw'amakanisa oba abantu mu bitundu ebitali bimu, awaali enkyukakyuka. Ku nkomerero y'enjiri ze, Stanley agezaako okuteekawo okwoolesebwa oba "okusiiga ekifaananyi eky`ebigambo" eky'ekyo ekiyinza okuba n'ekyetaagisa okuba. Mu kaseera kano ak`okuggalawo, oyita abawuliriza bo okulowooza ku kanisa, abantu mu kitundu, ab`eng'anda, oba n`ensi bwe baandifaananye ssinga Abakristaayo buli wamu batwala ekirowoozo kyo ekyo (Stanely ne Jones 2006:129). Ekyo kiwa abantu amaanyi okugezaako okukola enkyukakyuka Ebyawandiikibwa n'enjiri ze bibasaba okukola.

VII. Ebitundu eby'Enjiri Ezikola n'Enteekateeka yabyo

A. *Okusobola okukwata ku bantu, enjiri erina kuba na mulamwa gumu ogugatta byonna awamu*

1. Olw'okuba nti ekiluubirirwa kukyusa bulamu, engeri esinga obulungi ey'okukituukirira, kwe kubeera n'omulamwa gumu, so ssi miramwa mingi, mu njiri yo. Omulamwa ogwo guva ku kintu kimu, ky'oyagala abawuliriza bo batuukeko ku nkomerero y`okubuulira kwo – kwe kugamba, ekirowoozo ekikusifu ky'oyagala okutuusa eri abawuliriza, ekintu ky'osuubira okutuukiriza, ekintu kye beetaaga okumanya ne kye beetaaga okukikolera; enkomerero y'okuteekesa mu nkola n'okukyusibwa obulamu. Stanley akiteeka bw'ati: "Bwe ng'amba *ensonga*, mba ntegeeza ekimu ku bintu ebisatu: okuteekesa mu nkola, okutegeera okuva munda, oba ennono. Mu ntuukirira eno, buli bubaka buteekwa okuba n`ekirowoozo kimu ekya wakati, enteeka mu nkola, okutegeera okuva munda, oba ennono ekikola nga ggaamu akwasa ebitundu ebirala awamu" (Stanley ne Jones 2006:103). Bw'omala okufuna enkomerero ennambulukufu eyo mu bwongo bwo, buli kintu kyonna mu bubaka bwo kiteekwa okugenderera okuteeka mu nkola, okulambika, n`okuteekawo enkola ey`okujjukiranga ensonga eyo. Nga Stanley bw'agamba, mu kubuulira enjiri "tutwala abantu mu lugendo olubatuusa mu [bulamu obukyusiddwa]. Olumala okulaba entuuko, ojja kuba nga obanjibwa okwerula n'okutereeza ekkubo eribatuusaayo. Ekyo kiteegeeza nti olina okusalako ebintu ebitakwatagana n'omulamwa gw'oliko" (Ekitundu kye kimu: 109-10).

2. Bw'omala okuvumbula ensonga yo n`omala okuzimba obubaka bwo okugyetoolola, eddaala eriddako kwe kukolawo ekigambo kimu ekikwasa ensonga eyo wamu. Kiki Katonda ky'agamba ekkanisa okuyita mu ebyo omuwandiisi wa Bayibuli bye? Ekyo bw'okizuula, kiteeke mu bigambo

[1] Enjawulo wakati w'ensonga etukoza eyeesigamizibwa ku Katonda/ekisa ne omuntu/ekibi mu buwulize erabikirawo lwatu. "Okwagala bwe kutukoza, Mukama, ebigendererwa bye, n'ekitiibwa kye by'ebigendererwa byaffe. Awatali ekyo tewali kintu kisoomooza omukkiriza okuweereza omuntu yenna ali waggulu we." (Chapell 1994: 209)

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ebyangu ebikola emboozi emu ebuulira abawulizi ensonga enkulu mu kitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa—ekintu ekikulu ky'oyagala abantu bo basigale nga bajjukira era batwale okuva ku ngiri gy'obuulira. Kino *ky'ekirowoozo* ky'olina ku nsonga eyo (laba **Ebyongerwako B, ekitundu IV.B-E**). Mu bumpi, ekirowoozo ekikulu ky'olina mu ngiri yo *y'emboozi* erimu amaanyi, etegeerekeka, *ebuulira abawulizi ensonga enkulu mu byawandiikibwa* by'okutte nga bw'ekwata ku bantu abo. Emboozi eyo ennyangu eteeka mu bufunze ekyo ky'okkiriza Mukama ky'ayagala okugamba abantu okuyita mu byawandiikibwa by'obuulira. Ebitundu by'ebyawandiikibwa ebyo byonna birina okuzimba amazima ago, birina okuva mu go, oba birina okukwatagana nago mu ngeri etegeerekeka. Kikyetaagisa okubeera nga kisobola okujjukirwa nga bwe kisoboka. Kino kijja kuyamba ggwe n`abawuliriza bo. Bwe kiba nga kimpi era nga kisobola okujjukirwa, awo kijja kubeera kyangu okukijjangayo ekiseera kyonna ky'omala ng'obuulira enjiri. Bwe kiba ekigambo ekikoleddwa obulungi, kijja kumanyika bulungi eri abawuliriza bo nti eno y`ensonga yo enkulu. N`olw`ekyo, bulijjo ekirowoozo kyo ku nsonga eyo kiweebwa abawuliriza kumpi ku ntandikwa y'enjiri. Okujjako ng'obuulira okuva mu kitundu ekirimu olugero era nga ogoberera enkola ey'okubuulira okuva mu kitundu ng'ekyo.

3. <u>Ekigambo ekigatta ebirowoozo byonna awamu kyetaagisa lwa nsonga ezitakka wansi wa ssatu.</u>

a. *Ekitundu kyenyini kyetaaga okutunuulira ekintu kimu.* Omulamwa n`ekigendererwa ky'ekitundu biteekwa kuba nga by'ebyo bye tutunuulidde mu kwanjuluza ekitundu ekyo. Nga Chapell bw'agamba, "Amakulu g`ekitundu ky'ebyawandiikibwa ge makulu gw`enjiri". (Chapell 19994:23). Waliwo okukulukuta okutegeerekeka okw'engeri abawandiisi ba Bayibuli gye baleetamu ebintu. Bayibuli ku bwayo eleeta olugero lumu nga lulamba n'ebitundu byalwo nga byekutte wamu. Ebirowoozo ebimu mu kitabo ekimu ne bwe bilabika okuba nga tebikwatagana, waliwo ekigendererwa ekikulu oba obumu emabega w`ebyo ebyogerwa omusomi ategeera by'ayinza okuvumbula. N'olw`ekyo, enjiri zaffe zirina okulaga obumu bw'ekitundu ky'ebyawandiikibwa. Ebirowoozo n`ebikula ebirala bingi ne bwe biba nga bye bikola enjiri, byonna biteekwa okuwagira omulamwa gumu. Enjiri ekwata ku kintu kimu" (Ekitundu kye kimu: 38).

b. *Aboogezi betaaga okutunuulira ekintu kimu*. Ebyawawndiikibwa bigenda nnyo mu buziba ate nga bizibu. Ebitabo ebinyonyola bingi biwandiikiddwa okunyonyola buli kitundu. Naye, obubaka obutatunuulira kintu kimu, obumala gatambula eno n'eri, tebulina kye butuusa eri abawuliriza. Obumu obuva mu kutunuulira ekintu kimu buyinza okulabika ng'ekintu ekinyigiriza, naye nga mu butuufu busumulula ababuulizi obutagwa mu mutego ogw'ebisoboka ebitundu eby'enjawulo bye biyinza okuleeta: "W'omalira okuteekateeka obubaka bwo, ojja kuba omanyi bulungi nnyo wa amaanyi g`enjiri yo we gali; ojja kuba omanyi wa akaseera aka 'a–ha!' we kali. W'omalira okuteekateeka, ojja kuba omanyi ekitundu ky'obubaka bwo ekisinga okukukyamula. Era omanya *ng'otuuse* ku nsonga enkulu. Kwe kugamba, omanyi okuzuula ensonga enkulu wa w'eri. Kye wetaaga okutunuulira, kwe kuzimba buli kintu nga wetooloola ensonga eyo." (Stanley ne Jones 2006:105)

c. *Abawuliriza betaaga okutunuulira ekintu kimu.* Okuwuliriza si ky`ekimu n`okusoma, w'osobola okuddamu okusoma akatundu bwe kaba tekategeereddwa bulungi omulundi ogusooka. Abawuliriza bakoowa mangu mu kugezaako okuvumbula wa omwogezi gy'agenda n`ekyo ky'gamba. Naye ate, obubaka obuzimbiddwa okwetooloola ekirowoozo ekimu buba bwangu okugoberera. Abawuliriza bajja kwerabira mangu olukalala lw`ensonga ezimenyeddwa enyingi. Kyangu nnyo okujjukira ensonga emu okusinga okugezaako okujjukira enyingi—ensonga eyo bw'eba nambulukufu bulungi, ng'esobola okujjukirwa, okuddibwamu, "n'okuleetebwa eka" gye bali. Okwekaliriza n`okutegeera kw`abawuliriza kuyinza okuyambibwa okuyita mu kudding'ana ekintu n'enkozesa y'ebibuuzo eby`enjogera ennungi eri abantu abangi:

(1) <u>Okudding'ana ekigambo:</u> "Kino kyetaagisa na ddala kubanga omuwuliriza tasobola kukyuka n`addayo emabega kw`ekyo ekyayogeddwa n`addamu okukiwulira. Okwogera kwo kugenda mu maaso, era omwogezi ateekwa okuddamu okwogera ekintu kye yayogedde emabegako, omuwuliriza bw'aba nga wa kukifuna mu bwongo bwe, okusobola okutegeera ensonga eyogerwako kati" (Adler 1983:65).

(2) <u>Ebibuuzo eby'okwogera okulungi eri abantu.</u> Ng'okubuulira kugenda mu maaso, oyinza okukwata n'okukuuma ebirowoozo by'abawuliriza n'okwekaliriza kwabwe ng'obuuza, n`okuddamu ebibuuzo by`okwogera okulungi eri abantu (gamba nga "Lwaki?", "Lwaki eyogera ekyo?" Kiki ekigenda mu maaso wano? Kiki kyagezaako okutugamba? Kino kitukwaatirako wa mu bulamu bwaffe olwaleero?").

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

4. Okutunuulira ekintu kimu mu njiri kujjayo enjawulo emu wakati w`okubuulira n`okusomesa: mu kusomesa oyinza okukwata ku bintu bingi ebiri mu kitundu ky'okutte: okutunuulira ekintu kimu mu kubuulira kukakasa nti buli kintu eky'ogerwa kitwala abawuliriza eri enkomerero emu. Obumu bw`enjiri buwa omubuulizi obusobozi obw`okutunuulira omulamwa gumu mu buziba. Ssinga wabeerawo ensonga bbiri oba okusingawo ezirabika okuba nga zisukkulumyemu mu kitundu kye wekeneenya, tokozesa njiri emu yokka okwogera ku nsonga ezo. Mu kifo ky`okukola ekyo, tereka ensonga ezo ebbiri ozikoleko olulala, oba kola enjiri enyimpimpi ezigobereragana, nga bw'okola ku nsonga emu mu buli njiri. Mu kuteekateeka kwo, okusoomoozebwa kwo osanga tekujja kuba *kunoonya* ensonga enkulu emu gy'olina okutunuulira, naye *kujjamu* ensonga endala ebbiri oba essatu ze walyogeddeko.

B. ***Obubaka obusendasenda buyambibwako enteekateeka entangaavu***

1. Obukulu bw'okutegeka obulungi. "Enteekateeka n'entegeka y'ebyo by'oyogera erina amaanyi okusendasenda okwenkana n'agali mu by'oyogera" (Stern 1991:199, 203, 205). Mu kunoonyereza kwa GASS, "Abawuliriza 28 ku buli 100 boogera ku kubuulira okulungi ng'okubuulira okutegekeddwa obulungi. Eri bo, okubuulira okutegekeddwa obulungi kuzingiramu okuteekateeka okujjuvu kw'omubuulizi . . . okutegeera obulungi . . . n'akakwate akalagibwa obulungi wakati w'Ebyawandiikibwa n'ensonga enkulu ey'okubuulira. . . . [Ku luuyi olulala] Abawuliriza 47 ku buli 100 bagamba nti okubuulira okubi kuba kubuulira okutategekeddwa. Ennyonnyola yaabwe enkulu ku butategeka kye kigambo 'okutabulatabula,' ekiwulirwa enfunda n'enfunda okuva mu bawuliriza. Bannyonnyola okubuulira okuwanvu okugenda mu maaso (nga kulina okunnyonnyolwa okuddiŋŋana oba omugataganyo) nga wayiseewo ebbanga ddene ng'ensonga ekoleddwa, oba okubuulira okulina ensonga nnyingi nnyo nti ekirowoozo ekikulu kizibu okuzuula. Omuwuliriza omu agamba nti, 'Nneebuuza obanga nga amanyi endowooza ye enkulu era ng'asobola okujogera mu sentensi.' Ng'ensonga ey'okubiri, abawuliriza boogera ku kubuulira okutategekeddwa ng'okwo okutaliimu kakwate konna ku Byawandiikibwa." (Carrell 2000: 92-94) Omulamwa gumu ogwa wakati, obuggumivu ku bwangu mu kifo ky`obukalubo, awamu n`enteekateeka ennungi, byonna bikola *obutangaavu*. Obutangaavu bukulu nnyo mu kusendasenda. Awatali butangaavu abawuliriza bakoowa mangu nga bagezaako okugoberera ekyo omwogezi ky'agamba, naye bajja kumuvaako. Awali obutangaavu, abawuliriza bajja kweyongera okugoberera omwogezi, era bajja kutegeera, okujjukira n`okuteeka mu nkola ekyo omwogezi ky'agamba. Olina okulaga entegeka y'engiri yo nga bukyali ng'okozesa *emboozi enteesiteesi*.

2. Emboozi enteesiteesi ekuyamba okuteekateeka enjiri yo n'eyamba n'abawuliriza bo okutegeera wa w'oli. Emboozi enteesiteesi okutwaliza awamu ye maapu ly'ekkubo ly'okozesa okulaga abawuliriza bo gy'ogenda okubatwala mu ngiri yo. Kwe kugamba, emboozi enteesiteesi ezuukusa abawuliriza n'ebalaga engeri gy'oteekateeka okuzimba ekiteeso kyo. Olunyiriri luno lulabula abawuliriza ku ngeri gy'oteeseteesemu okuzimba ekiteeso kyo (laba **Ebyongerwako B, ekitundu IV.E-G**). Mu mboozi enteesiteesi owa abawuliriza ekirowoozo ku bitundu ebikulu by'ojja okukwatako, n'enteekateeka gy'olina ey'okubikwatako. Nga bwe kirabiddwa emabega, *abawuliriza betaaga okutunuulira ekintu kimu*. Bakoowa mangu nga bagezaako okuzuula wa omwogezi gy'agenda n`ekyo ky'agamba. Ekigambo ekiteesiteesi kibayamba okutunuulira ekintu ekyo ekimu. Era kikola ng'akabonero eri abawuliriza ku ngeri okunyonyola kwo okw'ekitundu ekyo gye kunaatambulamu. Nga bw'otambula okuva ku kitundu ekimu eky'ebyawandiikibwa okudda ku kirala osobola okuddamu olulimi okuva mu kigambo kyo ekiteesiteesi abawuliriza bo basobole okumanya wa wennyini w'oli. N`olw`ekyo, ekiteeso kyo n`ekigambo ekiteesiteesi bikuyamba okutangaaza abawuliriza, ekintu ekijja okulemesa enjiri yo singa tekibaawo.

C. ***Ebitundu bisatu eby'enjiri bitera okubuusibwa amaaso, naye ate nga bikulu nnyo mu kwogera kwo: Enyanjula; Enkyuka; n`Empunzika***

1. Enyanjula.

a. *Enyanjula eteekwa okukola ebintu nga bisatu: (1) Okuwamba ebirowoozo by`abawuliriza; (2) Okuleetawo obwetaavu, obuzibu oba embeera ey'okusika omuguwa ewulirwa mu bulamu bw`abawuliriza;* ne (3) *Okwanjula ekyawandiikibwa ekyanukula obwetaavu, obuzibu, oba embeera eyo ey'okusika omuguwa.* Stanley anyonyola lwaki ekintu kino kikulu nnyo: "Bwe tuddamu ebibuuzo omuntu n`omu by'atabuuza oba okugezaako okutawulula embeera embi omuntu yenna gy'atawulira, ebigambo byaffe byonna bijja kugwa ku matu amaggavu. Obubaka obutakwata ku mbeera ewuliddwa abantu bubalibwa okubeera nga tebugasa. Mu butuufu busobola okuba nga bugasa nnyo, naye ate ssinga abawulizi baffe tebalaba oba tebaba na bwetaavu bwabwo, bujja kuba nga tebugasa. Era tewali ayinza kubwetabamu. Bayinza okutuula awo mu kasirise okutuusa ng'enjiri ewedde. Naye bajja kuba nga tebagyetabyemu. . . . Enyanjula yo eyinza okuba nga

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ky'ekitundu ekisinga okuba eky'omugaso mu bubaka bwo. Yenkanankana ne kondakita w`eggaali y`omukka awogganira waggulu nti, 'Mwenna munda!' . . . Aboogezi bangi, naddala ababuulizi, bafaayo nnyo okuyingira mu mubiri gw`obubaka mangu, kyokka ne batwala akaseera katono okuteekateeka enyanjula yabwe. Sitenseni bagireka yokka." (Stanley ne Jones 2006 153:54).

b. *Ekiseera ekimala kiteekwa okuteekebwawo okukakasa nti abawuliriza beetaba mu buli kintu—nti ojja kuba ng`okwata ku kyetaago kye bawulira, era ojja kuba ng'oddamu ekibuuzo bbo bennyini kye babadde babuuza. Beetaaga okumanya ekibalinze*. Stanely awunzika bw'ati: "Mu buli bubaka bwe nnaawanga, nja kugamba nti, 'Eno y`ensonga lwaki kino kikulu.' . . . Ntera okunyonyola *ensonga* eyo ku nkomerero y`okwanjula kwange. Kakati nga bamaze okumanya wa gye tugenda, beetaaga okumanya lwaki mbatwalayo. Olw`okuba nti ekintu kiri mu Bayibuli, kimala eri abamu, naye si eri abasinga. Okuddamu ekibuuzo *lwaki* kuwa abawuliriza bo emmizi okukugoberera okugenda ku kitundu ekiddako eky`obubaka." (Ekitundu kye kimu: 187-88)

2. Enkyuka.

a. *Nga bw'okyuka okuva ku nyanjula yo okudda ku kunyonyola okw`ekitundu ky'okutte, ate n`omala n`odda ku kusoomooza abawuliriza oba okuwunzika, olina okukakasa nti abawuliriza bamanya nti ogenda kukyuka okudda ku ddaala eriddako ery`obubaka bwo.* Abawuliriza bajja kuleka okussaayo omwoyo, okujjako ng`omwogezi abawadde "obuti" bwe bayinza okuwanikako ebirowoozo byabwe, okussaayo omwoyo kwabwe, n'okutegeera kwabwe. Okukkiriza abawuliriza bo okumanya ekyo ekinaddirira kibayamba okuba naawe, nga bagoberera entambula y`ekirowoozo kyo.

b. *Ne mu kunyonyola kw`ekitundu, oteekwa okukitangaaza obulungi nga bw'ogenda okukyusa okuteesa kwo okuva ku kitundu ekimu okudda ku kirala.* Y`ensonga lwaki walina kubeerawo "ekigambo ekiteesiteesi." Ekigambo ekiteesiteesi kikola nga akabonero akalabula abawuliriza ku ngeri okunyonyola kwo okw`ekitundu gye kunagendamu mu maaso. Nga bw'okyusa okuteesa kwo okuva ku kitundu ekimu eky'obubaka bwo okudda ku kirala, osobola okuddingana olulimi okuva ku kigambo kyo ekiteesiteesi abawuliriza ne basobola okumanya wa w'oli.

c. *Okudding'ana kuyamba.* Gezaako okugamba nti, "Kati, okusinziira ku ebyo byonna, kiki kye tulina okukola? Ennono eno erabika etya bwe tugiteeka mu nkola? Ka mbawe ebirowoozo ku ekyo." (Weetegereze nti, mu ky'okulabirako ekyo, ebirowoozo by'abawuliriza bikwatiddwa ekibuuzo, era ekibuuzo ekyo kizzeemu okubuuzibwa emirundi ebiri, naye mu ngeri ez'enjawulo.)

3. Empunzika.

a. *Abantu batera okujjukira ekyo kyoba obalekedde–ssinga kiba kibalekeddwa mu ngeri ebasobozesa okukijjukira, n'okukyetabamu.* N`olw`ekyo, olina okumanya ngeri ki gy'oyagala okukomekkereza obubaka bwo, era otegeke empunzika yo osobole okutuuka kwekyo ky'oyagala.

b. *Empunzika yo erina okuleeta "ekirowoozo ekikulu," eno nga y`ensonga yo emu, eka eri abawuliriza mu ngeri gye bayinza okugijjukira n'okugiteeka mu nkola mu bulamu bwabwe*. Jjukira nti ekiluubirirwa kyo kya kulaba nti obulamu bw'abantu bo bukyusibwa ne bweyongeranga okufaanana ne Yesu. Kakasa nti, ng`olina empunzika ekoleddwa obulungi n'amagezi, abawuliriza bo bajja kutuuka kwekyo obubaka obwo kye bwagendererwa okubatuusaako.

D. ***Endowooza ez'enjawulo ku nteekateeka***

1. Buli njiri eteekeddwa okusisinkana ebyetaago ebitono ennyo ebimanyiddwa. Dr. Greg Scharf ayita bino wammanga "A-B-C ey'enambika z'enjiri":

A—*Busobola okuteekebwa mu nkola?* Enjiri ereeta obubaka mu ngeri ebusobozesa okuteekebwa mu nkola?

B—*Buvudde mu Bayibuli?* Ekitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa kye kiteekwa okufuga obubaka; ekirowoozo ku mulamwa ogwo n`ensonga enkulu – biteekwa okusinziira ku kitundu ekyo; okulambika kw'obubaka kuteekwa okulaga enyiriri ensonga zoowa ze zaanjuluza okulaga nti obubaka busimbiddwa mu kyawandiikibwa.

C—*Butegeerekeka bulungi?* Enjiri eteekwa okutegekebwa bulungi (Scharf n.d).

2. Enjiri etegekeddwa obulungi yetaagisa nnyo okusobola okukolera ddala obulungi. Aboogezi abamanyi okusendasenda bonna bakimanyi nti "enteekateeka n'entegeka y`ebyo byoyogera erina amaanyi okusendasenda abawuliriza okwenkana n'agali mu byoyogera" (Stern 1991:203).

a. *Enteekateeka y`enjiri eyinza okulabika ng`ekintu ekinaatawaanya mu kusooka, naye ate nga kiyamba omubuulizi obutaleeta ntabuko.* Enjiri etegekeddwa obulungi eyamba okuleeta

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

obutangaavu mu kwekeneenya n'e mu kwenyonnyola. Mu ngeri eyo: (1) eyamba okutegeera kw`abawuliriza okw'empunzika n'omugaso gw'obubaka. (2) eyongeramu obusobozi bw`abawuliriza okugenda ku ddaala ekkulu ery`okukozesa obubaka obwo mu bulamu bwabwe.

b. *Ababuulizi abamu balowooza bubi nga bagamba nti, "Bwe nteekateeka bye njagala okwogera, nja kuba nga nzikiriza Omwoyo, naddala olw'okuba nti Yesu yagamba nti, "Temweraliikiriranga bwe munaayogera: naye kyonna kyonna kye muweebwanga mu kiseera ekyo, ekyo kye mwogeranga, kubanga si mmwe mwogera, wabula Omwoyo Omutukuvu." (**Mak 13:9-11; Mat 10:17-20; Luk 12:11-12**).* Okulowooza ng`okwo kuyinza okuwulikika nga "okw`Omwoyo", naye ate nga mu butuufu, bwe busirusiru obutali bwa mwoyo.

(1) Ebigambo Yesu bye yayogera byali bikwata ku bakkiriza abaali bakwatibwa ne bayigganyizibwa nga tebafunye kaagaanya ka kwetegeka okwerwaanako mu mateeka. Ebigambo bya Yesu tebirina nkwaaso n`akatono n`okuteekateekebwa kw`enjiri, entegeka yaayo, n'okutuusibwa kwaayo. Ekirala, Yesu yagamba "*obuteeraliikirira*" kw`ekyo eky`okwogera bw'oba nga okwatiddwa. Teyagamba nti, "tolowooza, era totegeka, oba teweetegekera kwewozaako ne bw'oba nga ofunye akakisa okukikola."

(2) Mu butuufu buli muntu ateekateeka n`akola ekyo ekirabika okuba ekikulu gy'ali (eky`okulabirako, emmere gy'anaalya, engeri gy'anaayita mu lunaku lwe), era buli muntu abeera n'ekirowoozo ky'ajja okuwa mu buli mbeera bw'aba nga afunye akakisa okukikola. Okujuliza ebigambo bya Yesu nga kwosinziira okuwa ensonga y`obutateekateeka enjiri yo buba *bugayaavu* n`*okweteekateeka* okubi. Mazima, mu kukozesa ebigambo bya Yesu ng'ekyekwaso eky'obutateekateeka n'okutegeka enjiri yo, ojja kuba nga okola ekibi ekinene ennyo, kubanga:

(A) Ojja kuba nga okiikiridde Yesu n'Ekigambo kye eri abantu be mu ngeri embi, kubanga ojja kuba nga oddira Ekigambo kye n'okikozesa wootosaanye kukikozesa, era ng'okikozesa okuwagira endowooza yo ku bubwo n`obunafu bwo; era

(B) Ojja kuba nga weeliddemu olukwe ggwe kenyini kubanga ojja kulaga nti ebintu eby'ensi (nga emmere gy'onoolya oba emirimu gyo egya bulijjo), ebitwala ebiseera byo okubitegeka n'okubiteekateeka, bya mugaso okusinga ebintu bya Katonda (ka tugambe, Ekigambo kye) by'otoyagala kuwa budde—naye ate n'obeera n'amalala n'obutatya okwetwala nti obuulira eri abantu.

(3) Okukozesa ebigambo bya Yesu ng'ekyekwaso ky'obutategeka n`okweteekerateekera enjiri yo nga bukyali kiraga nti onyoomye n`okugaya Omwoyo Omutukuvu.

(A) *Omuntu asomera ddala Ekigambo kya Katonda n'ateekateeka n'ekitundu olw'okwetegekera okubuulira ajja (oba yeetaaga) kusseekimu n'Omwoyo Omutukuvu.* Okukozesa ebigambo bya Yesu "*eby'obuteeraliikirira kyonooyogera*", kiraga bulungi nti ddala obadde tokwatagana na Mwoyo Mutukuvu n`akamu. N'olw'ekyo kuba kwerimba nti, bw'onooyimirira obuulire, Omwoyo Omutukuvu mu ngeri y'eky'amagero ajja kwogera ng'ayita mu ggwe, ng'ate obadde toyogera naye mu wiiki yonna.

(B) *Okukozesa ebigambo bya Yesu ng`ensonga ey'obutategeka n`okweteekerateekera enjiri yo nga bukyaali kyesigamidde ku malala agalimu okwerimba nti, bw'oteekateeka ebyo byogenda okwogera, Omwoyo Omutukuvu munafu n'olw'ekyo ayinza obutakuwa birowoozo bipya ng'oli mu kubuulira enjiri yo okugisobozesa okubeera ey'amaanyi.* Wano oba oyonoona, mu kusitula omugaso gwo mu ngeri enkyamu kubanga mu butuufu oba ogamba nti, "Nze ndi wa maanyi nnyo, era ne bwemba nga nkoze enteekateeka nga bukyaali, wadde Omwoyo Omutukuvu tayinza kujjawo ebyange." Amazima gali nti Omwoyo Omutukuvu ayinza okwogera okuyita mu ggwe, okusingira ddala ng'obadde oli mu kusseekimu naye mu wiiki era ng'okozesa amaanyi go gonna okuteekateeka n'okutegeka enjiri ennungi.

3. Enjiri eziwandiikiddwa ziyamba okuleeta obulungi obubaka bwo eri abantu. Okuwandiika kuyamba mu kuteekateeka ebigenda mu bubaka bwo. Kukakasa nti ebitundu byonna eby'omugaso mu njiri biteekeddwa mu ntegeka entuufu. Okuwandiika kuno kwa mugaso nnyo singa "okwesiba

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

mu bwongo" kubaawo mu kiseera eky'okubuulira omubuulizi ne yeerabira ekintu. Bino wammanga bya mugaso mu nkozesa y`enjiri ewandiikiddwa:

a. *Kola okuwandiika kwo okusinziira ku byetaago byo ggwe kennyini*. Okuwandiika kuno kusobola okubeeramu amabanga oba okujjuvu. Ebigambo ebisumulula oba ebimpimpi birina okujjukiza omubuulizi ebirowoozo byonna bye yeetaaga okuleeta mu katundu ako. Ebigambo ebimu eby'omugaso era ebyetaaga okuwandiikibwa mu ngeri yabyo biyinza okuwandiikibwa byonna. Engeri ey`okwatulamu ebigambo ebimu eyinza okulagibwa. Ebigambo oba ebitundu ebimu eby'enjiri ebyetaaga okuggumiza biyinza okuteekebwako omusittale, oba okuwandiikibwa mu nukuta enkwafu, oba ennene.

b. *Okulamba ne Langi*. Enkozesa ya langi okulamba ebimu ku bintu by'owandiise kakodyo kalungi nnyo. Langi ez'enjawulo ziyinza okukozesebwa okulaga ebyawandiikibwa ebirina okusomebwa, enyiriri eziteekwa okuteekebwako essira, ebibuuzo ebirina okubuuzibwa, ensonga enkulu, enkyuka, n'ebirala. Okulamba ne langi nakwo kuyamba ku biwandiiko okulabibwa amangu omubuulizi ng'ali mu kubuulira enjiri ye.

c. *Tetuteekwa kwesibwa nnyo ku biwandiiko byaffe*. Kikulu nnyo omubuulizi obuteesiba nnyo ku biwandiiko bye, naye alina kutunulayo ko olw'okujjukizibwa kwokka. Omubuulizi kimwetaagisa okuba nga amanyi bulungi ekyo kyagenda okwogera bw'atyo n'aba nti asobola okutambulatambula eno n'eri ku kituuti, nga amaaso ge tegavudde ku bawuliriza be.

4. Obulung'amu bw'okubuulira kwongerwako okwegezaamu mu kwogera. Ababuulizi bonna balowooza ku bye baagala okwogera, era ababuulizi abasinga obungi bateekateeka engeri emu ey'obuwandiike. Kyokka, ababuulizi abasinga obungi tebayimirira era mu butuufu ne beegezaamu mu kwogera okubuulira kwabwe nga tebannakuwa. Eyo nsobi nnene nnyo. Omuwandiisi w'okunoonyereza kwa GASS alaga nti: "Engeri y'okukozesa akwogera yeetaaga okwegezamu mu kwogera nga wetegeka. Ababuulizi bangi abaabuuziddwa bagamba nti, 'Okutya kwange kuli nti byonna tebijja kukwatagana mu kiseera ky'okubuulira.' Okutya okwo okwenjawulo kuyinza okuggwaawo n'okwegezzaamu mu kwogera ng'okubuulira kujja wamu ng'essaawa etegekeddwa tennatuuka. Nga ebitundu by'ensengeka oba ekiwandiiko nga bwe biwandiikibwa, byetaaga 'okugezesebwa' mu kwogera, okugezese amaanyi gaabyo ag'okwogera. Okuddamu okutegekebwa. Okuddamu okukuŋŋaanyizibwa. Ekyusiddwamu. Buli kitundu ky'okubuulira bwe kizimbibwa, omubuulizi yeetaaga okunyumya ekkubo lye okuyita mu nsonga. Ekintu ekiweebwa mu kwogera kyetaaga okutegekebwa mu kwogera. Okwegezaamu mu kwogera kusobozesa okutebereza obuwanvu; okwegezaamu mu birowoozo tekukola. Ku bukodyo bwonna obw'okwetegeka aboogezi bomu lujjudde bwe bakozesa, nze ne munnange Kent Menzel twakizuula nti okwegezaamu mu kwogera eri abalabi y'enkola y'okwetegeka esinga okutebereza okwogera mu lujjudde obulungi." (Ebiwandiiko ebikwata ku nsonga eno. Carell 2000: 224-25)

E. ***Enkola ez'enjawulo ez'enteekateeka***

Enkola enzijuvu ey`okutegeka n`okuteekateeka enjiri esangibwa mu **Ebyongerwako B ("Amadaala agatuusa ku njiri: olukalala olutono olw'ababuulizi okwekebeza")**. Newankubadde nga teri "kkubo limu ettuufu" ery'okuteekateeka oba okubuulira okuva mu kitundu ky'ebyawandiikibwa, bino wammanga nkola ez'enjawulo ez'okuteekateeka. Ekitundu ky`ekimu eky'Ebyawandiikibwa kisobola okubuulirwa nga nga omubulizi akozesa enkjola ez'enjawulo. Enkola zino zirinamu bingi ebifaanagana, era ebitundu ebimu ebiva mu nkola emu bisobola okukozesebwa mu nkola endala. Eky`okulabirako, enyanjula eri ku musingi gw'ekizibu emanyiddwa nga ya nkola ya "NZE-FFE" eyinza okukozesebwa mu nkola endala yonna, mu ngeri y'emu nga okuteeka mu nkola n'empunzika bwe biyinza okukozesebwa. Zino si z'enkola ez`okubuulira eziriwo zokka, era zisobola okukyusibwa singa kiba kyetaagisa. Naye enkozesa y`enkola ezimu ez'okuteekateeka ziwagirwa okukozesebwa okukakasa "A-B-C" y'enteekateeka y'enjiri, enjiri esobole okukola bulungi nga bwe kisobola mu bulamu bw'abawuliriza. Obulambulukufu obujjuvu obw'okubuulira obw'enjiri nyingi, obusinziira ku nkola ezo, busangibwa mu **Butundu Obw'okwongerako C-I**.

1. Enkola "Ekwatagana n'Okuyigiriza"—Enkola eno etuukagana bulungi mu kubuulira okuva mu bbaluwa za Pawulo oba okuva mu bitundu ebirala eby'ebyawandiikibwa ebikwatagana n'okuyigiriza:

a. *Enyanjula*

b. *Ekiteeso*

c. *Ekigambo Ekiteesiteesi*

d. *Okwanjuluza ekitundu* (nga mwe muli eby'okulabirako awamu n`okuteekesa mu nkola [ekiyinza okuteekebwa ku nkomerero])—goberera enteekateeka oba engobereragana y`ebirowoozo ebiri mu kitundu ekyo nga bwe weyongera okukyanjuluza.

e. *Empunzika*

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

2. "OEO [Okunyonnyola – Ennono – Okuteekesa mu nkola] Enkola ey'Okubuulira Olugero"—Enkola eno etera okubeera ey`omugaso mu kubuulira okuva mu bitundu ebirimu engero oba ebitontome.

a. *Enyanjula*

b. *Ekigambo Ekiteesiteesi* (Okyalina kimu, naye nga kijja kutambula n'ekirowoozo nti, "Tugenda kutunuulira ekitundu kino emirundi esatu [oba "mu makubo asatu]: okusooka tujja kutunuulira ebirimu mu bujjuvu; tutunuulire ennono ezibirimu; tumalirize n`okuteeka ennono ezo mu nkola").

c. *Ddamu obabuulire era onyonyole ebiri mu kitundu ekyo* (mu ngeri y`okubuulira olugero; omuli n'ebyafaayo byalwo).

d. *Ddayo emabega okole ng`oyita mu nnono ezo ezisomebwa*.

e. *Ekiteeso* (Ekiteeso kijjira wano, wakati w`ennono n`okuteeka mu nkola; eno nkola ya kutuuka ku mpunzika oluvannyuma lw'okulaba ensonga eziri mu kintu, era nga ebiseera ebisinga, ebyafaayo bibuulirwa mu kikula ekyo).

f. *Ddamu oyite mu kitundu ekyo omulundi ogw`okusatu nga oteeka essira ku kuteekesa mu nkola*.

g. *Empunzika*

3. Enkola "ey'Ekitundu eky'Okusoma" —Oluusi olugero oba eky'afaayo kigoberera enzimba erimu entambula nnya (**Luk 8:22-25** kya kulabirako); enkola eno ekola bulungi mu ngero nyingi ez'ogera ku byafaayo, ez'ogera ku by'amagero, oba ekyafaayo kyonna ekirimu akatabanguko oba ekintu ekirina okugonjoolwa:

a. *Okwanjula*

b. *Ekigambo ekiteesiteesi* (nga kitunuulira "entambula nnya" ez'ebyo ebiri mu kifo ekyo; akatabanguko; eky'okukola; ne kye bitegeeza/enteeka yabyo mu nkola).

c. *Ebiri mu kifo ekyo* (ebifa ku kitundu ne, mu **Luk 8**, okuyitibwa okugenda emitala w'ennyanja).

d. *Akatabanguko* (mu **Lukka 8**, amayengo n'okukaaba nti "tufa").

e. *Eky'okukikolera* (mu **Lukka 8**, Yesu nga Mukama w'obutonde, "n'eeteeka").

f. *Ekiteeso* (nga mu nkola eya EPA, ekiteeso kiweebwa ng'okuteeka mu nkola tekunakolebwa; kino kyanika olugero).

g. *Ekitegeeza/Okubiteeka mu nkola* (mu **Luk 8** ekibuuzo ky'abayigirizwa "Ani ono?" kye kitegeeza era ekitutwala ku kutegeera Yesu y'ani—ye Mukama—era kitutegeeza nti tuyinza era tuteekwa okumwesiga, wadde nga [era naddala] obulamu butufuukidde ekirala).

h. *Empunzika*

4. Enkola eya "NZE-FFE-KATONDA-GGWE-FFE"—Enkola eno yatandikibwa ne Stanley (Stanley ne Jones 2006:119-31), era eyinza okukozesebwa mu kubuulira okuva mu kika kyonna eky`Ebyawandiikibwa. Kubanga ebigambo ebikozesebwa wano eyawukanamuko okuva ku nkola endala, ejja kunyonyolwa mu bujjuvu wano. Obulambulukufu bwe bukwatagana na "nkolagana," nga bwesigamizibwa ku nkolagana eriwo wakati wa "NZE-FFE-KATONDA-GGWE-FFE."

a. *NZE*—Ekola eno etandika n`ekigambo kimu oba olugero olukwata ku ggwe kennyini, oba ekizibu, oba ekibuuzo kye wasisinkana, osobole okweyanjula (kino kikulu n`addala nga oyogera eri abawuliriza abapya) n`omutwe gw`enjiri gy'ogenda okubuulira eri abawuliriza. Naye nga ate, NZE tekikwata ku mwogezi okutwaliza awamu, kikwata ku kunoonya *awantu w'osobola okuyimiri*a n'abawuliriza. N'olw'ekyo, ensonga gy'oleeta erina kuba kibuuzo, oba ekizibu, oba okusika omuguwa abantu abalala nabo kwe basisinkana mu bulamu bwabwe.

b. *FFE*—Awo gaziya okusika omuguwa kw'oleese otwaliremu abawuliriza bonna (eky'okulabirako, "Oluusi siraba lwaki ntawaana n`okusaba [NZE]; nsuubira naawe weewuunya ekintu ky`ekimu nange [FFE]," oba, "Waliwo abantu abamu be sikwatagana nabo bulungi [NZE]; wayinza okubaawo omuntu wano gwe kikwatako [FFE]?". Mala akaseera akawerako nga okola ekyo okukakasa nti abawuliriza *beetabye mu nsonga* eyo. Kale, osobola okuleeta ensonga eyo mu ngeri nyingi – engeri gye kikwataganamu n`abavubuka, oba abakadde, abafumbo oba abatali bafumbo, abakkiriza n`abatakkiriza, n'abalala. Stanley akyogerako bw'ati: "Tokyusa kuva ku FFE okugenda ku kitundu ekirala okutuusa nga owulira nti otonzeewo embeera ey'okusika omuguwa abawuliriza nabo gye beetabyemu okusobola okugivuunika. Tuyinza okugamba nti, ggwe tosuubira kugobololamu. Tunuulira ekibuuzo ky'oluubirira okuddamu okutuusa nga omatidde nti abawuliriza nabo baagala okulaba nti kididdwamu. Oba si ekyo, ojja kumala eddakiika abiri oba asatu nga oddamu ekibuuzo omuntu n'omu ky'atabuuzizza." (Ekitundu kye kimu 125) Entuukirira "eno ekutereeza n'ekuteeka mu kkubo ery'okwogerera ensonga ey`okuteekesa mu nkola obubaka bwo okuva ku ntandikwa awamu ne ku nkomerero. Bwoba

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ng`oguddewo obubaka bwo n`okutegana kwo mu nsi (NZE), ate n`okuteeka wamu n`okw'abantu boobuulira (FFE), awo oba omaze okuyingira mu kifo eky`amazima agateekeddwa mu nkola." (Ekitundu kye kimu 126) (Laba nti Stanley akozesa enkola eya "Ekikomera ekiwanirirwa empagi" mu nkola eno nga atandikira ku "Mpagi eya wansi", newankubadde nga takozesa bigambo ebyo.)

c. *KATONDA*—Kati osobola okukyuka n`odda ku birowoozo bya Katonda ku nsonga eno, kwe kugamba, ebyawandiikibwa bya Bayibuli. N`olw`ekyo ng`omaze okuleetayo ekizibu kimu n`okukwatagana n`abantu, kati ogenda eri Bayibuli n`eky'okukolera ekizibu ekyo. Mu kunyonyola kwo, oteekwa okukwataganya abantu n`ekitundu kimu, bwe batyo basobole okukikyukira n`okukyekaliriza okusinga okugenda nga babuukabuuka wano na wali okwetoolola Bayibuli; bakulembere okubayisa mu kitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa (kwe kugamba, tosoma bitundu biwanvu nga tonyonyodde), lamba, era nyonyola ebigambo ebizibu n`ebyo ebitali bya bulijjo, beera ng'onokolayo ebintu ebikulu nga bwe wandikoze ng`omulung'amya; singa ebitundu ebimu eby'ekyawandiikibwa bikuzibuwalira oba tobyekakasa, kyogere, (bwe kiba kikulemye, kiba kilemye n'omuntu omulala mu bawuliriza); leka abawuliriza basome ebigambo ebimu n'eddoboozi ery'omwanguka olw'okubiggumiza; kola mu bufunze, ng'okozesa ebigambo by'okoze obulungi. (Olina okukwanaganya abantu n'ekyawandiikibwa ne bw'oba ng'okozesa enkola endala ez'okubuulira okw'okwanjuluza.)

d. *MMWE*—Wano wogambira abantu, kiki kye bateekwa okukola oluvanyuma lw`okumala okuwulira obubaka bwo. Gezaako okufuna ekintu kimu ky'oyinza okusoomooza abantu okwetwalira. Stanley tatera kusaba bantu okukola obweyamo okukola ekintu kyonna ekiyinza okukyusa obulamu bwabwe; talowooza nti ekyo kiyinza okukola. Wabula atera kusaba abantu okukola ekintu kimu mu wiiki emu, oba mu lunaku lumu, oba mu mwezi gumu. Gezaako okuzuula ekintu buli omu ky'ayinza okukola—era osobola okuwa obubiina obuli mu lukungaana eby`okulabirako (abakulu, abato, abakadde, abakkiriza n`abatakkiriza), nga bwe wakoze mu nyanjula yo.

e. *FFE*—Wunzika nga ojjukiza abantu ekkanisa, abantu mu kitundu kyammwe, eggwanga, oba ensi bwe byandirabise singa abantu batandika okukola ekyo ekyogeddwa mu kubuulira kwo. Kino kiwa ekifaananyi ky'ebintu nga bwe by'alibadde era n'engeri gye birina okubeera. Era kiddamu okukukwataganya n`abawuliriza (kwe kugamba, ggwe n`abawuliriza bo "muli mu lyaato limu"), okusinga okweyawula okuva ku bawuliriza bo n'obeera ng'obalagira bulagizi eky`okukola.

VIII. <u>Empuliziganya Esendasenda "n'Enkola" y`Omubuulizi</u>

A. *Teri nkola emu entuufu ey'okubuulira*

1. <u>Buli muntu kinn`omu alina amaanyi mwasobolera okukola obulungi n'obunafu bwe yeetaga okugezaako okulongoosa.</u> Togezaako kukoppa muntu yenna, naye gezaako okuyigira ku balala ng'osigadde oli wa mazima eri oyo gw'oli. Stanley awa amagezi bw'ati: "Mu kunoonyereza kwo nga weebuuza ngeri ki gy'oyinza okulongoosaamu embuulira yo, beera nga weebuuza ebibuuso bino ebibiri:
    1. Kiki ekikola?
    2. Kiki ekinkolera?

Ekibuuzo ekisooka kijja kukukuuma nga eno bw'onoonya ennono awamu n`enkola empya ez`empuliziganya. Kijja kukwebuuzisa lwaki aboogezi abamu bamatiza abantu ate nga abalala tebakisobola. Era kijja kukuyamba okufuna endowooza empya. Kijja kukuwa amaanyi okubeera omuyizi ow`olubeerera mu kisaawe eky`empuliziganya. . . . Ekibuuzo eky`okubiri kijja kukuwa amaanyi okupima n`okukyusangamu obubaka bwo." (Stanley ne Jones 2006:179)

2. <u>Obumanyirivu bwokka tebukufuula kuba mubuulizi mulungi. Wabula, obumanyirivu gattako okupima obumanyirivu obwo, byombi bye bijja okukufuula omubuulizi omulungi.</u> Wetaaga okupima okubuulira kwo, ate era osabe n'okupima okulimu amazima n'amagezi okw`abawuliriza bo abategeera. Funa akabiina akatono, akalimu abantu ab'enjawulo (mu myaka, bakazi oba basajja, ne mu bibakwatako), be weesiga era abatatya kwogera mazima gy'oli, obasabe okupima embuulira zo mu butongole (engeri gy'obuuliramu, n`ebiri mu bubaka bwo) buli luvanyuma lw'akaseera akagere. Awo, weetaaga okwekubiriza *okukolera ku mpima ezo* era okyuse ebyo ebyetaagisa okukyusibwa osobole okufuuka omubuulizi omulungi asingako awo era alina amaanyi ag'okusendasenda ow'ekigambo kya Katonda. Akakodyo akalala ak'okuddamu bulijjo bulijjo "kuwaayo akapapula akatono mu buli buwandike, nga waggulu kuliko ebiragiro bino wammanga: *Nga ogoberera okubuulira kwa leero, nsaba owandiike endowooza enkulu ey'okubuulira mu bigambo byo. suula ekigambo kino ekya sentensi emu mu kasanduuko akagamba nti 'Okuwagira okubulira' ng'ofuluma*

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

mu mulyango. Mwebale. [Bw'oba nga ggwe mu kkanisa tolina buwandiike buno, saba abawuliriza bakole ekyo ku lwabwe.] Bw'osoma eby'okuddamu, ekibuuzo kyo ng'omubuulizi olwo kifuuka, 'Ndi mumativu nti bategeera?'" (Carrell 2000: 218) Enjawulo eriwo wakati w`ekyo ky'ofuna mu myaka 10 egy'enjiri ezipimibwa n'okubeera n'enjiri ezitapimiddwa, y'enjawulo eriwo wakati w`emyaka 10 egy`obumanyirivu n'omwaka 1 ogw'obumanyirivu obudiddwamu emirundi 10.

B. ***Engeri oba enkola ey`okubuuliramu obubaka esinziira kw`ebyo ebiri mu bubaka obwo n`ekiluubirirwa kyabwo, embeera gy'obuuliramu, n`okumanya kw`abawuliriza n`ebyetaago byabwe***

1. Ebyawandiikibwa biraga nti tulina okubeera n`essira awamu n`envuuma y`eddoboozi okusinziira ku kikula ky`ekitundu kye twanjuluza. Bayibuli esobola okwanjuluzwa n`okubuulirwa olw`ensonga nyingi ez`enjawulo era mu bintu bingi ebibaawo mu nsi. **2 Tim 3:16** agamba nti Ebyawandiikibwa bigasa "olw`okuyigirizanga, olw`okunenyanga, olw`okutereezanga, olw`okubuulira okuli mu butukiirivu." Mu **2 Tim 4:2** Pawulo mu ngeri y'emu agamba nti okubuulira kubeeramu okukubiriza, okuwera, okunenya, okubuulirira, n`okuyigiriza. Mu **1 Tim 4:11, 13, 16** ne **6:2** Pawulo yagamba Timoseewo okukozesa Ebyawandiikibwa okuyigirizanga. Okwongereza ku nkozesa ezo ez`Ebyawandiikibwa, okubuulira kwa Pawulo yennyini kwalimu okuzzaamu amaanyi **(Bik 16:40; Bak 2:2; 1 Bas 2:11)**, okubudabuda **(2 Kol 1:4; 1 Bas 4:18)**, okusaba abantu **(1 Bas 2:11)**, okulabula **(Bik 20:31)**, okulabula oba okutiisa **(Bik 13:8-12)**, okuwa ensonga, okulaga, okukakasa, awamu n`okuwaliriza **(Bik 18:4, 19, 28; 26:28-29)**. Peetero ye yalinga mwetegeefu buli kaseera "okujjukiza" ekkanisa ku bintu bye baali bawulidde, olwo abawuliriza be balyoke basobole "okubijjukira" (**2 Peet 1:12-15**; laba ne **Luk 24:25-27; Yoh 3:9-10; Bik 3:12-18; 8:30-35; 17:16-31; 26:25-28)**. *Eky'omugaso ekiva mu ekyo kiri nti, bwe tubuulira ne tuteekesa Ebyawandiikibwa mu nkola, ebibirimu si byokka bye birina okukwatibwako, naye n'essira lirina okugobererwa, ate n`eddoboozi nalyo lirina okuweebwa ekitiibwa.*

2. Okuwaliriza abantu okukola ekintu, tuteekwa "okuyingiza munda" obubaka bwaffe.

a. *Obubaka buteekwa okubeera ekitundu ku ffe*. "Omugaso ogufunibwa mu kwogera gukolagana butereevu n'okwagala n`amaanyi omwogezi byateeka mu mutwe gw`obubaka" (Buckley 1988:4). Omubuulizi alina okukozesa amagezi ge n`okwagala kungi mu kusoma awamu n`okutegeera ekitundu ekigenda okubuulirwa (kwe kugamba, mu kusoma kwe, alina okutandika ne "waya eya waggulu"). Ekyo kijja kumukwataganya bulungi n`ekitundu ekinaabuulirwa. Okwewaayo ennyo ng'okwo eri ekitundu kujja kuvaamu ebintu ebitakka wansi w'ebibiri omubuulizi bw'anaabuulira okuva mu kitundu ekyo:

(1) Kijja kumuleetera okukyamuukirira kw'obwongo ku kitundu ekyo. Okukyamuukirira kw`obwongo ku luuyi lw`omusomesa . . . kuleeta ekintu ky`ekimu ku luuyi lw'omuwuliriza" (Adler 1983:54-55). Omusomesa omu ow`okwogera okw`olujjudde akiteeka bw'ati: "Gaba maanyi agali mu ddoboozi ly`omwogezi—eddoboozi ery'okwagala okungi ku luuyi lwe—agakuma omuliro gw'okwagala mu bawuliriza" (Buckley 1988:15).

(2) Okwo okukyamuukirira kw`obwongo oba amaanyi agava mu "kwetwalira" ekitundu, kujja kuyamba okukuuma obulungi empa y'obubaka okuyita mu busimu: "Endowooza gy'ofunye mu kyama, ate kati gy'oleese mu lujjudde lw`abantu mu kwogera kwo eteekwa okuba n'amaanyi agasobola okukwata ku mitima gy'abantu n'amagezi [okusobola okukola n'okusendasenda]" (Adler 1983:59). "Amaanyi ago agasobola okukwata ku mitima gy'abantu" gateekwa okubeera ga "mazima," nga si majingirire. Singa omubuulizi aba amaze okusoma ekitundu ne kifuuka "ekya ddala" gy'ali—awo alaba obumalirivu n`omugaso gwakyo—kati olwo aba asobola okutuusa bulungi obubaka eri abantu be. "Omuntu ateekwa okwewaayo. Omuntu ateekwa okwekaka okuwulira nga y'asoose okukwatibwa obubaka obwo, n'alyoka ayogera. . . . Omwogezi bw'amala okulaba mu kuteebereza kwe okw`ekyama ebyo by'ayogera ng'ebiriwo ddala, ajja kuba nga takaka bukasi okukyamuukirira kwe. Okusinga kw`ekyo ajja kuba nga akusiba busibi." (Buckley 1988:17)

b. *Akakodyo ak`okuyamba omubuulizi "okwetwalira" obubaka bwe*. Stanley awa amagezi nti nga tonaba kubuulira, weetaaga okutuula wansi ku meeza oyogere obubaka bwo eri abantu babiri abaliwo mu ngeri ey`okunyumyamu naye ate nga bya ddala. Mu ngeri emu oba endala obubaka bwo buteekwa okukufuukira olugero lw'osobola okubuulira omuntu ng'olujja mu mbeera gy`omaze okuyitamu emabegako." (Stanley ne Jones 2006:135)

c. *Eky`okulabirako eky'okufuula obubaka okuba "obwa ddala" eri omubuulizi*. Omuntu omu yali agenda okubuulira obubaka mu kkanisa ya Stanley, naye ate n'abeera nga alowooza nnyo ku nteekateeka y'enjiri ye, ebigirimu, n'engeri gy'anaabuuliramu, ne yeerabira abawuliriza be, ebyetaago byabwe, okufuba kwabwe, n'essuubi lyabwe. Ng'omuntu oyo tanaba kugenda kubuulira, Stanley yamugamba nti: "'Waalibuulidde otya

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

obubaka obwo singa mutabani wo ow'emyaka ekkumi n'omunaana yali akyusizza ebirowoozo bye n'asalawo okuleka ebyo byonna by'omuyigirizza, eby'omutwe, eby'empisa, n'ebikwata ku Katonda, okujjako ng'alina ensonga entuufu okukola ekyo? Waaligambye ki amakya ga leero singa obadde okimanyi nti ekyo kya kabi? Kubanga ku lw'omwana ow'omuntu omulala, ako kayinza okuba akakisa ke akasembayo. Kati va ku by'okweraliikirira enteekateeka y'enjiri yo. Genda eri weewozeeko ng'ebiseera eby'omu maaso eby'omwana wo bwe biri ku kabenje.' Era n'akikola." (Ekitundu kye kimu: 98-99)

C. ***Ennono y'okusendasenda ekozesebwa mu njiri ne mu bika ebirala eby'okwogera eri abantu abangi***

1. Okwogera okulimu amaanyi era okusobola okusendasenda kuyinza okukolebwa singa omubuulizi agatta ebika byonsatule eby'okusendasenda (*logos, pathos,* ne *ethos*) "n'amateeka ana" ag'okusendasenda:

a. *"Amateeka ana" ag'okusendasenda ge gano:*

Etteeka 1: Ekikulu ekisookerwako (Kye tusooka okuwulira kisiiga endowooza yaffe langi ne kituyamba okusalawo ngeri ki gye tulengeramu ekinaddirira);
Etteeka 2: Ekintu okubeera nti kyakabaawo (Ekyo kye tusembezzaayo okuwulira kye tusinga okujjukira);
Etteeka 3: Okuddiring'ana (Okujjukira kweyongera lwa kudding'ana ekintu); ne
Etteeka 4: Obutangaavu (okukuuma ekyo ky'owulidde kweyongerera ddala singa okulaba n'okuwulira byenyigiramu). (Stern 1991: essuula 5)

b. *Engeri ebika ebisatu eby`okusendasenda n`amateeka ana ag`okusendasenda gye bikoleramu awamu.* Logos y'ensonga lwaki okwekebejja n'okunyonnyola kwaffe obulungi okw'ekyawandiikibwa kye tuba tukutte kiteekwa okuwulikika obulungi. Pathos y`ensonga lwaki tuteekwa okugattamu abawuliriza mu buntu. Ethos y`ensonga lwaki obulamu bwaffe buteekwa okubeera waggulu w`okunenyezebwa. Ekikulu ekisookerwako y`ensonga lwaki enyanjula zaffe za mugaso nnyo. Ekintu okubeera nti kyakabaawo y`ensonga lwaki empunzika zaffe za mugaso nnyo. Okuddiring'ana y'ensonga lwaki okudding'ana ensonga emu, entangaavu ya mugaso nnyo. Obutangaavu y'ensonga lwaki eby'okulabirako byaffe bya mugaso nnyo.

2. Ky'oyogera, n`engeri gy'okyogeramu, byombi bya mugaso, naye nga byawufu mu ngeri ezitali zimu.

a. *Engeri gy'oyogeramu ekintu ya mugaso okusinga ekyo ky'oyogera bwe kituuka ku ky'okwetaba n`abawuliriza n'okukuuma ebirowoozo byabwe.* Ekyo kiraga lwaki enyanjula yo ya mugaso nnyo.

b. *Ku ludda olulala, ekyo ky'oyogera kya mugaso eri abawuliriza okusinga bw'okyogera singa abawuliriza "baba bakakasizza nti onootera okuddamu ekibuuzo kye babadde babuuza, oba okugonjoola omutawaana omwekusifu gwe bataasobodde kugonjoola, oba okujjawo obuzibu bwe babadde tebasobola kujjawo"* (Stanley and Jones 2006: 152). Eyo y'ensonga lwaki okwekebejja kwo okw'ekyawandiikibwa, okunyonnyola kwo, enteekesa yakyo mu nkola, n'empunzika yakyo bya mugaso nnyo, *singa* oba osoose kukwata birowoozo by'abawuliriza mu nyanjula yo.

c. *Ennono ez`empuliziganya ennungi (nsonga emu, enteekateeka ennungi; okubeera omutangaavu ate nga oli ku nsonga; okuddingana ekintu, n`okuwa ekifaananyi ku nsonga eyo, n'ebirala) bijja kuwangula enjogera ennafu kumpi buli kaseera.* Nga Stanley bw'awunzika, "*obutangaavu bulinyirira enkola*. Obutangaavu bulinyirira kumpi buli kintu" (Stanley ne Jones 2006: 175).

3. Tuteekwa okufaayo eri ebintu "eby`obukugu" mu kuwaayo enjiri yaffe. Engeri gye tuwaayo enjiri yaffe esobola okuwagira oba okukendeeza ku nsendasenda y'ebyo bye twogera. Ababuulizi bateekwa okutwala obudde okulowooza ku bintu ebyo ebikwata ku kuwaayo enjiri yaabwe, kubanga *engeri* omuntu gy'ayogeramu ya mugaso okwenkanankana n`*ekyo* ky'aba ayogera. Era ekyo kikulu nnyo, n`okusingira ddala, mu kwanjuluza Ebyawandiikibwa, kubanga engeri gy'owaamu enjiri yo esobola okuyimusa mu mazima oba okyamya Ekigambo kya Katonda eri abantu.

a. *Envuga y'eddoboozi lyo, okuwulikika kwalyo, obunene bwalyo, n'entambula yalyo, biteekwa okutuukagana n`embeera eriwo.* Omuyizi omu ayiga ku Katonda era nga mubuulizi, awa eky'okulabirako kino: "Ebiseera bingi emabegako nwanaganye n'enziruka y'ebyo bye nina okuwa. Olumu oluvanyuma lw`okubuulira enjiri omukazi omu yabuuza mu kwewuunya okuyitiridde, `Bwe wabadde oyogera, wassizzaako ku mukka?' Okuva ku olwo ngezaako okukola ku ky'okuwummulangamu akaseera mu kubuulira kwange naye era nkyakola bubi mu ngeri gye mpaamu ebigambo byange amabanga. (Osborne 1991: 364). Abantu tebasobola busobozi kussaayo omwoyo ekiseera kiwanvu okuwuliriza ebigambo omubuulizi by'atakyusaako mu ngeri

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

gy'abyanguyamu, obunene bw'eddoboozi, envuga yalyo, n`eddaala ery'okukyamuukirira mu mutima gwe. Ebintu ebirala bibiri ebikwata ku doboozi lyaffe nabyo byetaaga okwogerako:

(1) Empisa ezibeera mu muntu nga zikwata ku doboozi lye n'enjatula y'ebigambo. Abantu abamu basobola okufuna okukala kw`emimwa oluvanyuma lw`okumala akabanga akawerako nga boogera. Kiba kirungi okuba n`eccupa oba eggilaasi y`amazzi nga weri. Bw'oba olina obulago obukaatuufu oba obusiiwasiiwa, okunuuna akalagala oba ka swiiti akalongoosa omumiro nga tonaba kutandika kwogera kiyamba. Genderera emize gy'otera okuba nagyo mu kwogera. Abantu bangi balina ebigambo ebimpimpi bye bagenda badding'ana—baleetamu ebigambo ebitalina makulu nga "kale omanyi," oba "kale olaba" n'ebirala, nga "ebigambo ebijjuzaawo" kyokka ng'ate tebirina makulu n'akamu. Ebyo biyinza okutataganya abawuliriza. N'ebigambo nga "Mukama yeebazibwe!" ne "Aleluya!" biyinza okufuuka "ebigambo ebijjuza" ebitalina makulu bwe bikozesebwa obudde bwonna awatali kulowooza. Bw'ogamba abantu "Okwebaza Mukama" walina kubaawo ensonga, okusinziira ku ebyo by'oyogera, lwaki balina "Kwebaza Mukama." Abawuliriza abamu batandika n'okubala emirundi gy'ozze oyogera ebigambo ebyo ebijjuliza ebitalina makulu! Bw'oba olina obuzibu bw`okwatula ebigambo ebimu (gamba nga amanya g'abantu abali mu Ndagaano Enkadde), olina okwegezaamu okubyatula nga tonaba kutandika kubuulira. Okuwandiika ebigambo ng'ebyo mu biwandiiko byo eby`enjiri, ng`olaga n'engeri gye byatulwamu, nakyo kiyinza okuyamba.

(2) Obuzindaalo obw`okwogererako, n'eminene egifulumya amaloboozi (Egikozesebwa mu kwogera eri olujjudde lw'abantu). Ekintu kimu ekikwata ku ddoboozi ly'omuntu y'enkozesa y'obuzindaalo obutwala eddoboozi lye mu kyuma ekirizimbulukusa n'emizindaalo eminene egikozesebwa mu kwogera eri olujudde lw'abantu. Ebyuma ebyo ebikozesebwa mu kwogera eri olujudde lw'abantu biyinza okuleeta "okukomyawo" oba embeera ey'omwogezi obutawulikika bulungi oba okutataganyizibwa okw'ebika ebirala okuyinza okuleetera abawuliriza obutawulira bulungi n'okutegeera omwogezi. Ekirala, amakanisa mangi agatali manene gakozesa ebyuma ebikozesebwa mu kwogera eri olujudde lw'abantu newankubadde ng'ebizimbe byago si binene era nga tegabyetaaga. Mu bifo ng`ebyo, kyalibadde kirungi okwogera awatali kukozesa byuma ng'ebyo n'akatono.

b. *Ebyo ebilagibwa ku byenyi byaffe n'obubonero ku mikono gyaffe birina okubeera nga biviira ddala mu ekyo ekiri mu mitima gyaffe, so si "kubikaka bukasi."* Biteekwa okutuukagana n`embeera eriwo, naye ate nga bikolebwa mu ngeri eya bulijjo okuva mu maanyi ag'obusimu oba ebbugumu eriva mu kutegeera" (Buckley 1988: 174). Kale, "omuntu teyeetaaga kubeera ng'akoona ku katuuti[2] bw'aba awa ekirowoozo nti oba oli awo, entegeeragana ky`ekintu ekiteekeddwa okukolebwa, oba, omuntu talina kusitula obubegabega bw'aba yeegayirira Olukiiko okugenda okulangirira olutalo" (Ekitundu kye kimu: 173-74).

c. *Okwegendereza endabika yaffe, okuyimirira kwaffe, n`enyambala yaffe.*

(1) Endabika mu mubiri: Tulina okukakasa nti enviiri zaffe zisanuluddwa bulungi n`ekisanirizo oba akakulula. Bwe tuba tulinawo obulema obupya abawuliriza bwe batalabangako, (gamba nga kabandegi mu maaso, omukono ogusibiddwako), bulina kutegeezebwa abawuliriza oba okunyonyolwa mu bumpi ku ntandikwa y'enjiri. Ekintu kyonna ekikukunadde ku mubiri gwaffe kye kintu abawuliriza kye bajja okuteekako amaaso, era bajja kubeera nga bakyewuunya, era kijja kubeera nga kibawugula okubajja ku njiri.

(2) Enyimirira: Engeri omuntu gy'ayimiriramu kirina ekifaananyi ekinene kye kiwa ku muntu oyo. Bwe twesimba ng'omuti, abawuliriza bajja kwekaba. Bwe twesigama ku kituuti, oba okutambulatambulamu n'obugayaavu oba okuyimirira nga tweweseemu, abawuliriza bajja kulowooza nti bye twogera si bya mugaso.

(3) Enyambala: Kakasa nti ettaayi ogisibye bulungi, essaati ng`ogifundikidde bulungi, engatto zisibiddwa bulungi, n`ensawo z'essaati nga ziteredde bulungi mu ndabika ey`omulembe. Abantu batera okutunuulira ebintu ebyo, ne biba nti bijja ebirowoozo byabwe ku bubaka. N`ekirala, bw'oba olina ebinusu mu nsawo yo, fuba okulaba nga tokwata mu nsawo yo okubizinyiza ne biwogganira abantu eno nga bw'oyogera obubaka bwo. Abantu bangi bakola ekyo nga tebamanyi kye bakola, naye nga kitaataaganya abawuliriza.

[2] *Ekituuti* kye kifo ekigulumivu omwogezi kw'ayimirira okwogera; *akatuuti* ke kameeza omwogezi kw'ateeka ekitabo mw'ajja by'ayogera.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

D. ***"Okufukibwako amafuta" kw'omubuulizi tekwekuusa ku kusituka kw'obusimu***

1. Abantu abamu boogera ku "kufukibwako amafuta" kw'omubuulizi gy'obeera nti okuwoggana, okukola obubonero, oba okusituka kw'obusimu, bye bikola obubonero bw'okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu, oba nti okufukibwako amafuta n'Omwoyo Omutukuvu kulaga obunene bw'omubuulizi. Endowooza ng'ezo ku bwazo nkyamu era za kabi. Okusituka kw'obusimu ku bwakwo tekwekuusa n'akatono ku kukozesebwa kw'omubuulizi n'Omwoyo Omutukuvu. Ekyo tukimanyi lwa nsonga ezitakka wansi wa mukaaga:

    a. Teri n`akamu mu Byawandiikibwa gye kiragibwa nti okusituka kw'obusimu mu kubuulira kabonero "ak'okufukibwako amafuta" n'Omwoyo Omutukuvu.

    b. Ebika ebingi eby`enjawulo eby'okubuulira Ebyawandiikibwa bye bitugamba okukozesa (gamba nga okusomesa, okuzzaamu amaanyi, okubudabuda, okutegeeza okw`okutegeera, okulambika, okukakasa, n`okusendasenda) bikontana n'okusituka kw'obusimu okw'ekika ekya waggulu, oba bibalibwa obutakola bulungi nga bikoleddwa okuyita mu kwo.

    c. Okuwoggana, okukola obubonero, n'okusituka kw'obusimu okw'ekika ekya waggulu ku bwabyo biyinza okuba nnono za buwangwa.

    d. Okuwoggana, okukola obubonero, n'okusituka kw'obusimu okw'ekika ekya waggulu bikozeseddwa abantu ababi abalabikirawo lwatu nti tebajuziddwa Omwoyo (katugambe nga Adolf Hitler).

    e. Okusituka kw'obusimu bwe kukozesebwa omubuulizi okulaga "amafuta" ge, kuyinza okuba kwa "kicupuli."

    f. Omwoyo wa Katonda "afuka amafuta" ku babuulizi abatalaga wadde n'akamu ku bubonero abantu bwe bayita "okufukibwako amafuta" n'abakozesa. Jonathan Edwards y'asinga okuwa eky'okulabirako ekirungi ku kino: okubuulira kwe, osanga n'okusinga okw'omuntu omulala yenna, kwe kwaleetawo okuyiibwa kw'Omwoyo okumanyiddwa nga "Okuzuukuka Okw'amaanyi" mu Amerika mu myaka gya 1730-1740. Naye era, "mu mirembe egyo egy`okuzuukuka ye yawandiikanga okubuulira kwe mu bujjuvu n`akusomera abantu nga tataddeemu na bubonero" (Piper 2004: 53).

2. Tewali na kimu kwebyo ebyogeddwako waggulu ebitegeeza nti okusituka kw'obusimu (oba "okukwatibwako" nga Edwards bwe yakuyita) si kwa mugaso oba nti si kitundu ku kukola kw'Omwoyo mu bulamu bw'omubuulizi oba abawuliriza be: kwa mugaso (laba Piper 2004: 84-86). Wano ensonga eri ku bintu ebilabika ebweru w'omuntu abantu abamu bye bayita mu bukyamu Omwoyo Omutukuvu "okufuka amafuta."

EBITABO EBYEYAMBISIBBWA

Adler, Mortimer. 1983. *How to Speak How to Listen.* New York: Collier.

Allen, Ronald. 2005. "What do Lay People Think God is Doing in the Sermon?" *Encounter* 66: 365-7

_____. 2006. "Assessing the Authority of a Sermon." *Encounter* 67: 63-74.

_____. 2008. "How do Sermons Help People Change?" *Encounter* 69: 61-75.

Buckley, Reid. 1988. *Speaking in Public.* New York: Harper & Row.

Carrell, Lori. 2000. *The Great American Sermon Survey.* Wheaton, IL: Mainstay Church Resources.

Chapell, Bryan. 1994. *Christ-Centered Preaching.* Grand Rapids, MI: Baker Books.

Cooper, Lane. 1932. *The Rhetoric of Aristotle.* New York: D. Appleton-Century.

Flemming, Dean. 2005. *Contextualization in the New Testament: Patterns for Theology and Mission.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Freire, Paulo. 1973. *Education for Critical Consciousness.* New York: Continuum.

Goldsworthy, Graeme. 1991. *According to Plan: The Unfolding Revelation of God in the Bible.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Harris, R. Mark. 2004. *Thus Saith the Youth Pastor.* Unpublished manual.

Hiebert, Paul. 1987. "Critical Contextualization." *International Bulletin of Missionary Research* 11: 104-12.

Jamar, Steven. 2001. "Aristotle Teaches Persuasion: The Psychic Connection." *The Scribes Journal of Legal Writing* 8: 61-102.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Johnson, Dennis. 2007. *Him We Proclaim: Preaching Christ from All the Scriptures.* Phillipsburg, NJ: P&R.

LeBar, Lois, and James Plueddemann. 1995. *Education that is Christian.* Colorado Springs, CO: Chariot Victor.

Mack, Burton. 1990. *Rhetoric and the New Testament.* Minneapolis: Fortress.

Mulligan, Mary Alice, Diane Turner-Sharazz, Dawn Ottoni Wilhelm, and Ronald Allen. 2005. *Believing in Preaching: What Listeners Hear in Sermons.* St. Louis, MO: Chalice.

Osborne, Grant. 1991. *The Hermeneutical Spiral.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Pieterse, H. J. C. 1984. "Contextual Preaching: To Gerhard Ebeling on his seventieth birthday." *Journal of Theology for Southern Africa* 46: 4-10.

Piper, John. 2004. *The Supremacy of God in Preaching.* Grand Rapids, MI: Baker Books.

Plueddemann, James. 1994. "Do We Teach the Bible or do We Teach Students?" *Africa Journal of Evangelical Theology* 13: 44-53.

Reed, Eric. 1999. "The Preaching Report Card: Today's listeners grade pastors on what they hear from the pulpit." *Leadership* (Summer): 82-87. Online: http://www.christianitytoday.com/le/1999/summer/9l3082.html.

Scharf, Greg. n.d. Trinity Evangelical Divinity School, H561—course lecture.

Stanley, Andy, and Lane Jones. 2006. *Communicating for a Change.* Colorado Springs, CO: Multnomah.

Stern, Herbert. 1991. *Trying Cases to Win.* Eau Claire, WI: PESI.

Stott, John. 1982. *Between Two Worlds: The Challenge of Preaching Today.* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Theis, John. 1981. "Pronouns and Interpersonal Contact: Assessing the Impact of the Sermon." *Journal of Pastoral Counseling* 16 (Spring-Summer): 47-52.

Webb, William. 2001. *Slaves, Women & Homosexuals: Exploring the Hermeneutics of Cultural Analysis.* Downers Grove, IL: IVP Academic.

Westminster Confession of Faith. 1646. Online: http://www.reformed.org/documents/wcf_with_proofs/index.html.

EBYONGERWAKO A

https://portal.tiu.edu/files/uportal/teds/ptdept/Scharf.InterrogativeBibleStudy.pdf

OKUYIGA BAYIBULI OKULIMU OKUBUUZA EBIBUUZO KU LW'OKUBUULIRA BAYIBULI

Greg Scharf, Associate Professor of Pastoral Theology,
Trinity Evangelical Divinity School[3]

"Tombuuza bibuuzo nange sirina mazima ge nyinza kukubuulira."

Ebiteeberezebwa:

• Okusoma ekitundu n`obwegendereza ky'ekyetaago ekikulu ennyo ekisookerwako ekitutuusa ku kubuulira okulimu amazima. Engeri gye tusomamu ekitundu y`engeri ejja okubumba okubuulira kwaffe.

• Okwekeneenya okulungi kuyinza okuyambibwa ebibuuzo ebikwatira ddala ku kitundu ekyo. Ebibuuzo bingi bijja kutuyamba okutegeera ekitundu; ebimu bijja kuyamba na ddala mu kuteekateeka okubuulira ku kitundu ekyo.

• Tetusobola kubuulira ekitundu n'amazima okutuusa nga tumaze okumanya okusingawo ku ebyo bye kyogera. Tuteekwa okugezaako okuvumbula kiki kye kigezaako okutuukako n'engeri gye kirina okukituukako.

Ebibuuzo ebiyinza okubuuzibwa (omuli ebibiri okwetooloolera byonna Haddon Robbinson by'abuuza) okwongereza kwebyo by'oyinza okubuuza:

1. ***Kiki kye tulina wano? (Ekitundu kino kikola mulimu ki?)***

- kiragiro
- kyogera ku kintu ekyaliwo, mboozi, kusaba
- okwogera obulokozi bwa Katonda

[3] Dr. Scharf ye Sentebe w'Ekitongole ekya Pastoral Theology mu Trinity Evangelical Divinity School, Deerfield, IL. Ye muwandiisi wa *Prepared to Preach* (Christian Focus, 2005). Ebiwandiiko bino n'Ekitundu eky'Okwongerwako B bikozeseddwa n'olukusa lwa Dr. Scharf. Nkyukakyuka ntonotono zikoleddwa Jonathan Menn n'olukusa lwa Dr. Scharf.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

- okulabula
- okuddamu, "Bw'ati bw'ayogera Mukama"
- okunyonyola okw`obwakatonda
- eky`okulabirako
- obujulizi
- okwatula
- okwegayirira
- akatundu akali wakati w'ebitundu ebirala
- enkwaso mu byafaayo by'okununulibwa
- okukungubaga
- okuzzaamu amaanyi oba okukubiriza
- okulaga ezadde
- okulamusa oba okuwa omukisa
- oluyimba

2. ***Ekitundu kino kikwata ku ki?***[4] ***(Omutwe omukulu ogw'ekitundu kino kugamba ki?)***

Eky'okulabirako, ekitundu kino okusooka kwa byonna kukwata ku:

- okusaba
- okukkiriza
- obuwulize
- enjigiriza
- obujeemu
- okusinza ebifaananyi
- okutya
- essanyu
- obufuzi
- amakubo ga Katonda
- oba emitwe emirala.

3. ***Omuwandiisi w`ekitabo kino ayogera ki ku mulamwa guno?***

Okuddamu ekibuuzo kino tujja:

- kwetegereza n'ebirala (okwongereza kwekyo kye tulowooza nti gwe mutwe) ebyogeddwa mu kitundu.
- kuteeka mu bufunze ebyetoolodde ekitundu ekyo n`engeri gye bikwataganamu n'omutwe gw'ekitundu.
- kutegeera engeri ebintu ebirala ebyogeddwako mu kitundu ekyo gye bikwataganamu n'ekyo ky'olowooza nti gwe mutwe.

4. ***Kwanukulibwa ki Omwoyo Omutukuvu kw'ayinza okwetaaga okuva eri abasomi abakkiriza ab'ekyawandiikibwa ekyo? (Lwaki Omwoyo Omutukuvu yalaba nga ekiwandiiko ekyo kisaanidde okuteekebwa mu Byawandiikibwa?)***

Okugeza, Omwoyo Omutukuvu ayinza okwagala okulaba:

- okwenenya
- okwesiga Katonda
- okwatula ekibi; okwatula Kristo
- ebika ebiwerako eby'obuwulize.

5. ***Ekitundu kino kiyinza kitya okukwata ku musomi ne kimuyamba okukola okuyitika okugendereddwa?***

Ekibuuzo kino kikuuma ebirowoozo byaffe ku ngeri ekitundu gye kirabika okuba nga kiteeketeekeddwamu okusobola okutuuka ku kiluubirirwa kyakyo. Nga tumaze okwambazibwa okutegeera okwo, tuteekateeka obubaka bwaffe mu ngeri etusobozesa okukozesa ebintu ekitundu ekyo bye kikozesa okusobola okutuuka ku kigendererwa ekyakiwandiisa. Eky'okulabirako, tuyinza okwetegereza:

- ebigambo ebikozeseddwa okwongera okunyonyola ekintu
- enkubaganya y'ebirowoozo
- eby`okulabirako, ebirungi n'ebitali birungi
- okutya Katonda okuva ku mbeera ezitasanyusa ezoogeddwako
- okulaga emiganyulo gy'okukkiriza egituusa omuntu ku buwulize
- enyanukula ezikwatagana n'okutereeza ebiwandiiko, katugambe nga, **1 Bassekabaka 12:15**
- okwegayirira obutereevu
- enkozesa y'engeri emu emanyiddwa. Gamba nga, ekitontome kiyinza okukozesa ekifaananyi oba Ebigambo ebiyinza okujjukirwa okusobola okusitula okutegeera kw'omuwuliriza, katugambe nga **Zab 84:3**, eyogera ku kataayi okusiisira kumpi n'ekyoto kya Katonda.

6. ***Ekitundu kino kiwagira kitya ekifaananyi ekinene eky'okununulibwa?***

- Kisonga kitya ku Kristo?
- Kisangibwa wa mu lunyiriri lw`ebyafaayo bya Bayibuli?
- Kyakola kitya omulimu mu mitima gy'abaasooka okukiwulira oba okukisoma?

[4]Haddon Robinson mu *Biblical Preaching: The Development*

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

EBYONGERWAKO B

https://portal.tiu.edu/files/uportal/teds/ptdept/Scharf.ChecklistforBeginners.pdf

EMITENDERA EGITWALA ERI ENJIRI: OKWEKEBEZA OKUTONO ENNYO KU LW'ABABUULIZI

Gyakung'aanyizibwa n'okuteekebwa wamu Dr. Greg Scharf okuva ku nsibuko ez'enjawulo
Ne giddamu okukolebwako mu February 15, 2002; August 8, 2007

I. Saba okuyita mu mutendera gwonna.

Saba Katonda akuwe obutebenkevu, amagezi, okutegeera okw'omunda, empuliziganya, okwawulanga, okumwagala, Ekigambo kye, n`abantu be. *Tekikukosa okusomera ku maviivi go.*

II. Londa ekiwandiko (ekiyitibwa ekitundu ekibuulirwa).

A. ***Kino bwe kiba kitundu ku njiri ezigenda zigobereragana, omutendera ogw'okulonda gutandika ng'okubuulira tekunnabaawo***.

Emyezi egiwerako nga okubuulira kuno tekunatandika, londa ekitabo kimu mu Bayibuli oba omulamwa ogwetengeredde nga:

1. Gwogerera ebyetaago ggwe byoba otegeddeko mu bantu bo oba bbo bennyini bye bawulira nti babyetaaga (oba byombi).
2. Gulaga nga Katonda bw'ayogedde naawe oba enjala gy'olina era gy'omanyi nti Katonda yagikuwadde.
3. Gupima bulungi emmere ey`omwoyo. Bw'oba nga obadde olya Ekigambo okuva mu Ndagaano Enkadde, lowooza ne ku eyo eva mu Ndagaano Empya; bw'oba nga obadde osoma olugero, lowooza ku kusomesa; bwe kaba kasirikitu, lowooza okusiiga langi ng`okozesa enkululo ennene, n'ebirala. Bw'oba ng`obadde oteeka essira ku kuyigiriza, oyinza okulonda ekitabo ekirimu okunenya, okutereeza, oba okutendeka mu butuukirivu, newakubadde nga ebitabo ebisinga n`ebitundu ebilondeddwa bijja kubeera n`ebyo nga bigatddwa wamu.
4. Gutangaaza ensonga ezimu ezikwata ku Katonda ezirina okuteekebwako essira n'okunywezebwa.
5. Guteeka amaanyi mu mazima agamu oba omulamwa mu Byawandiikibwa Katonda gw'akkaatiriza mu kanisa mu kitundu kyo oba n`awalala.
6. Gutwaliramu okukula n'okw'aniriza kw'ekkanisa.
7. Gujja kukolebwako bulungi mu kiseera ekiba kiguweereddwa ku kalenda mu kugobereragana okwo okw'enjiri.
8. Gutuukagana bulungi n'ekiseera ky'omwaka.

B. ***Bw'oba obuulira enjiri ez'okwanjuluza ezigenda zigobereragana era ng'omaze n'okulonda ekitabo kya Bayibuli okusinziira ku ebyo ebyogeddwa waggulu:***

1. Soma, era oddemu osome ekitabo kyonna okutuusa nga emilamwa emikulu givuddeyo, n`ensonga omuwandiisi z'awa nga ntangaavu bulungi.
2. Tuukirira era okwatagane n`abalina obuyinza, emikwano, empapula ez'ogera ku nsonga eziba ziriwo, olabe bitabo ki ebinyonnyola by'oyinza okweyazika oba okugula. Soma enyanjula y`ebitabo bino oyige ebyafaayo, enjigiriza ku Katonda, embeera eyaliwo, obuwandiisi n'ensonga endala ezirina okwekennenyezebwa ezikwata ku mpandiika.
3. Vumbula amakubo amalala agawerako g'oyinza okuyitamu okubuulira ekitabo ekyo nga mwe muli okwanjuluza okujjuvu okwa buli kitundu, enkwata yakyo oba okubuulira kwakyo okusinziira ku mulamwa oba omutwe. Ku lupapula olulaga emirimu gyo baga enteekateeka zo z'oyinza okukyusaamu akaseera konna buli emu ng'egoberera ginnaayo nga zirimu ennaku z'omwezi n'emilamwa egy'okusinza ng'olekeramu ebiwummulo, emikolo egy'enjawulo, n'ebirala.

C. ***Bw'oba obuulira enjiri ezigenda zigobereragana nga ziriko omutwe omukulu okuva mu bitundu ebitakwatagana, oba obubaka obwannakimu:***

1. Weewale okuba n`ekirowoozo kyo mu kunoonya olunyiriri. Kuno kuba kuteekamu ebyaffe lwe tuba twagadde—naye ate ng'abantu beetaaga—okujjayo n'onyonnyola ebyo ebirimu. Ng`omaze okukkalira ku lunyiriri, lugoberere yonna gye lukulaza ne bwe lukutwala gy'obadde tosuubira. Kiba kirungi okuyingirira enteekateeka yo ey'enjiri ezigenda zigobereragana okusinga okunyoola ekitundu ng`oluubirira kigye mu birowoozo byo.
2. Nga waggulu, londa ekiwandiiko, ekitundu ekigere era ekiwanvu ekimala nga ddala kigya bulungi mu bubaka bwo.
3. Waayo ekiseera ekisinga ku ekyo kye weetaaga okukwanaganya ekitundu ekyo n'enyiriri ezikyetoolodde, essuula, ekitabo, ebiwandiiko ebirala, n'endagaano mwe kiri, bw'oba ng'oyanjuluza ekitabo ekyo.

D. ***Mu buli ngeri yonna:***

1. Londa ebitundu ebimala mu bungi bwabyo ne mu buwanvu bwabyo. Okulonda ekitundu kiyinza okwesigamizibwa ku ndowooza yo oba nedda. Nga bw'osoma Bayibuli olw'okuliisa omwoyo gwo, enyiriri ezimu zijja kubuuka okuva ku lupapula zijje gy'oli, zoogere naawe, zikukkirizise. Nga bwe weeyongera okuzeetegereza n'obwegendereza, kakasa nti tokozesa kitundu kimpi ekitamala, oba okugezaako okwanjuluza ekitundu ekinene ekisukkiridde. *Buli kigero ky`okubuulira kiteekwa okubeera ekirowoozo ekijjuvu ku bwakyo naye ate nga tekiriimu birowoozo bingi ebiyitiridde.*
    a. Osobola okubuulira mu ngeri y'okwanjuluza nga okozesa olunyiriri lumu lwokka singa olunyiriri

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

olwo luba lusobola okugaziya ekirowoozo ekyo okukusobozesa okulujjamu enjiri.
b. Emirundi egisinga, ojja kubuulira okuva mu katundu akaawuliddwa okuva mu kitundu ekinene.
c. Oluusi—mpozzi ebiseera ebisinga—ojja kubuulira okuva mu bitundutundu ebyawuliddwa ebisukka ku kimu.
d. Oluusi ojja kubuulira okuva mu ssuula emu oba eziwerako.

2. Ekisinga okubeera ekikulu kiri nti ekitundu eky'okubuulira kilabika okubeeramu ekirowoozo kimu kye kyanjuluza. Kwe kugamba, walina okubeerawo ekirowoozo *kimu ekifuga byonna* omuwandiisi w`ekitabo ekyo ky'azimba mu kitundu ekyo.
3. Tandikawo enkola ey'okukuumanga ebiwandiiko by'okoze ku buli kitundu olw'okukuuma enyiriri ezikwatagana, ebifaananyi ebiriwo ku lw'ebigambo, eby'okulabirako, ebibuuzo, entegeera, empapula z'amawulire oba ekintu kyonna ekiyinza okujja mu kirowoozo kyo nga bw'oyiga okuva mu kitabo ekyo mu bujjuvu.
4. Genda mu maaso n'okusoma n'okweyongera okusoma ekitabo kyonna ng'obuwanvu bwakyo n'obudde bw'oteeseteese bwe bukukkiriza okugenda ng'onoonya enkwatagana, okudding'ana, ebigambo ebikola n'obubonero obw'obusuubuzi. Bw'oba nga wakimanyiira, lamba ku bintu ebimu mu Bayibuli yo okukuyamba okubijjukiranga.
5. Soma ebitabo ebiyigiriza ku Katonda n'ebirala ebimanyiddwa ebikwatagana n'ekitabo ky'osuubira okwanjuluza.
6. Wakiri emyezi esatu mu maaso, weweeyo eri ebitundu n`ennaku z`omwezi ezimanyiddwa okubeera ez'enjawulo oziwe abateesiteesi b'okusinza n'abakulembeze abalala ab'ekkanisa.

Kakati omaze okuteekateeka by'ogenda okubuulira n`okulonda olunyiriri oba ekitundu ekinaabuulirwa, ekiddako:

III. ***Soma n`okwetegereza ekitundu ekibuulirwa.***

Emitendera gino wammanga tegirimu byonna ebyetaagisa okukolebwa. Mingi ku gyo kikwatagana ne ginnagyo. Oluusi okutegeera okukuweereddwa Katonda kujja mangu era okusoma okukolebwa oluvanyuma lw'ekyo kujja kukakasa bukakasa ekyo kye wafunye awatali kufuba kwa maanyi. Oluusi n`oluusi, n`addala ng'omubuulizi atandika obutandisi, ojja kwetaaga okweteekamu empisa ey'okuyitanga mu mitendera egisinga, oba si gyonna, nga weesiga Katonda okwogera gy'oli era nga "okola mu kigambo ne mu kusomesa" (**1 Tim 5:17**). Ekigendererwa si kunyooma amakubo Katonda gaaba akuwadde oba okugeesigamirako nga tofa ku ky'okunoonya amaaso ge mu bwetoowaze n'okumwaniriza okwogera gy'oli okuyita mu Kigambo kye. Kijja kuyambako singa ogezaako okunoonyereza ebintu ebisirikitu n'ebyo ebilabikirawo amangu. Noonya obujjuvu bwabyo n'obwegendereza bungi, naye ate tobibuliramu. Jjukira byonna by'omanyi ebikwata ku kunoonyereza ku Katonda n`okuvvuunula Ebyawandiikibwa. Leeta ekyo ky'omanyi kibeere wamu n'ekyo ky'olaba. Ate olyoke okozese ekyo ky'olaba mu kitundu kino okusobola okwongereza ku ekyo ky'omanyi. Gino gy`emitendera gy'olina okugoberera mu kusoma n`okwekeneenya ekitundu:

A. ***Saba nga tonaba kusoma, ng`oli mu kusoma, n'oluvannyuma lw'okusoma, nga bwe kyogeddwako waggulu.***

B. ***Somera mu kifo ne mu kiseera w'osuubira okukendeeza ku bintu ebiyinza okukutabula, ssaayo nnyo omwoyo era lowooza.***

Kyalibadde kirungi okubeera wekka, nga tolina ssimu gy'oneetaaga okukwata nga waliwo n'omuntu anaakulabira abagenyi abanaakukyalira. Emmeeza yo erina kubeera nga teriiko bintu birala ebinaakutataaganya okujjako ebyo by'olina okukozesa era ebirina okubeera kumpi naawe. Bw'oba okozesa ekyuma kalimagezi, olina okweteekamu empisa ey'obutakizanyisa.

C. ***Weeteekemu empisa ey'obutalowooza nnyo kiyitiridde ku bawuliriza n'ebyetaago byabwe oba ku ggwe n'ebyetaago byo eby'enjiri nga bw'otunuulira ebiwandiiko.***

Ebintu ebyo ebibiri bisobola okukuziyiza okulaba ekigendererwa ky`ekitundu. Kwe kugamba, bisobola okukutwala ku kuteeka ebibyo mu byawandiikibwa mu kifo ky'okunoonyereza ku ebyo ebibirimu n`okubinyonnyola mu bujjuvu.

D. ***Soma oba gezaako okusoma ekitundu ekyo mu lulimi lwe kyasooka okuwandiikibwamu, bw'oba osobola.***

Genderera ebigambo ebikozesebwa. Kozesa ebitabo ebinyonnyola ebigambo eby'olulimi olwo okusobola okumanya amakulu gabyo.

1. Ssaayo omwoyo ku lulimi nga bwe lwogerwa n`engeri ebigambo gye bitegekebwamu mu lulimi olwo. Eky'okulabirako, singa ebigambo ebikola biraga bulazi ekyaliwo oba ekiriwo oba ekinabaawo, tofuula kitundu kubeera kiragiro gy'obeera nti kilagira bulagizi okujjako nga waliwo nsonga ntuufu ya kukola ekyo okuva mu nyiriri ezekyetoolodde.
2. Ekitundu bwe kiba nga kiwanvu ate nga kya lugero oba byafaayo nga n'ennimi ezo ozimanyiiko kitono, kola kyonna ky'osobola mu kiseera ky'olina. Ekiluubirirwa kyo mu kusoma ekitundu eky'olugero si kunoonyereza ku buli kasonga akali mu lugero olwo, okwekebejja enkozesa y'ebigambo naye okwetegereza ekifo, embeera, eyaliwo, ebyaliwo, entunuulira y'ebintu, n'ebintu ebirala ebiyamba omuwandiisi okulaga ky'ategeeza. Eky'okulabirako, okwetegereza okuddingana okw`ebigambo, ebibulamu, ebyateekebwamu, ebyakozesebwa okutegeeza ekyo ekikontana n'ekyogeddwa, n'ebirala.
3. Saba Katonda akuyambe okufuna obumanyirivu mu kusoma wansi okuva ngulu ne wakati w'enyiriri. Soma ekitundu ng`obudde bukyali, nga weewa ebbanga ddene ery`okugaaya ebyo by'oggyemu n'okubirowoozako.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

E. ***Kola okuvvuunula okukwo, ng`okuwandiika mu ngeri eraga enteekateeka n'enzimba yakwo.***

Okuwandiika okw`okulambika kukola bulungi ekyo. Bw'oba olwana n`olulimi olwasooka, toggwaamu maanyi. Okugenda mpola ku ddaala lino nakyo kirungi. Ojja kusobola okwetegereza ebintu ebyogerwako mu bujjuvu, ebigambo edding'ana, ebigeraageranya, ebigatta, ebiraga ekigendererwa, entegeka yabyo, n'ebirala.

F. ***Soma, era oddemu osome ekitundu mu Bayibuli ky'ogenda okubuulira, nga bw'owandiika ebyo ebisinze okukukyamula.***

Kino ky'ekiseera ekirungi okwetegereza:

1. Ebigambo ebiyunga enyiriri, ebiraga ekigendererwa, ebigatta ebirowoozo, ebiraga ensonga ezaawukana, n`ebintu ebirala ebikwata ku njogera y`olulimi n`engeri ebigambo gye bitegekebwamu mu lulimi olwo. Jjukira nti ebigambo bifuna amakulu gabyo okusinziira ku mulimu gwabyo mu mboozi gye bisangibwamu n'ebyafaayo by'amakulu gabyo.
2. Ebifaananyi, n`engeri endala ez`enjogera, n`obulambulukufu.
3. Okuddingana ebigambo nga y'engeri ey'okubikkaatiriza.
4. Ebigambo ebikulu mu kuyiga ku Katonda: ekisa, okwagala, okutya, amazima, essanyu n'ebirala.
5. Abantu be tusomako mu kitundu ekyo.
6. Ebitundu ebikola olugero olwo.
7. Olulimi olw'ekifaanayi.
8. Ebigambo ebikozesebwa okulaga obusuffu bw'ekintu.
9. Ebigambo ebikozesebwa okulaga okufaanagana.
10. Ebigambo ebikozesebwa okugeraageranya.
11. Ebikwatagana n'Oluebbulaniya.
12. Ebigambo ebitegekeddwa mu ngeri eteri ya bulijjo.
13. Enjogera ey'obukodyo oba ey'emirembe egy'edda.
14. Ebibuuzo ekitundu bye kirabika okuddamu, oba biteekeddwawo oba nedda.
15. Ebizibu ekitundu bye kisitula mu bwongo bwo oba ebisuubirwa mu bwongo bw'abawuliriza bo.
16. Eddoboozi oba okuwulikika kw'ekitundu ekyo.

G. ***Saayo omwoyo n'obwegendereza ku kitundu.***

Kumpi buli lunyiriri lulina embeera eyaliwo eyaluteekesaawo. Muno nga mwe muli embeera ezaaliwo ezikwata ku buwangwa ne ku Katonda wamu n'ebiwandiiko ebiriraanye olunyiriri olwo mu kitabo, omubiri, n'endagaano mwe lusangibwa.

H. ***Soma ekitundu ekyo mu nzivuunula endala nga onoonya ebyo bye wasubiddwa okuva ku ntandikwa.***

Ekiluubirirwa mu kino kwe kufuna okumanyira ddala *ebiri* mu kitundu ekyo. Lino ly`eddaala mu kuyiga Bayibuli abamu lye bayita *okwetegereza*.

I. ***Beera ng'obuuza ekitundu ekyo ebibuuzo.***

Guno gwe mutima gw`okuyiga Bayibuli. Tandika n`ebibuuzo ebisookerwako (Ani, Kiki, Ddi, Wa, Lwaki, ne Kitya?) okuyingira wansi w`ekitundu okuva kungulu. Ebibuuzo ebikulu ennyo mwe muli:

1. <u>Ekitundu kino kiki?</u> Okusinziira ku kikula kyakyo, n`ebigambo ebikozesebwa, salawo ku mugaso gwakyo mu kitundu ekinene mwe kiri. Okugeza, ekitundu kino kya kulabula, kusaba, kuwa mawulire, kunyonyola, lugero, kuyombesa okulimu obukaawu, kukubaganya ebirowoozo, kuzzaamu amaanyi, kusomesa, kuwa kyakulabirako, kitundu ekirala, oba omugatte gw'ebyo n'ebintu ebirala? Kino kitera kulabikirawo naye ate nga kibuusibwa amaaso. Era kye kijja okusalawo ngeri ki okubuulira kwo gye kujja okuba. Okugeza, singa ekitundu ky'ogenda okwanjuluza kiba kya kulabula olw'ebyo ebiva mu bujeemu, enjiri yo erina kukwata ku ebyo ebiva mu bujeemu.
2. <u>Omuwandiisi awandiika ku ki?</u> Kwe kugamba, omulamwa gw`ekitundu gwe guli wa? Ekitundu kijja kwogera oba okujuliza ebintu ebirala ebingi. Olina okumanya kintu ki ku ebyo kye kikulu.
3. <u>Omuwandiisi agamba ki ku mulamwa ogwo?</u> Kwe kugamba, Akatundu akasigadde ku kitundu ekyo kakwatagana katya n`omulamwa?
4. <u>Kwanukula ki Omwoyo Omutukuvu kwasuubira okuva eri abawulira oba abasoma ekitundu kino?</u>
5. <u>Ekitundu kino kiyamba kitya omusomi okusobola okwanukula nga bw'asuubirwa?</u> Kwe kugamba, weetegereze ate oyige okuva mu ngeri omuwandiisi oyo eyalung'amizibwa gy'azimbamu ekirowoozo kye ekiri mu kitundu ekyo ekiwandiikiddwa. Okugeza, ekitundu ekyo bwe kiba kikola ekyo okuyita mu kukubaganya birowoozo mu kifo ky'okuwa eby'okulabirako, ojja kwagala okuzimba ekirowoozo kyo mu ngeri y'emu.
6. <u>Ekitundu kino kyongera ki ku kifaananyi ekinene eky`okununulibwa kw`omuntu?</u> Toteekwa kusalawo kiki ekitundu ekyo kye kitegeeza kyokka, naye salawo n`engeri gye kigya mu kifaananyi ekinene eky`Ebyawandiikibwa. Okukola ekyo, weetegereze engeri ekitundu ekyo gye kikolamu mu kitabo mwe kisangibwa ne mu Bayibuli yonna. Lwaki Omwoyo Omutukuvu yakiteekamu mu Bayibuli? Ekitundu kino kyongera ki ku kifaananyi ekinene eky'obubaka obuli mu Bayibuli? Kino kijja kusonga, awatali kubuusabuusa, ku Kristo. *Ekigendererwa* ky`ekitundu kino kye kiki? Kino kijja kusonga ku ngeri gye kikolamu mu kkanisa.

J. ***Leka ekikula ky`ekitundu kikulabule ku bintu eby`ejawulo.***

Laba naddala, ebitundu V. "Ebirowoozo eby'enjawulo ku kubuulira ku kyafaayo," ne VI. "Ebirowoozo

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

eby'enjawulo ku ku buulira ku kitontome n'obunnabbi," wammanga.

K. ***Beera ng'obuuza ebibuuzo okutuusa ng`omaze okutegeerera ddala amakulu g`ekitundu.***

Kino bakiyita *okuvvuunula*. Ekiluubirirwa kuzuula *kiki* ekitundu ekyo kye kitegeeza (ebikirimu) era *lwaki* kiri mu Bayibuli (ekigendererwa kyakyo). Newakubadde nga tutandika okunoonyereza nga tulina okuteebereza kutono nnyo nga bwe kisoboka, okuvvuunula kukwetaagisa okuleeta eri ekitundu okumanya okumala okwa Bayibuli ne ku Katonda okusobola okubuuza ebibuuzo ebinaakuyamba okuzuula ekigendererwa kya Katonda mu kukiyingiza mu Bayibuli. Oyo alina y'alyongerwako. Olaba ky'omanyi.

L. ***Tuuka ku kuwunzika okusookerwako okukwata ku kitundu ky'osoma*****.**

Ng`omaze okubuuza ebibuuzo ebirungi ebikwata ku kitundu, oteekwa kakati okuwunzika ebintu ebimu.

1. Yawulamu oba oteeke essira ku kirowoozo kimu ekyangu nga kwe kuwunzika kw`ekitundu ekyo. Katonda ayogera ki eri ekkanisa okuyita mu ekyo omuwandiisi wa Bayibuli kye yawandiika? Bw'oba ng`ozudde ekyo, ebitundu ebirala byonna mu kitundu ekyo biteekwa okuzimba amazima ago, nga bikulukuta okuva omwo, oba okukwatagana nago mu ngeri ey`eeraga. Bwe bitakola bityo, ojja kuba nga tonnaba kuvumbula omulamwa gw'ekitundu ekyo. Engeri gye weetegereza obugambo obuyunga, obugambo obw`ensonga, n'obulala, kijja kukuyamba okulaba enzimba y`ekitundu. Yongera okunyiikira mu kuyiga kwo okutuusa nga ekirowoozo ekifuzi kimaze okuvaayo era nga kyeraze bulungi. Kiwandiike mu katabo.
2. Kebera empunzika zo ogende nga ozikyusaamu awetaagisa nga bwe weebuuza ku bitabo ebimu eby`obuyinza, gamba nga ebinnyonyola, ebisomesa ku Katonda, n'ebikozesebwa ebirala. Kitera okusasula okusooka okutandikira ku bitabo ebinyonyola eby'obukugu ennyo n'olyoka okozesa ebirala ebya bulijjo. Abantu abamu bayinza n'okukozesa okunyonnyola okusinga okuba okw`obukugu okuli mu bitabo ebyo ng`ekitundu ku kuvvuunula n'okulambulula emitendera okunyonyoddwa waggulu. Bw'oba ng'osazeewo okukola ekyo, weewale okuleka omuntu omulala okukulowooleza, ekintu ggwe kennyini kye walikoze.

M. ***Leka ekitundu ekilondeddwa kyogere nawe.***

Kino oteekwa okukiwa obudde. Weweeyo eri amazima g'olabye; saba okweyongera okufuna ekitangaala; weewombeeke mu maaso ga Katonda, era obeere nga olowooza ku mazima ago agafuga wonna.

1. Okujjako ng`omaze okumanya ekitundu kye kigamba, ne lwaki, era okujjako nga kimaze okwogera eri omutima gwo, togezaako kukibuulira. Obuyinza bw'olina ng`omubuulizi buva mu kubuulira ekyo ekitundu kye kisomesa, newakubadde kiwulirwa bantu balala abatali bali abaasooka okukiwulira.
2. Ekitundu ekyo bwe kitayogera eri omutima gwo, noonya ebiziyiza eby`omwoyo oba ebikwatagana n'enkolagana ebiyinza okuba nga bikuziba amaaso n'otolaba obubaka obukirimu. Awo olyoke osabe Katonda akulage oba osubiddwa obubaka obuli mu kitundu ekyo oba waliwo ensonga endala lwaki Ekigambo kye tekikuyingira. Ekyo kisobola okubaawo nga olowooza nti obubaka obwo bwa balala era nga weeteeka okubeera waggulu w`ekitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa. Mu kaseera akamu mu wiiki, weetaaga okugenda mu maaso na kukkiriza n'okakasa nti Katonda bw'aba asobola okwogera ng`ayita mu ndogoyi ya Balaamu, Katonda oyo kenyini asobola okwogera okuyita mu ggwe newakubadde nga amaanyi ag'ekyawandiikibwa ekyo tegakukwatako nga bw'oyagala.

Ng`omaze okutegeera obulungi ekirowoozo ekifuzi eky'ekitundu ekyo okusinziira ku busobozi bwo, kati oteekwa:

IV. Okuwa ekyo ekitundu kye kyogera ekifaananyi n'okijjamu enjiri (kwe kugamba, okwanjuluzwa kw'ekitundu ekinaabuulirwa).

Kino kitwaliramu, waakiri, emitendera gino.

A. ***Lowooza ku by`etaago by`ekkung'aniro nga bwe bikwatagana n`ensonga enkulu ey`ekitundu ekyo.***

Saba Mukama akubuulire kiki ky'ayagala okugamba abantu b'amanyi nti bajja kubeera mu kusinza ku lunaku lw'oteekateeka okubuulira enjiri.

B. ***Wandiika ekirowoozo ekikulu naye ky'omanyi nti oyinza okukikyusa.***

Okukiteeka mu byangu, ekirowoozo ekikulu eky'okubuulira kwo kiba kigambo ekitegeerekeka era eky`amaanyi, eky'ensonga enkulu ey'ekitundu ekyo *nga bwe kikolagana n'abantu abali mu kkung'aniro*. Ekigambo kino ekyangu kiteeka mu bufunze ekyo ky'okkiriza Mukama ky'ayagala oyogere eri abantu okuyita mu ekitundu ky'obuulira. Ekirowoozo ekikulu kijja kubeera n'obwesige, obumu, obujjuvu, n`okutegeerekeka obulungi. Eky`okulabirako, bw'oba obuulira okuva mu **Abaebbulaniya 12:1-11**, ekirowoozo kyo ekikulu kiyinza okubeera, *"Nywerera ku Kristo!"*

C. ***Gezesa ekirowoozo kyo ekikulu.***

Buuza ebibuuzo nga:

1. Ekirowoozo ekikulu nkiwadde abawuliriza amangu ddala ng'enjiri yaakatandika?
2. Ekirowoozo ekyo nzizeemu okukyogera emirundi egisukka ku gumu? (Omuntu azze ekikeerezi kinaamutwalira bbanga ki okumanya kye njogerako?)
3. Abawuliriza bange mmaze okubateekerateekera ekirowoozo ekyo?
4. Ekirowoozo ekyo kitegeerekeka bulungi era kiri kimu, okwawukana n'okugattika ebirowoozo ebitali bimu ebitakwatagana?
5. Ekirowoozo ekyo kyogera bingi eby'amakulu oba kirimu ebigambo n'ebirowoozo ebitagasa?
6. Ekirowoozo ekyo kya mulembe guno oba kyogera ku kintu ekyaliwo mu "Biseera ebya Bayibuli"?

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

7. Ekirowoozo ekyo kya buntu, kyangu, era kyogera butereevu?
8. Ekirowoozo ekyo kisobola okujjukirwa?
9. Omuntu omugezi awuliriza, ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu, era asoma ekitundu ekyo n'obwegendereza, ayinza okukkiriza nti ekigambo ky'oyogedde kiraga bulungi amazima agafuga ag'ekitundu ekyo?

D. ***Wejjukanye ekirowoozo kyo nga bw'okyusaamu nga bwe kyetaagisa.***

E. ***Ddamu weetegereze olabe ekitundu ky'oyagala okwanjuluza nga bwe kifaanana ekirowoozo ky'obuulira.***

1. Kozesa ebigambo ebyo okuteekawo okulambika ensonga enkulu ezitazimba ekirowoozo ekikulu kyokka, naye nga birina engeri gye bikolaganamu enyangu okunyweza n'okujjukira. Mu butuufu bwayo, enkolagana eyo ejja kulagibwa ekikula ky'ekitundu. Mu butono ennyo, teteekwa kwawukana n`enzimba y`ekitundu.
2. Enkolagana eno esibiddwa mu *kigambo ekiteesiteesi.* Ekigambo ekyo tekiraga ebiri mu kitundu oba enjiri naye kilabula abawuliriza ku ngeri gy'oteekateeka okuzimba ekirowoozo kyo ekikulu.

F. ***Wandiika ekigambo ekiteesiteesi.***

1. Kino kiyinza okutwala engeri esukka ku emu, naye mpozzi esingayo obwangu ebeeramu ekigambo ekisumulula nga linnya eriri mu bungi nga lirongoosebbwa n'omuwendo ogw'enkanankana n'omuwendo gw'ensonga enkulu eziri mu kulambika kwo awamu n'ebigambo ebimala okunyonnyola enkwatagana wakati w'ekirowoozo ekikulu n'ensonga enkulu eziri mu kitundu. Eky'okulabirako, mu njiri ku **Beb 12:1-11**, ekirowoozo bwe kiba *"Nyweerera ku Kristo,"* ekigambo ekiteesiteesi kiyinza okuba, *"Ekitundu kino kituwa ensonga ssatu lwaki tuteekeddwa okunyweerera ku Kristo, ne bwe kirabika okuba nti tekijja: (1) Kristo atukakasizza ku ekyo ekinaavaamu; (2) Okyusiddwa; (3) Ebintu ebyo Katonda y'abirimu."* "Ensonga" ky`ekigambo ekiriwo ng'ekisumuluzo. Ekigambo ekiriwo ng'ekisumuluzo si gwe mutwe gw'ekitundu oba enjiri. Kyo kinyonyola enkolagana eriwo wakati w`ebikulu ebirimu, buli emu ku zo nga efuuse ensonga wano. Ebigambo ebirala ebiriwo ng'ebisumuluzo biyinza okubeera: "ebirowoozo, amazima, ebisumuluzo, ensonda, amadaala," n'ebirala.
2. Weewale okukozesa "ebintu" oba "ebisongebwako" ng'ebigambo ebisumulula mu kigambo kyo ekiteesiteesi kubanga ebigambo bino bitwaliza wamu n`olw`ekyo bilemererwa mu kigendererwa kyabyo okutangaaza obulungi enkolagana eriwo wakati w`ensonga enkulu eziriwo.

G. ***Wandiika ensong enkulu eziri mu by'olambise.***

1. Mu ky`okulabirako ekiva mu **Beb 12:1-11** waggulu, ensonga enkulu ziyinza okuba:
    a. *Kristo atukakasizza ku ekyo ekinaavaamu* (**enyiriri 1-4**)
    b. *Okyusiddwa* (**enyiriri 5-8**) ne
    c. *Ebintu ebyo Katonda y'abirimu* (enyiriri **9-11**)
2. Weetegereze nti mu ky`okulabirako ekivudde mu **Beb 12:1-11**, ensonga enkulu zaateekeddwa mu kigambo ekiteesiteesi, ate ne kigenda nga kiddibwamu ng'ensonga enkulu mu mubiri gw`enjiri; naye nga si bwe kirina okuba bulijjo. Ensonga enkulu ziteekwa okukolagana obulungi n'ekigambo ekiteesiteesi, naye teziteekwa kugenda nga ziddamu ebyo ekigambo ekiteesiteesi bye kyogedde kigambo ku kigambo. Eky`okulabirako, mu kubuulira okuva mu **Bef 2:11-16**, ekirowoozo ekikulu kiyinza okubeera, *"Obulamu bwaffe buggya mu Kristo."* Ekigambo ekiteesiteesi kiyinza okubeera, *"Olwaleero tujja kuba nga tutunuulira obulamu bwaffe obuggya mu Kristo okuva mu nsonda bbiri: kiki ddala kye tuli mu Kristo, ne kiki kye tuteekwa okukikolera?* Ensonga enkulu ziyinza okuba:
    a. Kristo atufudde *"Omuntu omu omuggya"* (**enyiriri 11-16**).
    b. *Olw`okuba nti tuli "Omuntu omu omuggya," tuteekwa okukolagana ng`omuntu omu* (**enyiriri 14-16**).
3. Bw'ofuna obuzibu mu kuteeka mu bigambo ensonga enkulu n'okuzikwasa ku kyawandiikibwa ky'obuulira, oyinza okwetaaga okukyusaamu ku kirowoozo kyo ekikulu kisobole okwogera ekyo ekyawandiikibwa kye kiyigiriza.

H. ***Zimba buli nsonga enkulu.***

Amakubo mwe tuyita okuzimba ensonga enkulu galimu:

1. *Okulaba n`okusoma* ekyawandiikibwa mwokiggye. Kino nkiyita, *"okusimba"*.
2. *Okukakasa omugaso* gw'ensonga eyo. Kino kyetaagisa nnyo n`addala nga ensonga enkulu tevaayo bulungi okuva mu kitundu ekiba kilabiddwa.
3. *Okunyonyola, okuzimbulukusa, okutangaaza, n'okukisaaniza.* Kino kiyinza okwetaaga okugattamu langi mu bisomeddwa. Amakubo mukaaga ag`omugaso ag'okukola ekyo galimu; okunyonyola, okuwa eky`okulabirako, okuwa amakulu, okugerageranya n`Okwawula; okwekenneenya okwa mangu mangu; n'okwawukanya.
4. *Okukitangaaza ng'owa ekifaananyi.* Okukitangaaza ng'owa ekifaananyi kiyamba okukola olutindo wakati w'ensi eya Bayibuli n'eriwo kati. Weetegereze, naye, nti okutangaaza ng'owa ebifaananyi kuyinza okusinza obubaka amaanyi.
5. *Okukiteekesa mu nkola.* Kino kirimu okwaniriza abawuliriza okwewaayo eri enjigiriza mu ngeri esaanidde. Kiyinza okuba okwenenya, obuwulize, okukkiriza, okusinza, n'ebirala, oba ebimu ku ebyo ng'obigatidde wamu. Omulimu gwaffe kukowoola okuddibwamu okwo ekyawandiikibwa kwe kikoowoola okuva mu bantu.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

I. ***Wandiika empunzika y`enjiri yo.***

Kino bulijjo kirimu okuddamu okukyalira n`okuteekesa mu nkola ekirowoozo kyo ekikulu. Kiyinza okukomyawo ensonga endala enkulu. Wano w'otwalira obubaka bwo okubutuusa ku ntikko.

J. ***Wandiika enyanjula y`enjiri yo.***

Mu ngeri emu oba endala kino kirina okuleeta ensonga oba ekibuuzo ekitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa kye kiddamu.

K. ***Wandiika enjiri yo mu bujjuvu.***

Ssaayo omwoyo mu ngeri ey'enjawulo olonde ekigambo ekisinga obulungi buli awali ensonga n'awali ebifo eby'okukyuka ebiyunga ebitundu byonna eby'enjiri ku kirowoozo ekikulu.

L. ***Kendeeza ku by'owandiise osobole okubikwata bulungi ng'obikozesa.***

M. ***Weegezeemu ng'obuulira enjiri eyo n'eddoboozi ery'omwanguka.***

Kiba kirungi okwegezaamu mu kifo kyennyini w'ogenda okubuulira, okutuusa ng'owulidde nti osobola okubuulira nga tolina biwandiiko ebyo.

N. ***Buulira enjiri mu maanyi ag`Omwoyo Omutukuvu*****.**

Mu kusaba weesige Katonda okwogera okuyita mu ggwe.

O. ***Fukirira ensigo y`Ekigambo ng`oyita mu kusaba***.

V. <u>Eby'okulowoozaako mu ngeri ey'enjawulo ng'obuulira okuva mu byaliwo (engero; ebyafaayo).</u>

A. ***Ebitundu eby'olugero ebirina okukwatibwa mu ngeri ey'enjawulo (okwawukana n'ebyawandiikibwa ebisomesa eby'ekika ky'ebbaluwa).***

1. <u>Olugero lusomesa mu butali butereevu.</u> Saba Mukama akuyambe ofune obumanyirivu mu kusoma okukka wansi okuva kungulu ne wakati w'ennyiriri.
2. Entikko y`olugero eyinza obutabeera mu kitundu kyennyini naye mu maaso gakyo oba emabega.
3. <u>Bw'oba nga obuulira okuva mu lugero, kiyamba okubuuza, *ani mu lugero gwe wandyagadde abawuliriza bo bafaanane?*</u> Okuteesa kwo kuyinza okutunuulira enjigiriza ey'ekitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa oba ebintu ebirungi n'ebibi ebiyigiddwa, okusinziira ku ani mu lugero gw'oyagala abawuliriza bafaanane.
4. Okubuulira olugero wakati mu lugero kiyinza okutabulatabula abawuliriza.
5. Kyangu okubuusa amaaso ku lugero mu bunnabbi.

B. ***Bino bikwata ku kitundu ekibuulirwa:***

1. <u>Nga bwe kyogeddwako waggulu, londa ekitundu eky`okubuulira ekirimu ebyetaagisa era nga kiwanvu ekimala, nga ebiri mu kyo bikola ekirowoozo kimu ekijjuvu.</u> Ekikulu kiri nti ekitundu ekibuulirwa kirina ekirowoozo kimu kye kizimba okuyita mu lugero oba ebigambo ebiri mu kitundu ekyo. Kwe kugamba, walina kubeerawo ekirowoozo ekifuga omuwandiisi ky'azimba mu kitundu ekyo. Singa wesanga nga mu kitundu ekyo ky'ogenda okubuulira mulimu ebiwandiiko ggwe by'olaba nga tebijja kusomesa amazima g'oyagala abawuliriza bafune, mu bufunze laga engeri ebiwandiiko ebyo by'obuuse gye biyambamu obubaka bwonna okutwaliza awamu, weeteeketeeke okukola ku kitundu ky'ogenda okwanjuluza.
2. <u>Ekisumuluzo kiri mu kunoonya ekintu ekikulu omuwandiisi ky'agezaako okugamba ng`ayita mu lugero olwo.</u> Lwaki Omwoyo Omutukuvu yateeka ekitundu ekyo mu Bayibuli? Kiyinza okusinga okukolagana n'okugwa kw`abantu aboogerwako mu lugero olwo oba n'ennono ya Katonda nga bw'ebikkuliddwa mu lugero, naye nga byombi bijja kubeeramu. Ekyo ky'osimbako essira mu njiri yo kijja kusinziira ku kutegeera kwo okw'obwetaavu bw'abantu bo.

C. ***Okwetegereza ekitundu omuli olugero.***

Bino wammanga by'olina okwetegereza ebikwata ku kitundu ekirimu olugero bikulu:

1. enteekateeka (ekiseera, n`ekifo).
2. engeri omuntu abuulira olugero olwo gy'alabamu ebintu.
3. abantu abali mu lugero n`engeri gye boogerwako.
4. emboozi wakati wabwe ne wa w'etandikira.
5. ebitundu—olugero nga bwe lutambula okuva ku ntandikwa yalwo okutuuka ku nkomerero.
6. ebigambo, n`addala ebikozesebwa mu kuyiga ku Katonda n'ebyo ebinyonyola.

D. ***Okubuuza ekitundu ekirimu olugero.***

Bino wammanga bibuuzo bikulu nnyo mu kubuuza ekitundu ekirimu olugero:

1. <u>Olugero olwo lwetooloddwa bintu ki ebirala ebyaliwo?</u> Mbeera ki eyaleetera olugero olwo okubaawo? Genderera, naddala engeri yonna ey'okusika omuguwa erabika okubaawo ey'eetaaga okugoonjoolwa.
2. <u>Ani abuulira olugero luno?</u> (Kino kiyamba okuteekawo awantu w'oyinza okuyimirira ne weetegereza ebintu.)
3. <u>Bantu ki abakulu aboogerwako mu lugero luno?</u> Kiki ky'oyinza okuzuula ku bo okuva mu kitundu ekyo? N'okuva mu nsibuko endala?

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

4. Emboozi eri wakati w'abantu abo egwa wa mu lugero luno?
5. Waliyo enjogera ez`omuntu omu mu lugero luno?
6. Waliwo ebyogeddwa nga biraga endowooza y'omuwandiisi? Weetegereze ebyo naddala kubanga biyinza okubaamu ekisumuluzo ekilung'amiziddwa ekisumulula ebiri mu lugero.
7. Waliyo engero eziri mu lugero olwo?
8. Kitundu ki eky'omusingi ekiriwo mu njogera enyangu esoboka? (okutereeza)
9. Bitundu ki ebikola olugero luno? Lowooza ku bitundu ebikola katemba oba essuula mu kitabo.
10. Waliwo ekinyonyoddwa ekiwagira ekyo ky'ofunye mu lugero?
11. Olugero olwo bwe luba nga lulina omutwe omukulu, gwe guli wa?
12. Bigambo ki ebisinga okuwagira ekirowoozo ekiri mu lugero olwo?
13. Olugero luno luwagira lutya omulamwa omukulu ogw`ekitabo mwe luli? Lukola nga ki—kwe kugamba, lulabula, luzzaamu amaanyi, lusomesa, luwa kyakulabirako, oba lukola ki?
14. Okuwulikika kw`olugero olwo kuli kutya?
15. Wa awalala mu Bayibuli we tusanga abantu aboogeddwako mu lugero olwo oba ebintu ebiri mu lugero olwo era kiki kye tuyinza okuyiga okuva ku ebyo?

E. ***Ebikwata ku kiteeso:***

1. Buuza ekitundu ekirimu olugero olwo era ky'oyanjuluza ngeri ki gye kiwagiramu ekiteeso ky'oleese mu kubuulira kwo. Okutwaliza awamu, olugero lujja kulaga obuwagizi bwalwo okuyita mu bitundutundu ebigatta ku nsonga enkulu (oluusi eyitibwa enkola ey'okweetooloola), oba ng`ekintu ekiramba (oluusi eyitibwa enkola ey'okutegeezebwa okw'olugero).[5]
2. Okusobola okusalawo kkubo ki lye kiyiseemu okutuuka ku nsonga, ddamu weetegereze ebyo ebyayita oba ebitundu ebikola olugero olwo oba essuula zaalwo ng`obuuza oba omuwandiisi abikozesa okutuuka ku nsonga, oba okusomesa, oba okukola ekintu ekirala kyonna, oba ku ludda olulala, nga zino ze bulooka ezizimba empunzika engazi okusingawo. Ekisoose bwe kiba nga kye kiriwo, buli kitundu kiba kikola; naye eky'oluvanyuma bwe kiba nga kye kiriwo, ekirowoozo ekikulu ekivudde mu bitundu byonna nga biri wamu kye kyokka ekiyinza okutwalibwa. Kino kye kijja okusalawo ku ngeri gy'onoobuuliramu olugero olwo n'okulukozesaamu.
3. Okusinziira ku buwanvu bw`ekitundu ky'ebyawandiikibwa, oyinza okusalawo okusoma ne/oba okuddamu okubuulira olugero olwo butundutundu, nga ofaananya obutundutundu obwo n'obulamu obwa leero ate era ng`oteekesa mu nkola buli kitundu ekyazanyibwa. Singa obutundutundu obwo tebuyimirira bwokka, ojja kwetaaga okusoma oba okuddamu okubuulira olugero olwo mu bulamba bwalwo olyoke oluleete mu mbeera eriwo olwaleero oluteekese mu nkola lwonna awamu ku nkomerero.

F. ***Ebikwata ku kigambo ekiteesiteesi:***

Ekigambo ekiteesiteesi eky'enjiri yo kya mugaso ne bw'oba ng'oyanjuluza ekitundu ekirimu olugero mwe waalibadde tokyogera kubanga okuddamu okubuulira olugero olwo kulaga bulungi entambula y'ekitundu ate nga kukuuma ebintu byakyo byonna wamu. Kwe kugamba, oyinza okukiraba nti kigasa okumenyamenyamu olugero olwo mu "bitundutundu," oba okujjayo, eky'okulabirako, "emboozi" ssatu, oba okwetegereza ensobi "nnya" ezaakolebwa omuntu omukulu mu lugero olwo.

VI. Eby'okulowoozaako mu ngeri ey'enjawulo ng'obuulira okuva mu kitundu ekirimu ebitontome n'obunabbi.

A. ***Ebikwata ku kitundu ekibuulirwa:***

Nga bwe kyogeddwako waggulu, londa ekitundu ekibuulirwa nga kyemalirira mu buwanvu bwakyo n`ebikirimu era nga kirowoozo kimu ekikola omulamwa. Wano kijja kutegeeza zabbuli emu enzijuvu, okuddibwamu kwonna okuva eri Katonda, okukungubaga kwonna, n'ebirala. Nga bwe tutaandisobodde kunyonyola kitundu kimu ekyawuliddwa mu luyimba, oba ekitontome naye nga tugezaako okukifuna kyonna, n`olw`ekyo si kirungi okugezaako okwanjuluza akatundu kokka ak`ekitontome.

B. ***Okwetegereza ekitundu ekirimu ekitontome oba obunabbi.***

1. Noonya enfaanana y'enyiriri oba ebirowoozo, enkwatagana yazo, okudding'ana kw'amaloboozi, enjogera efuula ebintu ebiri mu mboozi ebbiri ezikolagana, okugatta wamu ebirowoozo bibiri ebiteemalirira okujjamu ekiramba, okudding'ana ebigambo, ebitundutundu by'ekitontome, ebitundu ebyawuliddwa n'ebintu ebirala ebizibu okulaba mu Luganda. Gezaako okwawulamu ekitontome ekyo mu bitundu.
2. Mu kusoma n'okuddamu okusoma ebiwandiiko Bayibuli gy'osuubira okukozesa mu kubuulira, eno nga bw'owandiika ebintu ebiba bikukutteko, kakasa nti weetegereza bino wammanga:
    a. olulimi olw'ebifaananyi
    b. enjogera eyitiriza obunene bw'ekintu mu bugenderere
    c. enkozesa y'ekigambo ekimu okutegeeza ekirala
    d. engeraageranya y'ebintu ebifaanagana
    e. Obuyonaani
    f. entegeka y'ebigambo mu ngeri eteri ya bulijjo
    g. ebigambo ebikozeseddwa mu ngeri yabyo oba eby'emirembe egy'edda

[5]Ebigambo ebyo biva mu kitabo kya Dr. Harry Shields' 1996 Trinity Evangelical Divinity School D. Min. Ebiyitibwa, *From His Story to Our Story: A Skills Development Manual for Old Testament Narrative Exposition.*

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

h. ebintu ebirala ebikwata ku bitontome n'ebiwandiiko eby'obunabbi

C. ***Okubuuza ekiwandiiko eky'ekitontome oba obunabbi.***

Guno gwe mutima gw`okuyiga Bayibuli. Tandika n`ebibuuzo eby'omusingi (Ani, Kiki, Ddi, Wa, Lwaki ne Kitya?) okusobola okukka wansi w`ekitundu okuva kungulu. Mu bitontome n`obunnabbi, ebibuuzo ebyo biyinza okubaamu:

1. Ani ayogera?
2. Ekitontome kino, okuddibwamu kwa Mukama kuno, oba okunyonnyola kuno, kuwandiikiddwa eri ani?
3. Ekitundu kino kiwandiikiddwa ku ani?
4. Kiseera ki ekilagiddwa mu biwandiiko ebyo?
5. Kifo ki oba bifo ki ebyogeddwako?
6. Ekitontome ekyo oba ekitundu ekyo kitondawo mbeera ya kika ki?
7. Bifaananyi ki ebiwagira embeera eyo?
8. Lugero ki olukwata ku byafaayo bya Isiraeri olulimu? Abantu ba Katonda, abalabe ba Katonda, oba amawanga, boogeddwako batya?
9. Bigambo ki ebikozeseddwa mu ngeri yabyo, oba bigambo ki ebya bulijjo ebikozeseddwa?
10. Ebintu bino byonna birabika okuzimba okutuuka ku mpunzika ki?

D. ***Empunzika ez'omusingi ezikwata ku kiwandiiko eky'ekitontome oba obunabbi.***

Weetaaga okutuuka ku mpunzika *ez*'omusingi ezitakka wansi wa *nnya nga zikwata ku kitundu* ky'osoma:

1. <u>Kyo kiki?</u> (Kuyombesa, Kukungubaga, Luyimba lutendereza, oba kintu kirala?)
2. <u>Kyogera ku ki?</u> (kwe kugamba, omutwe gwakyo kiki?— Katonda, abantu be, ebyetaago by`abantu, okutukuzibwa oba omuwendo gw`ebintu ebirala nga nagyo mitwe?)
3. <u>Kigamba ki ku mutwe gwakyo?</u> (Eky'okulabirako, Okusaba kwetaagisa nnyo, okukkiriza kulina empeera yakwo, n'ebirala)
4. <u>Kikola kitya mu kitabo, endagaano, oba Bayibuli yonna mwe kisangibwa?</u> (Obutatwala embeera ey'okugwa kw'omuntu ng'ekintu ekikulu? Okusonga butereevu eri Kristo? Okujjukiza abasomi ku bwesige bwa Katonda?)

E. ***Ebikwata ku kiteeso kyo:***

Buuza engeri ekitundu ekyo eky'ekitontome oba obunnabbi ky'oyanjuluza gye kiwagiramu ekiteeso ky'obuulira. Noonya okuwulira, endowooza, ebifaananyi, n'okweyongera okukwatibwako okuleeteddwa ekitundu ekyo oba engeri endala zonna ezisonga ku kuwunzika kw`ekiwandiiko ekyo mu kitundu mwe kiri. Bw'oba tosobola kwawula n'okwogera ku bintu ng`ebyo, oyinza okwetaaga okukyusaamu ekiteeso kyo okutuusa ng'omatidde nti ebitundu byonna byolekera empunzika gy'olabye.

VII. <u>Ebintu bina by'olina okwegendereza.</u>

A. ***Tosoma ebyawandiikibwa ng'oyingizaamu ebitabiriimu, oba okuyingizamu ebirowoozo ebitakwatagana n'ekigendererwa ekyasooka eky'omuwandiisi.***

B. ***Omuntu bw'atassaayo mwoyo ku bifaananyi Endagaano Enkadde by'elaga n'ebiteekamu amaanyi, afiirwa akakisa ak'okunyweza amazima ag'enjiri—eky'okulabirako, okukomola, obwakabona, obusumba, Isiraeri ng'ekifaananyi kya Yesu n`ekkanisa yonna okutwaliza awamu.***

C. ***Okwesigama ku magezi ag'ekikugu ag'obuwangwa, ebyafaayo oba olulimi lw'abantu be tusomako mu Byawandiikibwa kuyinza okuggala Bayibuli eri abawuliriza abatalina butendeke ekitegeeza nti tebayinza kuganyulwa okuva mu yo awatali kumanya ebyo ffe abali munda bye tumanyi.***

D. ***Okugoberera emitendera egy'ogeddwako waggulu tekituusa muntu ku bwanguzi.***

Bulijjo tuteekwa okunoonya amaaso ga Mukama n`okumusaba atuyambe nga bwe twetegeka okwogera. Naye ate, emitendera egy'ogeddwako waggulu gikoleddwa okutuyamba okwewala ensobi ezimu enkulu n'okwongeramu essuubi nti obubaka bwaffe bujja kubeera bwesigwa ate nga butegeerekeka bulungi.

<u>EBYONGERWAKO C</u>

<u>Mat 6:19-24—Obulambulukufu bw'Ekika ky'Enjiri Esomesa</u>[6]

<u>Enyanjula:</u> Ensimbi. Ffenna tuzagala. Ffenna tuzetaaga. Ssente zisobola okukola ebirungi bingi. Kirungi okubeera nayo okusinga obutaba nayo.

Okitegedde nti Yesu yayogera nnyo ku ssente okusinga ku nsonga endala zonna? Kati tukimanyi nti omulabe wa Kristo omukulu ye Sitaani. Wandirowoozezza nti Yesu yandigambye nti: "Toyinza kuweereza Katonda na Sitaani." Naye nedd—"Toyinza kuweereza Katonda na ssente/bugagga/Mammona (i.e., ssente n'ebintu)." **LWAAKI?**

Lowooza ku kino: Bwe tuba abato tuba bamativu bwe tufuna ssente entonotono. Olwo ne tukula —ensimbi ezo

[6] Okutwaliza awamu eno njiri eriko *omutwe* ogukwata ku kikula kya sente, newakubadde *ng'esimbiddwa* mu kyawandiikibwa ekiri awo ku bwakyo.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

tezikyatumatiza. Tufuna omulimu —naye omulimu ogw'omutendera oguyingira tegutumatiza okumala ebbanga ddene. Tulaba ebintu byonna bye twagala okukola ne ssente ezo —n'olwekyo twagala ebisingawo. Bwe tuba abato twagala obugaali. Tufuna emu. Ekyo kitumatiza? Bwe tukula twagala pikipiki. Tufuna emu. Ekyo kitumatiza? Olwo twagala mmotoka. Tufuna emu. Ekyo kimatiza? Awo twagala mmotoka ennene, oba bbiri ku zo. Tuzifuna naye waliwo lwe tumatira?

Lwaki Yesu yagamba nti, "Temusobola kuweereza Katonda na ssente?" Kubanga yakiraba nti ekintu ekisinga obunene ekinaakujja ku Katonda ze sente n`ebintu. Ensonga y'eno:

Ekiteeso: SENTE KINTU KYA MWOYO. Kintu kya mwoyo ng'omusalaba guli bwe gwali—mazima, sente ziyinza okuba *ekintu eky'omwoyo okusinga* omusalaba. **LWAKI?** Byombi bintu by`ebweru. Bisobola okukozesebwa mu bulungi ne mu bubi. Abantu bangi baambala emisalaba ebintu eby`oku matu, eby`omu bulago, ne batambula nabyo mu nsawo—naye sente ***ziraga*** *ekyo ekikulimu:* endowooza yaffe ku zo n`ekyo kye tukola nazo *kiraga bulungi kumpi okusinga ekintu ekirala kyonna* wa emitima gyaffe, ebirowoozo byaffe, emyoyo gyaffe, n'ebikulu eri obulamu bwaffe ddala we biri.

Ekitabo eky'ab'Anglican eky'Okusaba okw'Awamu: Sakalamento = "akabonero ak'ebweru akalabika, ak'ekisa eky'omunda era eky'omwoyo." Ennono eyo ekolera obulamu bwonna. Ekyo kye tukola ne sente zaffe kiraga bulungi kiki kye tulowooza ku Yesu Kristo—nga "*ekipimo ky`obulamu bwaffe obw'omyoyo*."

Ekigambo ekiteesiteesi: Njagala okukola ebintu bisatu: (1) Okutunula ku kikula kya sente eky`omyoyo; (2) Okulowooza ku kkanisa eyasooka eyategeera ekintu kino, n`engeri gye kyafugangamu enkosesa yabwe eya sente; (3) Okuteeka ebyo mu nkola mu bintu ebimanyiddwa mu bulamu bwaffe.

I. Ekikula kya Sente eky`Omyoyo.

Matt 6:19-20—*"Temweterekeranga bintu…" "Okweterekera"* mu luyonaani kigambo kikozi ekiva mu kigambo *"bintu"*—kwe kugamba, *"Temweterekera bintu ku nsi, naye mweterekere ebintu mu ggulu"*

- **olunyiriri 21—**TELUGAMBA, "Omutima gwo we guli, n'ebintu byo we bibeera …" (newakubadde ekyo kituufu)—naye *"ebintu byo we bibeera, n'omutima gwo gye gubeera."* **LWAKI?**
- Tutereka ekintu eky'omugaso ennyo gye tuli. Ntereka mukyala wange. Ye muntu asinga okubeera ow`omugaso eri obulamu bwange. N`olw`ekyo nja kukola kyonna ky'ensobola okulaba nga nyweeza enkolagana yaffe… (si mu ngeri etuukiridde—naye); y`engeri yokka *gye mmuyisaamu* eraga kiki kye mmulowoozaako (ekindowoozesa kati…)
- Kale Yesu atuwadde akabonero ak'ebweru era akalabika—kiki kye tukola ne sente zaffe—ekiraga ekyo *ddala* kye tutereka: ensi eno n'ebintu eby'ensi eno, oba Katonda n'Obwakabaka bwa Katonda. kiraga omutima gwaffe wa we guli.

A. ***Ekyo kye tukola ne sente zaffe nayo ngeri ya kusinza:*** **Mat 2:11** (abasajja abagezigezi); **Mak 14:3-9** (omukazo ow'eccupa ey'amafuta ag'omuendo). Baawaayo butereevu eri Yesu:

1. Naye Yesu talimbibwa era taweerwa nguzi: **Mat 15:5-9 [SOMA].** Okusinza ≠ kuyimba & okujja ku kanisa.
2. Amateeka abiri agasinga obukulu: *"Yagala Katonda & Yagala muliraanwa wo"*— etteeka ery`okubiri (engeri gy'oyisaamu muliraanwa wo) ke kabonero ak`ebweeru, akalaga oba ddala otuukiriza etteeka erisooka; *ky`ekyuma ekipima eky`omwoyo*—SENTE ZA MWOYO.

B. ***Kye tukola ne sente zaffe kiraga okukkiriza okw'amazima:*** **Yak 2:14-18** ("Mugende n'emirembe")**; 1 Yok 3:16-17 [SOMA].** SENTE ZA MWOYO

C. ***Kye tukola ne sente zaffe ebeera ngeri ya buweereza:*** **Baf 4:18** (Olulimi olukozesebwa mu Ndagaano Enkadde mu kuwaayo); **Yak 1:27** ("Eddiini" = "omukolo ogw'ebweeru ogw'obuweereza obw'okusinza"—ekyo kitwaliramu sente). SENTE ZA MWOYO

II. Ekkanisa eyasooka kino yakitegeera.

A. ***Ekkanisa eyasooka yamanyibwa lwa KUGABA OKWEWUUNYISA****—buli muntu kwe yasobola okulaba.*

B. ***LWAKI?—Ensonga bbiri:***

1. Yesu ddala yali abakyusizza okuva MUNDA okudda EBWEERU (kyangu okugamba "Yesu ye Mukama" oba "Nazaalibwa omulundi ogw'okubiri"—naye bo *baakikakasa* nti kyali kituufu.).
2. Baategeera enjiri *kiki ky'etegeeza:*
   - Oba nga Kristo yatusonyiwa, tuyinza tutya okubeera abantu abatasonyiwa?
   - Oba nga Kristo yawaayo byonna bye yalina ku lwaffe tuyinza tutya okunywereza ddala sente zaffe n'ebintu ebirala bye tulina obutabita?
   - Oba nga Kristo teyalina wassa mutwe, tuyinza tutya obutaggula enzigi z`amaka gaffe eri abatalina we basula oba abali mu bwetaavu?

C. ***Eby`okulabirako:***

1. **Luk 19:1-10—***Zaakayo;*
2. **Bik 2; Acts 4—***Ekkanisa ey'omu Yerusaalemi;*
3. **Bik 11:27-30—***Antiyokiya.*
4. **2 Kol 8:1-5—***Makedoni* (Emyaka 20 oluvanyuma ≈56 nga Yesu amaze okuzaalibwa—Ekyaliwo: enjala mu

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Yerusaalemi—**1 Kol 16:1-4)**

- *LWAKI abantu be Makedoni baali bagabi nnyo? Eky'okuddamu:* **olunyiriri. 5**— Obulamu bwabwe bwali bukyusiddwa MUNDA N`EBWERU; Baafuna *amaaso amaggya —empisa empya* (kwe kugamba, okwagala kwa Katonda; okwagala baliraanwa baabwe).
- ***2 Kol 8-9—****Okwogera kwa Pawulo okusinga obuwanvu okukwata ku kuwaayo sente, naye takozesa ekigambo "sente"*—akozesa ekigambo: *"ekisa;" "omulimu ogwo ogw'ekisa;" "koinonia"* (Eky`ekiro kya Mukama); *"leiturgia"* (enteekateeka ey'okusinza); *"obuweereza"; obubaka"*—kwe kugamba, *ebigambo eby'omwoyo byonna*—**LWAKI?** Eky'okuddamu: kubanga SENTE ZA MWOYO.

5. Ekkanisa nga bwe yali okutuukira ddala mu makkati g'emyaka egya 300 nga Yesu azaaliddwa **[Soma ebyawandiikibwa ebijjiddwa okuva mu kanisa eyasooka n'enkozesa yabwe eya sente]:**

- Baakyuusa obwakabaka bwa Roma. Babeera mu bulamu obulungi obweyagaza, OBWAWUFU okuva ku bw'abantu abalala bonna abaaliwo ekiseera ekyo. Abantu baakyagala. Amaanyi omuntu g'afuna mu ddembe ery`okuteebwa okuva mu busibe okudda mu sente n`ebintu. Obulamu bwabwe bwali bumaze okukyuusibwa munda n`ebweru— era kino baakiraga okuyita mu bulamu bwabwe obw'okugaba okwewuunyisa.
- ***EKYO ABANTU KYE BALABA MU FFE?*** **Oba s'ekyo, lwaki nedda?**

III. Okuteeka mu nkola:

A. ***Obutagezaako kuteeka musango ku muntu yenna:*** **2 Kol 8:8, 13; 9:7** zonna zoogera nti Pawulo TAGEZAAKO kulagira bantu kuwa—era TETUTEEKWA kuwa nga twemulugunya oba nga tukakibwa.

1. **LWAKI?** Katonda teyetaaga sente zo; okuwaayo kubanga okakiddwa tekiwa Katonda kitiibwa; era tasobola kugulirirwa oba okubudaabudibwa mu ngeri yonna.
2. Kale, bw'oba ng`owulira bw'otyo TOWA.

B. ***Naye fenna tumanyi nti tulina okubeera nga tukebera obulamu bwaffe n'entambula zaffe ne Mukama:***

1. Endowooza yaffe eri sente n'ekyo kye tuzikolamu *ky'eky'okukozesa eky'okwekebera mu by'omwoyo ekisinga okukola*.
2. Ky'eky'okukozesa eky'okwekebera EKYETAAGISA: **LWAKI?**
   - **Mat 6:22-23—**"Eriiso likutte ekizikiza"—**Okubeera n'ebintu ebingi** (*"omululu ogw'ensimbi oba ebintu ogutafugibwa oba okubyesigamako"*).
   - **Okubeera n'ebintu bingi /Omululu gutuziba amaaso ne tutalaba ebintu ebingi bye tulina oba omululu gwaffe**—lowooza ku muntu adiibuuda mu nkozesa y'ebintu bye okusinga ggwe … kwe kugamba, *ab'e Makedoni baalina "amaaso amaggya."*
   - "Omukristaayo owa bulijjo" awa wansi wa 3% ku nyingiza ye—singa buli omu mu Amerika eyeeyita "Omukristaayo" abadde awa 10%, waalibaddewo dola za Amerika ezisukka ku **busirivu 150** obuliwo ku lw'omulimu gw'obuweereza, ekkanisa, abaavu, n'abali mu bwetaavu.
   - Afirika (Abasiraamu bayiwa OBUKADDE N'OBUKADDE bwa sente mu Maserengeta ga Afirika)—Obama agezaako okuleeta obwenkanyinkanyi mu by`enfuna bya Amerika— naddala olw`okuba nti ekkanisa tekola nga bwe yakolanga mu myaka 300 egyasooka nga emaze okutondebwawo.
3. Katonda wa kisa: atukyusa okuva munda okudda ebweru—ekyo kyokka kyandibadde kituleetera okwagala okubeera abantu abawaayo awatali kukaluubirirwa kwonna okusobola okuyamba abaavu n`okuzimba obwakabaka bwa Katonda —naye era atuwa ENSONGA EY'OKUKOLA EKYO:
   - **Mat 6:20** yatugambye *"okweterekeranga ebintu mu ggulu."* **1 Tim 6:17-19** atubuulira engeri ey'okweterekeramu ebintu mu ggulu: okuwangayo n'omutima omugabi olw'okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu, n'okuzimba Obwakabaka bwa Katonda.
   - Ekyo kyetaagisa: **OKUKOLA EMBALIRIRA – OKUKOLA ENTEEKATEEKA – OKWOGERA –** (Nyonyola) Naye *toyinza kufiirwa!*

C. Empunzika: SENTE ZA MWOYO. Kino kikkira ddala ku mutima gw`okukkiriza kwaffe, kubanga kiraga kiki ddala ekiri mu mitima gyaffe. Kye tukola ne sente zaffe kiraga bulungi kiki kye tulowooza ku Yesu. Leka tubeerewo nga tulaga nti Yesu tumwagala.

EBYONGERWAKO D

Bef 2:11-16—Obulambulukufu bw'Ekika ky'Enjiri Esomesa

Enyanjula: Fenna twagala okubeera n`abantu abatufaanana. Ensonga ze tuwa nyingi—ezimu ntuufu, ezimu si ntuufu. Martin Luther Jr. agamba— "Kyewuunyisa nnyo nti essaawa esinga okusosolwa mu Amerika ey'Obukristaayo y'essaawa ttaano ku Sande ku makya." (Okubala abantu ab'ekika ekimu mu makanisa—90%). Kino kituufu n`awalala: obususoze mu mawanga (Afirika; India). Ebiyinza okuvaamu: Rwanda: ekitta bantu (Abahutu n`Abatuusi); Kenya: obutabanguko obwava mu kulonda (Abajaluo n'abakikuyu)—nga abasinga ku bo beeyita "Bakristaayo." *Naye newakubadde nga tewali butabanguko*, enjawukana ng'ezo mu kanisa *nkyaamu:*

- Ebyo bye "tukola mu kanisa" byogera bingi ku kiki ddala kye tuli.
- Okusaba kwa Yesu okwasembayo: **Yok 17:18-21—**obumu *"Ensi ekkirize nga bwe wantuma."*
- Kibuuzo. Tuteekwa okwebuuza: "Ekyo ddala kya bwa Katonda?" (naddala mu nsi omuli amawanga amangi).

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

- Kristo, oba Bayibuli byombi tebiwagira njawukana mu mawanga, obulombolombo, oba ennimi, ng'omusingi ogw'okwawulayawula ekkanisa.

Ekiteeso: **Bef 2:11-16**—OBULAMU BWAFFE BUGGYA MU KRISTO.

- Okukyogera mu ngeri endala: okusinziira ku Bayibuli, tekiri nti abakkiriza bonna *bagatiddwa* okubeera omuntu omu mu Kristo kyokka, naye batondeddwa okubeera *omuntu omuggya* mu Kristo—n'olw'ekyo, tuyitiddwa okukolagana wakati waffe nga bwe twalikolaganye ne Kristo kennyini.

Ekigambo ekiteesiteesi: Olwaleero tujja kutunuulira obulamu bwaffe obuggya mu Kristo okuva ku njuyi bbiri: (1) Kye *tuli* mu Kristo; ne (2) Kye tuteekwa *okukikolera*.

I. Kristo atufudde okubeera "Omuntu omu Omuggya" (**enyiriri 11-16**)

A. ***Isiraeri ne banamawanga*** (**enyiriri 11-12**): **olunyiriri 11**—*"mmwe, banamawanga":* Banamawanga be b'ani?

1. Nga Kristo tannajja = obubinja bubiri: Isiraeri (Abaisiraeri/Abayudaaya) ne Banamawanga. (**olunyiriri 11**)
   - Eggwanga/olulyo/ekika —enjawukana ezitalina makulu n'akatono ag'obwakatonda, kubanga ffenna kyenkanyi twali banamawanga.
2. Embeera ey'omwoyo eya banamawanga = bonna baabula era tebalina ssuubi. (**olunyiriri 12**)—eyo y'embeera ya buli omu atalina Kristo.
3. Katonda yayita Isiraeri n'abawa omukisa (**Ma 7:6-8; Bar 9:4**), okubeera *ekkubo* mw'anaayita okwebikkula eri ensi. (**Ma 10; 1 Bassek 8; Is 42**)—naye Isiraeri *yalemwa* mu kutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe.

B. ***Kristo ky'akoze*** (**enyiriri 13-16**)

1. Yaleeta Bannamawanga eri Katonda ye mwenyini—okuyita mu *musaayi* gwe. (**olunyiriri 13**)
   - Si ffe tweleeta fekka kubanga twali tetusobola
   - Teri musaayi gwa Muddugavu, Mweru, Muhutu, Mutuusi, Mujaluo, Mukikuyu, Muganda, oba eggwanga eddala—kubanga *buli musaayi mumyufu era guwaanyisibwa—omusaayi gwa Kristo* gwe musaayi gwokka ogw'omugaso era gwe *gutugatta* (**Bag 3:28; Bak 3:11**).
2. Yajjawo okwawula wakati w`Omuyudaaya ne Munnamawanga. (**enyiriri 14-18**)
3. N`okusingawo: Yatonda eggwanga eppya eddamba—"omuntu omuggya." (**olunyiriri 15**)
   - *"Yatonda"*—**olunyiriri 10 & 15**
   - "*Omu"*— **enyiriri 14, 15, 16**
   - *"Omuggya"*— **olunyiriri 15 + 4:24** *("ekifaananyi ekiggya" = "ekifaananyi kya Katonda")*
4. Yajjawo obulabe: *Obukiika* (**olunyiriri 15**) n'obusimba (**olunyiriri 16**)

C. ***Ekyo kye kitegeeza:*** Kristo amenyeewo enjawukana mu mawanga, ebika by`abantu, eby`enfuna, n`obulamu obw'awamu wakati w'abantu abali mu ye **[SOMA Bak 3:10-11]**

1. Tuyinza tutya okweyawulayawulamu ku musingi gw'ebintu ebyo mu *kanisa* nga ate *Kristo* amaze okubimenyawo byonna*?*
2. Ekyo kibi kinene nnyo kubanga kikkirira ddala okutuuka ku *mutima* gw'ekyo Kristo kye yakola mu **nyiriri 14-16.**
3. Klyne Snodgrass: "Okuwagira enjawukana kwe kwegaana ekyo Yesu kye yatuukiriza."

Kale tukole ki?

II. Kubanga *tuli* Omuntu Omu Omuggya, tuteekwa *okukolaganira* wamu fekka na ffekka. (**enyiriri 14-16**)

Okukiteeka mu nkola kyetaagisa *kukyusa endowooza yaffe.*

A. ***Ebintu bye tulina okukola:***

1. Mwambale *"endowooza ya Kristo"* (**Bef 4:24; 1 Kol 2:14-16; Bar 12:1-2**)—tunuulira n`amaaso ga Kristo.
   - Lowooza ku balala—naffe—ng'okubeerawo kwaffe okw'amazima mu Kristo.
   - Abakkiriza = Abakkiriza – batuli kumpi nnyo okusinga ab`eng'anda zaffe abatakkiriza: Yesu ku musalaba Malyamu/Yokaana (**Yok 19:25:27**).
   - Okugamba nti "Si ba kika kyaffe" oba nti "Sseewulira bulungi nga nsinza wamu nabo _____"—kilyaamu omubiri gwa Kristo olukwe—kubanga ggwe kennyini, omuntu ow'omunda, tokyalowoozebwako okusinziira ku ggwanga lyo oba obuwangwa bwo, naye oli muntu muggya mu Kristo.
2. Tuukirira abalala: *eby`okulabirako ebikusifu* = kukwatagana n`abalala; okugabana ekituuti n'abalala, emirimu egy`awamu, n'ebirala.

B. ***Ebintu bye tutalina kukola:***

Omutawaana ogukwatagana n'Ekika oba eggwanga = okweyawulayawulamu (**Bag 2:11-14, 18**)—enjigiriza ku Katonda ezeesigamizibwa ku mawanga ("Abakristaayo b'e Gerumaani" mu Gerumaani eya Nazi; "enjigiriza ku Katonda" enzirugavu oba "ey'ekikazi" olw'ebibakwatako mu kuyigganyizibwa); amakanisa agaaziimbibwa ku musingi ogw'enjawukana mu ebyo.

1. Ekkanisa ya Kristo—*"omuntu omuggya omu"—ya njawulo nnyo*
2. Ekkanisa gaba *maka* (**Bar 8:15-16; 1 Tim 3:15; 5:1-2**)—*Ng'amaka* amanene *agaagaziyizibwa*—ab'oluganda mu maka bayambagana ne baagalana newakubadde balina mu (oba olwa) enjawulo (**Kub 5:9**).

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

3. Okutwala enjigiriza ekwata ku Katonda oba ekibiiba kinnakyewa ekimu eky'ekkanisa okubeera ekintu ekya wansi olw'ekika oba eggwanga ly'abantu abakirimu—ne bwe kiba nga kiri mu mateeka—*ku bwakyo kikyamu* kubanga okukola ekyo kuyimusa ekintu, mu Kristo, *ekyajjibwawo kyonna*, okuba eky'omugaso omunene okusinga ekirala.
4. Era ku bwakyo kikyaamu kubanga kiyimusa ekintu *ekya wansi okusinga Kristo yennyini* okubeera *ekintu kye tuteekako amaaso* gaffe oba ekifo *eky'omugaso ogusookerwako* mu kanisa—ekyo kiyinza kitya okubeera ekituufu?
5. Okweyawulayawula *kuddamu okuzimba ekisenge ky'enjawukana* Kristo kye yamenya—kati kizimbibwa *wakati w'ebibiina eby'enjawulo ebya Bannamawanga* (ng'ate Endagaano Enkadde *teyalaba njawulo n'akamu*).

C. ***Naye ate obuwangwa?***

1. **Bik 2:5-11—**Obuwangwa obungi, obungi obw'enjawulo obw'abantu abaali mu kanisa eyasooka.
   - Naye ate, **Bik 2:44—***"Bonna abakkiriza baali wamu, ne baba nga bassa kimu mu byonna."*

2. Ekizibu *eky`obuwangwa = okwekuubiira mu kuganja* (**Bik 6:1**), okufaanana n'ekibi *eky'okweyawulayawulamu:* Okusookera ddala kizibu kya buwangwa, so si kizibu kya ggwanga (Abayudaaya bonna, okujjako Abayudaaya abaalina ensibuko mu Buyonaani baali bakozesa obuwangwa bw'Abayonaani okusinga abalala).
   - Ekyo ekkanisa yakikolako—**Bik 6:3,5,7**—abantu ne basigala nga bali omuntu omu.

   "Okulondamu mu buwangwa kuteekwa okutwala entebe ey'emabega singa tuba ba kutegeera obumu mu Kristo. Ekisingira ddala obukulu bulijjo *ky'ekifaananyi* kyaffe. Amazima agaliwo agasinga okuba ag'amaanyi agatulaga kiki kye tuli ge gali wa—Kristo oba buwangwa? Obuwangwa bwa mugaso—ddala, kitundu ku bulamu bwaffe—naye Kristo, so si buwangwa, y'atuwa amakulu agasookera ddala ag'obulamu." (Klyne Snodgrass, *NIV Application Commentary, Ephesians*)

3. Obuwangwa tebuteekwa kunyonyola Kristo oba okumuteekako ekkomo—naye okugondera Kristo n'entegeera ye ey'abantu ("Omuntu omu Omuggya"), kuyinza *okukyuusa obuwangwa.*
   - *Ekitali kirungi*—Ekkanisa eyimiriddewo ku musingi ogw'eggwanga oba obuwangwa oba olulyo ekyo teking'amba, nze atali omu ku abo "abagirimu" nti: "Toli omu ku ffe", "Toyaniriziddwa wano"?
   - *Ekirungi*—Mu kubeera wamu mu kanisa, mu ngeri y'emu nga bwe tuli omuntu omuggya omu, tulaga amazima g'Ebyawandiikibwa, obukulu bwa Kristo, ne tulaga nti Kristo ky'eky'okuddamu ky'enjawukana n'enyombo eziri mu mawanga gaffe n'obuwangwa bwaffe.

D. ***Omugaso omukulu ogw'ekyo:***

Ebbaluwa ya Malcolm X *okuva e Mecca* (**GISOME**). Ensonga eno nkulu nnyo gye tuli okusinga bwe yali mu kiseera eky'okuwandiikibwa kwayo emyaka egisukka 40 emabegako.

1. Obusiraamu obubunye buli wamu era obujudde obulumbaganyi.
2. Waliwo Obusiraamu we butuuse okulabibwa nga ekkubo ery'okujjawo enjawukana z'amawanga n'obuwangwa mu bantu —naye ate ekkanisa n'Obukristaayo si bw'eri— ekyo kya *buswavu nnyo eri ekkanisa.*

Empunzika:

- Mu byonna bye tukola ebikwata ku kanisa, tuteekwa okwebuuza: "Nsobola okulaga nti kino ky'enkola kituufu mu maaso ga Katonda?"— Kubanga, engeri gye "tukolamu ebintu by'ekkanisa" elaga ok*wenyonyolako kwaffe*, awamu n'ebyo *bye tutwala okubeera ebikulu gye tuli*.
- **Abaefeeso 2** etubuulira amazima amatuufu agaliwo—tuteekwa okuddamu okulowooza *ebyo bye tuliko* era tutandike *okukol*a olw'okutuukiriza ebyo ebigenda n'amazima agaliwo.
- Kristo yamenyawo ekisenge ekyawula Abayudaaya ne Banamawanga n`atondawo *"Omuntu Omu Omuggya"* mu kifo ky'ekyo; n'olw`ekyo yajjawo amakulu g'enjawukana z`ebika, amawanga, n'obuwangwa mu ye ne mu kanisa —tetuteekwa kuzimba kisenge ekyo ekyawukanya n'enjawulo ezo wakati waffe.
- Ekyo Kristo ky'amaze okugatta, tewaba omuntu akigattulula!

EBYONGERWAKO E

Kuv 1:1-22—Obulambulukufu obwa OEO obw'Ekika ky'Enjiri Esomesa[7]

Enyanjula: *Ebintu byali bibaddeko obulungi naye ne byonooneka, ate ne byonoonokera ddala mu bulamu bwo?*

NZE— Obulwadde + Omwana ow`obuwala omunyiivi [oba eky`okulabirako ekirala]

FFE— Ebintu bisobola okubaawo mu bulamu bwo, oba mu bulamu bw`abantu abakuli okumpi, oba abali mu kanisa gy'onooweereza, ebitasuubiddwa era ebikanga:

- Omulimu: okola obulungi; olinyisibwa—mukama wo mupya—amangu ago tosobola kukola kintu kyonna bulungi.
- Omusawo agamba "tuula wansi"—Nancy F.: ow'emyaka nga 40—kookolo—yali alabika ng'ow'emyaka 80 we yafiira.
- Mukwano gwo ow'obulenzi/mukwano gwo ow'obuwala akuyiyeeyo.
- Abakristaayo mu Nigeria—Etteeka erya Sharia—okuyigganyizibwa—amakanisa gookebwa—obutemu.

Mu mbeera ng`ezo tukaaba ne tugamba nti "si kituufu—si kya bwenkanya"—naye ate tetusobola kulaba

[7] Laba nti wadde enjiri eno yeesigamidde ku nkola ya OEO, enyanjula egoberera enteekateeka y'enkola ya "NZE-FFE".

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Ekigambo ekiteesiteesi: Olugero lw'ekyo ekyali ku bantu abaali babeera mu Misiri ey`edda mu **Okuva 1** emyaka egisukka ku 3000 lwogera ku kizibu ekyo kyennyini. Kale ka tutunuulire ekitundu kino mu ngeri 3: (1) tulabe ekyaliwo. (2) tulabe amazima ag'omugaso abiri agali mu lugero luno; era (3) tulabe engeri gye bitukwatako bwe tuba nga tuyita mu biseera ebizibu.

I. Okwanjuluza:

A. ***Kuv 1:1-7***—Ebyaliwo emabegako mu Lubereberye ebyeyungako. Fenna tumanyi olugero lwa: Yusuufu okutundibwa baganda be mu buddu—okufuuka omuntu ow'okubiri asinga mu Misiri n`okuwonya Misiri okuva mu njala—**Lub 46** Taata wa Yusuufu n`ab`eng'anda ze okugenda okusenga mu Misiri.

1. **Lub 47:6—[SOMA]—**Awo **Okuva 1** naye w'atandikira.
2. *Katonda yali abawa omukisa —baali beeyongera obungi—obulamu bwali bulungi.* NAYE: *Waliwo ekyabaawo.*

B. ***Kuv 1:8***—**[SOMA]—**Mpozzi obufuzi obulala nga buzzeewo. Enkyukakyuka esobola okujja mu bulamu bwaffe obudde bwonna. Tetukisuubira—tetukyeetegekedde—naye ne kibaawo mu ngeri emu oba endala:

1. Ofuna mukama wo omupya — omulenzi gw'oganza oba omwami wo aganza omuwala omulala.
2. Ekkanisa yo esasika—ogobwa ku mulimu.
3. Omusawo agamba "tuula wansi."

Ebivaamu biyinza okukujja mu mbeera.

C. ***Kuv 1:9-11*****—[SOMA]**

Olunyiriri 10—*"n'amagezi"*=n'obumanyirivu, mu butuufu bwakyo, mu ngeri ennungi.

1. Abaebbulaniya baali tebavunaanwa olw'okukola ekintu ekikyaamu—wabula *okubeerawo* kwabwe.
   - Tebaavunaanibwa lwa kulinyirira abantu ba Misiri.
   - Tebaavunaanibwa lwa kwetwalira ettaka erisinga obulungi.
2. Okwemulugunya kwa Falaawo kwalimu *bintu bya kwekwasizaako*:
   - Abaebbulaniya baali bawulize era nga ba mugaso okuva emabega.
   - Baalisobodde okuba *eky'okukozesa* eky'omugaso mu biseera eby'entalo.
3. Okuwakanya kwa Falaawo tekwali *kwa nsonga ntuufu*:
   - Yali tabaagala bwagazi —yawakanya okweyongera kwabwe— naye ate nga okufaayo kwe okukulu ennyo kwali nti baali bayinza *okuleka* Misiri.

Olunyiriri 11—*"omulimu"*=emigugu, okukola okw'etteeka

Naye ebintu byeyongera okwonooneka.

D. ***Kuv 1:12-14*****—[SOMA]—**Enyiriri ezo zitubuulira ebintu bibiri ebiggya Abamisiri bye baakola:

1. **olunyiriri 12**—Endowooza y`Abamisiri eri Abaebbulaniya yakyuka:
   "Okutya" = ky`ekimu "n`okwetamwa, okwenyiwa, okwenyinyala"—okutya n'okwenyinyala ebikwata ku bantu omuntu baakyaawa bitera okutambulira wamu—era ekyo kye kyali wano.
   - Endowooza eno yali mpya, era yasitula obuddu obwalimu okuyiggwanyizibwa okupya:
2. **enyiriri 13-14**—omulimu "*ogw'okukakibwa"* = "n'amaanyi, obuddu." Kuno kwali tekukyali kukola okw'etteeka —naye kwakyusibwa okubeera obuddu obukakibwa n'amaanyi mu bitundu byonna eby'obulamu.

Naye ate Falaawo yalina enteekateeka eyalimu olukwe olw'okukwatagana n'Abaebbulaniya — era enteekateeka eno empya yalagibwa mu mitendera 2:

E. ***Kuv 1:15-22***—**[SOMA]**

1. **enyiriri 15-16**—Falaawo yasooka kwogera n`abazaalisa—kino kiraga enteekateeka ye ey'okutta abaana ab`obulenzi Abaebbulaniya *mu kyama.* Omuntu omu eyakiraba akiteeka bw'ati: "[Kabaka] bwe yalaba nti tekijja kusoboka okunafuya aba Isisraeri okuyita mu bukodyo obutalabibwa, bw'atyo n`asalawo okuzikiriza amaanyi gaabwe ng`ayita mu bikolwa eby'olwatu. Naye yali tanaba kukiyisa kikolebwe lwatu, naye n'ayagala okutuuka ku kiluubirirwa kye mu nkukutu. Yalagira abazaalisa batte abaana ab`obulenzi Abaisiraeri. Baali ba kubatta, mu kyama, abazadde n`ab'eng'anda baabwe baleme okumanya olukwe olwo, balowooze nti bafudde bufi nga bulijjo abantu bwe bafa olw'ensonga ezitali zimu mu butonde." (Umberto Cassuto, *A Commentary on the Book of Exodus,* ekyavuunulwa Israel Abrahams [Jerusalem: Magnes, 1967; Central Press, 1974], 12)
2. *NAYE:* **enyiriri 17-19**—Abazaalisa bwe bataakola ekyo, ne bayitibwa okujja mu maaso ga kabaka, ne beewozaako nga bagamba *"Ffe tetulina musango—abakazi Abaebbulaniya tebali ng'abakazi Abamisiri—balamu, abazaalisa we bagenda okubatuukirako nga bamaze okuzaala"*
   - Kye bategeeza kye kino, *"Ow'ekitiibwa, omwana ow'obulenzi bw'amala okuzaalibwa, kitaawe ne nnyina n'ab'eng'anda ze ne bamulabako, kiba tekikyasoboka kumutta mu kyama."*
3. *N'OLW'EKYO:* **olunyiriri 22**— Falaawo ava ku by'okukozesa obukodyo:
   - Takyayogera nga bwe yali *"ayogera"* mu lunyiriri 15—kati *alagira bulagizi.*
   - Ekiragiro kye tekikyali eri abazaalisa—naye kati kiri eri *eggwanga* lyonna.
   - takyayogerera mu nkukutu—kati ayogerera mu *lwatu.*
   - Kati okutta tekujja kukolebwa mu nkukutu— kati kujja kukolebwa butereevu, ekittabantu ekijja okumalawo abaana b'Abaebbulaniya: mu lwatu, mu ngeri elabika, awatali kulondamu.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Olugero wano we lukoma—Ebiwandiiko eby'Oluebbulaniya biraga okusiriikiriramu wakati w'olunyiriri olwa **22** n'olwa **2:1** okulaga nti olugero lukomye wano—**NAYE NGA WANO WE LUKOMA**? Leka tutunuleko mu ebyo byonna ebyaliwo tulabe—Kiki kye tulaba?

II. Ennono

*Jjukira "amazima 2" ge nayogeddeko mu kusooka: Wano waliwo **amazima ag'omugaso agasooka** ge tuteekwa okujjukira ebintu bwe byeyongera okwonooneka:*

A. ***Ebintu bwe biva mu bubi ne byeyongera okwonooneke, Katonda ayinza okuba nga talabika, naye ng'akyaliwo era akola.***

Tuyinza obutawulira doboozi lye, naye nga Francis Schaeffer bw'agamba, *"gyali era tasirise."*

- The evil things that are happening may appear random and out of control to us—*naye biri, mu mazima, kitundu ku nteekateeka ennene eyungiddwa awamu Katonda gy'alinako obuyinza era gy'afuga.*
- Mazima, Katonda akozesa obubi emirundi mingi mu ngeri *ekontana*—engeri gye tulowooza nti *ekontana* n'ekyo kye tusuubira—ekiyinza okuba emu ku nsonga lwaki kitubeerera kizibu okulaba ekyo ky'akola.

Leka tulabe amazima ago nga bwe geeraga mu kitundu kyaffe.

1. Ekyaliwo kyali kitundu ku nteekateeka ya Katonda.
    - **olunyiriri 7**—Lutegeeza nti Katonda yali teyeerabidde kisuubizo kye eri Ibulaimu, Isaaka, ne Yakobo mu Lubereberye okufuula Isiraeri eggwanga eddene, okubaaza ne bayala okufaananako ng`emunyeenye ez`omu ggulu n'omusenyu ogw`olubalama lw`enyanja—Ddala ddala, Katonda yali atuukiriza ebisuubizo ebyo byennyini, newankubadde nga Isiraeri yali mu ggwanga ddala.
    - **olunyiriri 9**—Isiraeri ayitibwa *"abantu"* omulundi ogusoose—bavudde ku ddaala ery`okuyitibwa amaka, kati bafuuse abantu abasobola okukola eggwanga—bayinza okuba nga tebaakiraba—naye Katonda yakiraba—ne Falaawo naye yakimanya.
    - Era *n`enkyukakyuka y`embeera* eyo teyamala gajja bwetyo, wabula yali kitundu mu nteekateeka Katonda gye yali ategeezezzaako Ibulamu, ebikumu by'emyaka emabegako—**Lub 15:13—[SOMA]**
    - Ekitabo ky'Olubereberye kyali tekinaba kuwandiikibwa—abantu baali tebamanyi—baali tebasobola kulaba—naye ye Katonda ng'akiraba, era yali akola obwesigwa eri enteekateeka ye.
2. Obukakafu obulaga enteekateeka ya Katonda mu kitundu.
    - Ebyakolebwa wakati w'okwala kw'Abaebbulaniya n`akabi akaabatuukako—emirundi esatu Isiraeri agambibwa okuba ng'amaze okwala—nga buli kimu kigobererwa okunyigirizibwa okweyongedde n'ebikolwa eby'okuyigganya:
    - **olunyiriri 7** = okukola n'amaanyi okw'etteeka **olunyiriri 11**.
    - **olunyiriri 12** = obuddu obulimu obukambwe **enyiriri 13-14**, n`olukwe olw`okukozesa abazaalisa okutta abaana ab`obulenzi Abaebbulaniya mu ttemu ery`ekyama **olunyiriri 16**.
    - **olunyiriri 20** = ekiragiro eky`olwatu eri abantu bonna okusuula abaana ab`obulenzi Abaebbulaniya mu mugga Kiyiira **olunyiriri 22**.
3. Enteekateeka mu nkozesa y'ebigambo eraga nti ebintu bino tebyamala gagwawo bugwi:
    - Tuleme okulowooza nti okuyigganyizibwa kw'Abaebbulaniya kwaleetebwa okwaala kwabwe, Katonda yali alagidde ekikontana n'ekyo kikolebwe. Mu **lunyiriri 10** Kabaka w'e Misiri yagamba nti baalina okukwatagana n`Abaebbulaniya mu ngeri ey`amagezi ***"baleme okuba abangi"—***Mu **lunyiriri 12,** newankubadde nga kivvuunulwa mu kikolwa eky'ekiseera ekyayita mu Bayibuli zaffe (***"bwe beeyongera obungi n'okubuna"***), mu Lwebbulaniya kyogerebwa nga mu **lunyiriri 10**, so si mu kiseera eky'ekikolwa ekyayita—"*buli lwe **baneeyongera okubayigganyanga**, lwe **banaakomanga n'okweyongera obungi**.*"
    - Kabaka w`Eggulu n'ensi yali mu kufuga Kabaka wa Misiri.

B. ***Okukontana kw'engeri Katonda gy'akolamu ebintu.***

Tumanyi enkomerero y`olugero luno—Okuva—naye kino tekyatuukirira okutuusa nga *wayise emyaka 80* mu **ssuula 12** (*Musa tanaba na kuzaalibwa* mu **ssuula 1**)—naye okumanya ekyo ekijja oluvanyuma kituyamba okumanya nga Katonda bw'akola ebintu mu ngeri *elabika okukontana* n'ekisuubirwa.

1. **olunyiriri 10**—Okutya kwa Falaawo okusingira ddala kwali nti Abaebbulaniya bayinza okuva mu nsi y'e Misiri—naye ng'ekyo kyatuukirira.
2. **olunyiriri 11**—Abaebbulaniya baakakibwa okuzimbira abantu b'e Misiri ebibuga eby'amaterekero—naye ate okuva bwe kwajja, Abaebbulaniya baanyaga ebintu by`Abamisiri (**Kuv 12:35-36**).
3. **olunyiriri 22**—Ekiragiro ekyasembayo eky'okusuula abaana ab`obulenzi Abaebbulaniya mu Kiyiira:
    - *Olw`ekiragiro ekyo kyennyini*, Maama wa Musa yateeka Musa mu mugga.
    - Okwongereza ku kukontana okwo, Musa yawonyezebwa *omuwala wa Falaawo kennyini.*
    - N`olw`ekyo, *ekiragiro kino ku bwakyo kyakozesebwa Katonda ng'eky'okukozesa mu kununula Isiraeri ku nkomerero ya byonna.*
    - Mu kukontana okulala, tulaba nti newakubadde nga abaana ab`obulenzi Abaebbulaniya baali basaliddwa omusango ogw`okuttibwa nga basuulibwa mu mugga babbire, okuva bwe kwajja, ate *abaserikale Abamisiri be babbira mu nyanja.*
4. Abantu baali tebasobola kukirabirawo ku kiseera ekyo, naye Katonda yali akozesa buli kintu mu katemba ono—ebiseera ebisinga mu ngeri ekontana—okusobola okutuukiriza ebigendererwa bye n'enteekateeka ye ennungi.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

- Tuyinza obutalaba kalungi konna mu bulamu bwaffe okujjako obubi n`embeera ezitulwanyisa—naye Mukama takyuuka jjo na luli—y`omu jjo, ne leero, n`emirembe gyonna (**Beb 13:8**).

*Ekyo kitutwala eri **amazima ag'omugaso ag'okubiri** agatukwatako mu biseera eby`okweraliikirira ennyo ebitaggwa—era eyo y`**engeri** Katonda gy'akolamu—nga bwe tulaba wano wammanga:*

C. ***Katonda akola okuyita mu bantu be.***

- Katonda akola okuyita mu bikolwa eby`obwesigwa eby'abantu be.
- Akola okuyita mu abo abanoonya okumugondera okusinga okwenoonyeza obulamu obweyagaza n'obuwanguzi.
- Ddala ddala, akola okuyita mu abo abateeka obwesige mu ye nga tebatya biyinza kubatuukako mu bulamu bwabwe.
- *Mu Okuva 1 abazira b`olugero be BAZAALISA*. Katonda yali mwesigwa eri ebisuubizo bye eri Isiraeri—newankubadde nga baali tebakimanyi—era ekikula ky`ekitundu kino kiraga ekintu ekyo. Katonda yalina enteekateeka mu kino era n'akola mu ngeri ekontana n'ekyo ekyalilabise okuba nga kikolebwa—era n'akola mu ngeri y'emu okuyita mu bazaalisa.
  1. Ekitundu kiraga nti abazaalisa baali kitundu ku nteekateeka ya Katonda.
     - Mu **nyiriri 15-21**—ekigambo ekisumulula kiri "*omuzaalisa.*"
     - Mu bungi bwakyo ne mu bumu bwakyo ekigambo *"omuzaalisa"*, kirabika emirundi 7. Katonda *aggumiza* omugaso gw`*abantu* be n'engeri gy'atuukirizaamu *enteekateeka* ye.
     - Abantu abatya Katonda bakola kitundu ku nteekateeka ya Katonda n'omulimu gwe.
  2. Genderera n'ebyo ebikontana mu kukola kw'abazaalisa.
     - Mu **lunyiriri 10** ku ntandikwa y`enteekateeka ye ey`okuyigganya, Falaawo yagamba nti baalina kukwatagana n`Abaebbulaniya *"mu ngeri ey`amagezi"* oba *"mu bukodyo"* —so nga *baali bazaalisa abaalaga amagezi n'obukodyo obw'ekika ekya waggulu mu kukolagana ne Falaawo* mu **lunyiriri 18-19** bwe yabayita okujja okunyonyola bye baali bakoze.
     - Baalaga ekyo Yesu kye yayogerako oluvanyuma—mu **Mat 10:16**—tulina okubeera: *"abagezi ng`emisota, naye obutaba na bukuusa ng`enjiibwa."*
  3. Tunuulira ebyo ebyavaamu ebikontana *n'ebyo ebyali birabika okuba nti bye binaavaamu*— Katonda teyabawa omukisa n'akoma awo (**olunyiriri 21**), naye—newankubadde yalina obuyinza bwonna obw'ensi, ekitiibwa, n'okumanyibwa—Falaawo ono yasigala *tamanyiddwa na linnya.* Naye abazaalisa abo bazze bajjukirwa okuyita mu buli mulembe nga bayitibwa *n'amannya* gabwe—Sifira ne Puwa—era bajja okwongera okumanyika ennaku zonna okutuusa emirembe gyonna.
     - Katonda amanyi erinnya lyo—*Linnya ki lye wandyagadde okuba nalyo mu maaso ga Katonda?*
     - Jjukira—abantu abasinga okumanyibwa si bebo ab`amaanyi n'abaatiikirivu—naye abo ababonabona ne bakola okwagala kwa Katonda olw'okumwagala n'okumutya.

Ekiteeso: Kale kino kitugamba ki? Kitugamba: *Tuyinza obutakiraba; kiyinza okubeera ekizibu okutegeera; naye buli kintu kyonna ekitubaako—nga mwotadde n`ekibi—kitundu ku nteekateeka ya Katonda.*

III. Okubiteeka mu nkola: *Kale kino kiteekebwa kitya mu nkola mu bulamu bwaffe?*

A. ***Abazaalisa baali bantu abanyoomebwa abangi—Falaawo ye yalina obuyinza obusukkulumye ku bw'abalala bonna—yabayita bajje beeyogereko mu maaso ge olw'okujeemera ekiragiro kye—era mu buyinza bwe yali asobola okubasaanyaawo.***

1. Baajeemera omukulembeze w'eggwanga obulamu bwabwe ne babuteeka ku kabenje kubanga ebyo bye baali bamanyi ng'ebikulu mu bulamu bwabwe bye byali ebintu ebituufu—baategeera ani mu nkomerero ya byonna gwe baali bajja okwanukula olw`ebikolwa byabwe—kye kimu ne nnamwandu eyawaayo ebitundu by'eppeesa ebibiri (**Luk 21:1-4**), abazaalisa abo baawaayo byonna bye baalina.
2. *Mu mubiri tebaalina kutya kwonna*, kubanga *mu mpisa baatya Katonda.*
3. Bwe tusisinkana ensonga *ey'ennono*, tutera okwekkiriranya oba tugenda n`ekyo kye tumanyi nti kituufu—n'ekyo kye tumanyi Katonda ky'ayagala—kubanga tutya okufiirwa akantu akatono okusinga n'ekyo abazaalisa kye baali bagenda okufiirwa—gamba nga sente zaffe—ebifo byaffe—oba emikwano?

B. ***Ffenna tusisinkana ebintu ng'ebyo bye tulina okulondako awali obwesigwa eri Kristo n`Ekigambo kye nga bye bikulu:***

1. Osanze sente eziri mu kasawo, olabye n'erinnya n`endagiriro y`omuntu eyakasudde. Onookamuddiza oba nedda?
2. Oguze ekintu ku dduuka, oli n`akuddiza sente ezisinga ku zifisseewo. Onoomuddiza ezize?
3. Oli muwala muto; oli n`omwagalwa wo; ayagala mukole obwenzi. Onookola ki?
4. Ku mulimu mukama wo akugambye okukola ekintu ky'omanyi nti kikyamu. Bw'otokikola, oyinza okufiirwa omulimu. Onookola ki?

C. ***Katonda alaba obuntuntu obwo—naye ate si buntu "butono" n'akamu***. Ebyo bye bintu ebiraga kiki ddala kye tuli**—**biraga enneeyisa yaffe, ne biraga oba okukkiriza kwaffe kwa mazima oba nedda.

Empunzika: Tetumanyi buwanvu bw'ekiseera eky`entiisa abaana ba Isiraeri kye baayitamu mu Okuva—naye mazima kyatwala ebbanga ddene—okumalira ddala emirembe mingi egy`abo abazaalibwa ne bafa nga tebalabye kkomo lya

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

kubonabona kwabwe—awatali na kuwulira ku Musa—awatali na kumanya ku bisuubizo bya Katonda oba enteekateeka ye.

- *Ekintu ng'ekyo kiyinza okubeera ekituufu eri ffe oba eri abo bannaffe be tumanyi. Oli mu kifo ekikalubo—tomanyi nsonga lwaki okirimu, era tolaba nkomerero yakyo.*

1. Eyo y'ensonga lwaki twetaaga ekkanisa—eyo y'ensonga lwaki buli omu yeetaaga munne!
   - *Jjukira abazaalisa*—Tebaali bokka. Sifira ne Puwa, baakirimu wamu.
   - Baali tebasobola kulaba ngeri ki ebintu gye bigenda okwekolamu—naye baatya Katonda, era baakola ekintu ekituufu newankubadde ng`obulamu bwabwe bwali mu katyabaga.
   - Era bezzangamu amaanyi bokka na bokka—buli omu ku bo n'akubirizanga munne—n`okukaabira awamu.
2. Kyandifaananye kitya singa *naffe* tukola tutyo? Tumanyi abantu abali mu kulumizibwa: oba oli awo omuntu yagobwa ku mulimu—oba alina omwana akwaatiddwa omusujja ogw'amaanyi—oba yetaaga sente za bisale by'abaana eby'essomero.
   - Singa tufumbira omulwadde omu oba omuntu ali mu bwetaavu emmere—oba okusasulira omwana we ebisale by'essomero—kyalikoze ki mu bulamu bwabwe?
   - Lowooza ku muntu gw'omanyi: Singa tukolayo ekikolwa *kimu* kyokka *eky'okuzzaamu amaanyi wiiki eno*, tuyinza okutandikawo ekintu naye ani amanyi ekinaavaamu.
   - Anyone can do one act of encouragement in a week.
   - Eyo y`ekkanisa okubeera ng'ekkanisa—okwo kwe kukola nga Kristo yennyini.
3. Tugezeeko okubeera ng'abazaalisa. Jjukira: Katonda kati abayita mu mannya—bwe tuyimirira mu maaso ge okwogera ebyo bye tukoze mu bulamu bwaffe, bwe tuba nga tubadde beesigwa, naffe ajja kutuyita amannya.

EBYONGERWAKO F

Kub 19:11-21—Obulambulukufu obwa OEO obw'Ekika ky'Enjiri

Enyanjula: *Eky`okulabirako eky`obuntu:* Okuwozesa kw'omusango—okulinda okugusala—Nkoze bulungi?—"Abalamuzi bagusaze"—tewali kirala ky'oyinza kukola— awo okusalirwa omusango ne gujja. *Eby`okulabirako ebirala*: okulonda; okwogerezebwa; ebibuuzo by`omuyizi, n'ebirala.

Kub 19:11-21 kutubuulira ku musango n'ensala yagwo, with stakes infinitely higher than any lawsuit, election, marriage, examination; y'ensala ya Yesu ey'omusango eri ensi n'ekibonerezo ky'agenda okugiwa.

Ekigambo ekiteesiteesi: Olwaleero tugenda kutunuulira ekitundu kino mu ngeri ssatu: ekisooka, okwekeneenya ebikirimu byonna n`obubonero; eky'okubiri, okwetegereza ennono ezisomesebwa mu kyo; eky'okusatu, okukkaatiriza enkozesa y'ennono ezo mu bulamu bwaffe.

I. Okuddamu okubuulira Ekitundu:

A. ***Ebifa ku Kubikkulirwa:***

1. Ekikula: baluwa; obunabbi; kubikkula = bitegeerekeka eri abawulizi.
2. Ebyafaayo: Obwakabaka bwa Roma (90-95 nga Kristo amaze okuzaalibwa). Nga Uganda, Kenya, ne Tanzania:
   - *Enteekateeka*—ekibuga ekikulu ekinene; okusinga byalo/bulimi; enguudo.
   - *Olulimi*—olulimi lumu olukulu (Oluyonaani = Olungereza/Swahili) + ennimi endala.
   - *Abantu b'ekitundu*—mawanga/bantu batabule; ddiini nyingi (okuyigganyizibwa).
3. Ebigendererwa: okuzzaamu amaanyi + okulabula.

B. ***19:11-21— Enyinyonyola y`obubonero obukulu:***

1. **olunyiriri 11—***Embalaasi enjeru* = omuzira awangula—ng'omuserikale omukulu omuwanguzi akumba mu Roma.
2. **olunyiriri 12—***Amaaso z'ennimi e`zomuliro* = galaba byonna; omusango ogw`omuliro (**Kub 1:14; 2:18, 23**).
3. **olunyiriri 12—***Engule ennyingi* = engule/obwakabaka; "bangi" = okusinga kabaka omulala yenna ow'oku nsi (**olunyiriri 16**).
4. **olunyiriri 13—***Ayitibwa Kigambo kya Katonda* = Yesu (**Yok 1:1**).
5. **olunyiriri 14—***Amagye gambadde bafuta enjeru ennyonjo* = Abakristaayo/ekkanisa (**Kub 19:7-8**).
6. **olunyiriri 15—***Ekitala eky'obwogi* = Ekigambo kya Katonda (**Kub 1:16; Beb 4:12**)—Nga bwe yatonda na kigambo okuva ku lubereberye, era bwatyo bw'alisala omusango n`okuzikiriza ensi yonna n`gakozesa kigambo.
7. **olunyiriri 15—***Omuggo ogw`ekyuma* = Yesu alina obuyinza n`amaanyi amajjuvu; abalabe bonna bajja kusaanyizibwawo bazikirizibwe (**Kub 2:27; Ps 2:9**).
8. **olunyiriri 17—***Eky`ekiro kya Katonda ekikulu* = kikwatagana ne **Kub 19:9** (embaga ey'obugole bw'Omwana gw'endiga)—oludda olulala olw'*obulokozi* kwe *kusalirwa omusango*.

II. Ennono:

A. ***Walibaawo olunaku olw`okwenyonyolako okusembayo; lulikwata ku nsi yonna ne buli omu agirimu*** (**enyiriri 11-21**)

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

B. ***Yesu akomawo ku nsi eno; tajja kujja "ng'omwetowaze oba omuwombeefu," naye nga "Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abakama" oku "sala omusango n'okutandika olutalo."*** (**enyiriri 11-12, 16**)

C. ***Mu kusala omusango gwe, alibeera omutuufu, omwesigwa, ow'amazima era omutuukirivu.*** (**olunyiriri 11**)

1. Gulinoonyereza byonna, obutalekaayo kantu era nga gugendera ddala wansi w`emirandira gy`ensonga zonna. (**olunyiriri 12**)
2. Gwe guliba ogw'enkomerero. (**enyiriri 11, 20-21**)
3. Ekipimo ekirikozesebwa mu kusala omusango ogwo ky`Ekigambo kya Katonda (**enyiriri 13, 15**)

D. ***Eri abo abatali babe, kiriba kya ntiisa nnyo ekitakkirizika.*** (**enyiriri 13, 15, 17-21**)

1. Tasala musango gwokka naye alwana n`entalo. (**olunyiriri 11**)
2. Okuzikiriza kw'abo abatali babe kwe kugenda okuba eky'enkomerero ate nga kwa ntiisa nnyo—teribaawo mukisa gwa kubiri." (**enyiriri 15, 17-21**)

E. ***Eri abo ababe, buliba buwanguzi.*** (**olunyiriri 14**)

Okukkiriza, okwesiga n'okwewaayo gy'ali kulisasulibwa mu bujjuvu. (**vv.11, 14**)

III. <u>Okuteeka mu nkola:</u>

A. ***Oba nga Yesu si ye Mukama w'obulamu bwo, weenenye odde gyali.***

1. <u>Bw'oba okola bulungi:</u> Omanyi ekikuli munda; tosobola kwekyusa kuva munda kudda ebweeru.
2. <u>Bw'oba ng`oli mwavu era nga tokola bulungi:</u> Katonda w'eggulu n'ensi amanyi nti oli wa muwendo munene—kubanga yajja mu nsi ng'ajjira mu Yesu ng`omuntu, n`abeerawo ng`omuntu omwavu n`akufiirira ggwe osobole okufuna obulamu obuggya.
3. <u>Nyonnyola Enjiri n'emirimu okwawukanako n'ekisa:</u> Eddiini y`omuntu = ekyo kye twekolera; Enjiri = ekyoKristo ky'atukoledde.
    - Okuzuukira kwa Yesu kulaga *y'ani* era nti mulamu olwaleero.
    - Yagamba nti ajja kukomawo nate ku nsi. (**Mat 24; Mak 13**).
    - Ekitundu kino kitutegeeza biki ebigenda okubaawo bw'alikomawo.

B. ***Oba Yesu ye Mukama w`obulamu bwo, sigala ng'oli mwesigwa gy'ali.***

Tubeera tutya abeesigwa? – OKWAGALA: **Mat 22:36-40; Yok 13:34-35; 1 Kol 13; 1 Tim 1:5.**

1. Eby`okulabirako ebikusifu<u>:</u>
    - *"Ekikopo ky`amazzi agannyogoga"* (**Mat 10:42**)<u>.</u>
    - *"Okubeera omugabi era omwetegefu okugabana n'abalala"* (**1 Tim 6:18**).
    - Okuyamba abaavu n`abali mu bwetaavu n`okuzimba obwakabaka bwa katonda (**Bik 4:32-35; 2 Kol 8:1-5; Bag 6:10; Yak 1:27**).
    - Ebikolwa ng'ebyo eby'okwagala = okutungirira awamu "*bafuta zaffe entukuvu ennungi"* (**Kub 19:8**).
2. <u>Jjukira:</u>
    - Ebizibu bye tulina temuli bw'obigeraageranya n'ebyo ebirituuka ku abo abatali babe.
    - Ebizibu bye tulina temuli bw'obigeraageranya n'ebirungi ebingi ebirituweebwa.
    - Amaaso ge z'ennimi ez'omuliro—kola ekyo Ekigambo kya Katonda kye kigamba, mu buli kitundu ky'obulamu bwo, okukomawo kwe kukubeerere ekiseera eky'obuwangu— kino kisaana kuzzaamu abo abeesigwa amaanyi.

<u>Empunzika:</u> "Okuwozesa" kiva ku bigambo bibiri eby'Olulatini ebitegeeza "okwogera amazima." Yesu alyogera amazima, era asale omusango okusinziira ku mazima ago. Kakasa nti oli mwetegefu.

<u>EBYONGERWAKO G</u>

<u>Zab 73:1-28—Obulambulukufu bw'Enjiri y'Ekitundu ky'Ebyawandiikibwa</u>

<u>Enyanjula:</u>

Fenna tetulwaana n`ekizibu eky`okubonaabona buli kiseera? Tubulwa sente; naye ate abo abatatya Katonda beeyongera kukulakulana. Tubonaabona n`endwadde ez`amanyi; naye ate nga tulaba abalala beeyagalira mu bulamu obulungi. Tugezezzaako okukola ekituufu, naye tetulabika kutuuka ku kiluubirirwa kyaffe oba ekirooto; ng`ate tulaba abalala abatassaamu na katiibwa konna mu ekyo Bayibuli ky'egamba, basanyufu era nga bagenda mu maaso. Mu biseera ng'ebyo tuli nga Yobu, ne twebuuza ebibuuzo bye yabuuza:

- "Oli ludda wa, Ai Mukama?" ne
- "Katonda wa kika ki oyo akkiriza ekibi n`abantu abatatya Katonda okukulakulana, naye ate abalongoofu era abamutya—abantu be bennyini—ne babonaabona?" ne
- "Tekyali buntu bulamu?"

<u>Emboozi enteesiteesi:</u> Olwaleero tugenda kuyimirira mu ngatto z`omusajja ayitibwa Asafu eyasisinkana obutali bwenkanya obw`amaanyi ennyo n`awandiika **Zabbuli 73** okubututegeezaako. Ka tutambule nga tuyita mu migendo ena egya zabbuli eno—omulamwa gwayo, obuzibu Asafu bwe yasanga, kye yasalawo okukolera obuzibu obwo, ne kye kitegeeza eri obulamu bwaffe n'engeri gye tuyinza okukiteeka mu nkola olwaleero—okulaba okutegeera Katonda kw'atuwa bwe tulaba aboonoonyi nga bakulaakulana.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

I. Ebigifaako.

A. ***Emu ku zabbuli ezisinga okuba ez'omugaso.***

1. Etandika Ekitabo Eky'Okusatu eky'omuwandiisi wa Zabbuli—amakkati.
2. Ekwata ku kizibu ekikulu fenna kye tulina okuyitamu.

B. ***Asafu y'ani?***

1. Mulevi: omukulu w`enyimba ez`okusinza Katonda, yalondebwa Dawudi okuweereza mu maaso g'essanduuko ey`endagaano mu weema (**1 Byom 6:31-32, 39; 16:1-5**)
2. Mulabirizi/nabbi (**1 Byom 25:2; 2 Byom 29:30**)

Zabbuli 12 zaawandiikibwa Asafu—okusinga endala zonna okujjako ezo ezaawandiikibwa Dawudi.

- Ye yali omutima gw`okusinza kwa Isiraeri.
- Yali amanyi ky'ayogerako.

II. Akatabanguko (enyiriri 1-14)

Olunyiriri 1—*"Mazima Katonda wa kisa eri Isiraeri, eri abo abalina emitima emirongoofu."* Naye ekyo kituufu? Kiki kye yalaba?

A. ***Asafu kye yalaba*** **(enyiriri 2-14)**

1. **enyiriri 2-7**— Si mugagga ebweru naye munakuwavu munda, naye mugagga/wa nsi/wa maanyi ebweru ate nga mulamu/musanyufu munda, n`omukazi ow`ekirabo oba omusajja ow'okufunako.
2. **olunyiriri 6**—Kiki kye bambaziddwa? Kyonna kye baagala!
3. **enyiriri 4, 7**—*"Obugevvu"* = Obuwanguzi/obulamu obulungi/obuggagga/essanyu
4. **enyiriri 8-9**— Tutunuulira okwematiza n`amalala:
   - *"Omumwa gwabwe bagutadde"* "mu," "wakati wa," oba "ku" ("nga balwanyisa" oba "nga bawakanya").
   - Omunaala ogwa Babeeri gwaliyo ddala—ate nga Katonda teyasobola kuguyimiriza.
   - *"Olulimi lutambulatambula"*—lwogera buli kye baagala.
5. **enyiriri 10-11**—Oluebbulaniya (**olunyiriri 10**) luzibu:
   - Luyinza okuba nga lwogera ku bantu ab`ensi abatakkiriza oba abantu ba Katonda.
   - Perowne: "Amazzi ag'amasanyu amabi, ge banywa mu kwegomba kwabwe, magazi era mawanvu." (J. J. Stewart Perowne, *The Book of Psalms, vol. 2 (Psalms 73-150),* (London: George Bell and Sons, 1878; kyaddamu okukubwa, Grand Rapids, Mich.: Zondervan, 1966), 11)
6. **olunyiriri 12**—Mu bufunze
7. **enyiriri 13-14**—Ageraageranya embeera ye ye kennyini.
   - Obugagga bw'abasiraamu n`okuyigganyizibwa kwa`Abakristaayo—"Mazima Katonda wa kisa eri Isiraeri, eri abo abalina emitima emirongoofu"

B. ***Enyiriri 13-14:***

1. Twakoma ku kusoma **olunyiriri 14**, naye ate ka tuddeyoko emabega katono:
   - **Olunyiriri 1**— Asafu yatandika n`ekiteeso kye ekikulu: "Mazima Katonda wa kisa …" Atandika kumpi nga **Zabbuli 1** bwe yatandika: *"Alina omukisa."*
   - **Enyiriri 2-3**—lwaki yaseereramu katono: Olw'ekyo kye yalaba—Yali *atunuulidde ebweru eri abantu abalala.*
   - **Enyiriri 4-12**—Kye yalaba: ab'amalala/ababi/abali ewala ne Katonda—nga bwe beeyongera mu bugagga.
2. Olwo, okutandikira ku **lunyiriri 13**, Asafu atunula *munda, mu ye kennyini*:
   - WEETEGEREZE: **olunyiriri 13**—"Mazima" (Oluebbulaniya, *akh*), kigambo kye kimu kye yatandika nakyo mu Zabbuli eyo **mu lunyiriri 1** = *Entambula ya Zabbuli;* naye entambula *ey'okugenda munda eri obutaba na ssuubi*:
   - **Olunyiriri 3**—"Obuggya"= *okwerowoozaako wekka*, *okwenoonyeza ebibyo* mu mutima, **olunyiriri 13**—"Mazima bwereere"= *okwesaasira*
   - **Olunyiriri 5**—"*Tebabonyaabonyezebwa* ng'abantu abalala," geraageranya **n'olunyiriri 14**—"*Nabonyaabonyezebwa* ("nakubibwa, nabonyaabonyezebwa, nakoonebwa") okuzibya obudde" = *ekigambo kye kimu* (Oluebbulaniya, *negah*).
3. Okwefaako wekka kijja kukuleeteranga okwesaasira buli kaseeera —bw'otofuna ky'oyagala, era okulowooza kwo bwe kubeera nga *kwa bukiika,* kwe kugamba, *kutunuulidde abantu abalala,* era nga:
   - bagenda mu maaso, naye ate ggwe osigadde mabega.
   - balina amakanisa manene/obuweereza bunene, ate nga ggwe tolina.
   - balina emirimu, naye ate ggwe tolina.
   - balina ebintu byonna ggwe *by'oyagala okubeera nabyo* (sente, obuwanguzi, ekitiibwa, ettutumu, amaanyi, ebitabo, juzaawo), ATE NGA GGWE TOLINA.
4. Atunula *ebweru*—alaba *obuwanguzi* bw'abo abatatya Katonda; si bwe kiteekwa okuba.
   Atunula *munda*—alaba *obutaliimu n'obulamu obwonoone*se; si bwe kiteekwa okuba.

III. Eky'okukola (enyiriri 15-28) *Ka tweyongere okutunuulira ekyo Asafu ky'agamba:*

A. ***enyiriri 15-17—ebintu we bikyukira/we byetooloolera okudda emabega, lunyiriri 17, naye okukyuka okwo kwatandika n'okwekebeza/ekiziyiza mu lunyiriri 15.***

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

1. **Olunyiriri 15**—Yalina okusalawo—naye Asafu yajjukira *obuvunanyizibwa* bwe obusooka *n`obwesigwa* bwe.
    - Okukola ekintu ekituufu—ne bw'obeera n'okubuusabuusa okw`enkukunala (Hemingway: Eby'omunda = "ekisa wansi w`okunyigirizibwa").
    - Okubuusabuusa n`ebibuuzo ≠ abalabe b`okukkiriza—abatatya Katonda tebabuuza bibuuzo ng'ebyo; bo bakitwala nti ebirungi balina kubifuna bufunyi era bwe kirina okuba ne beecwancwaana oba ne beeyisa ng'abatalina kye bayinza kukola ebintu bwe biba ebibi.
    - Wano: Okubuusabuusa kwaliwo kubanga yatwala Katonda ng'ekintu ekikulu; kuyinza okuba ekintu ekiwa okukkiriza okukuze amaanyi.
2. **Olunyiriri 16**—Ebirowoozo ebigenda ewala nga bikubagana; tewali kisaliddwawo, naye:
3. **Olunyiriri 17**—"Awatukuvu": nga bwe kyogeddwa ku ngeri y'ekifaananyi kyakyo (oba byombi).
    - Okugonda kwa Asafu newakubadde yalina ebibuuzo n`okubuusabuusa—okumeggana kwe n'ensonga ey'amaanyi ey'okukwanaganya okweyongera kw'ababi mu bugagga n'obuwanguzi bw'ekibi obulabika okubaawo, n'okubonaabona kwe ye kennyini, ng'ate obulungi bwa Katonda we buli—kyatema ekkubo eryamutwala ku buwanguzi Katonda bwe yamuwa.

Katonda yamulaga ki?

B. ***Enyiriri 18-20—Embeera yennyini ey'abatatya Katonda ye nga bw'agiraba.***

1. **Olunyiriri 18**—"Mazima": Ekigambo kye kimu eky'Oluebbulaniya *akh* nga mu nyiriri **1, 13.** *Omugendo omulala*—naye kati omugendo *ogwambuka waggulu eri Katonda.*
2. Ekintu ekifaanana n'ekiri mu **nyiriri 4-12**—Ebintu bwe bityo bwe *byalabikira* Asafu; era bwe *biri.*
    - *Setaani ne Danieri Webster*—emyoyo gy`abatatya Katonda giragiddwa ng'ebiwojjolo; naye ate si kyekyo wano—ababi balinga KIROOTO BULOOTO.
3. EKIDDANYUMA Eky'amaanyi—OKUTEGEEZA EKITALI EKYO EKYOGEDDWA:
    - **Olunyiriri 9**—*"Omumwa gwabwe bagutadde" mu ggulu* **n'olunyiriri 18**—*"Obateeka"* mu *bifo eby'obuseerezi* + "obasuulira ddala."
    - Okujjako okubeerera ddala mu bukuumi bwa Katonda; abaseerera beebo abali ewala ne Katonda.
    - Bw'oba olowooza nti sente zo, obuwanguzi bwo, obuyinza bwo, endabika yo, obulungi bwo mu by'obulamu, obulamu bwo bwennyini bya lubeerera—awo OLOOTA BULOOSI
4. Waliwo obwenkanya! Ekituuti kya Katonda *kigazi okusinga*—ebiseera bye *biwanvu okusinga*: NAYE okukulakulana kw`ab'ensi *kuyita buyisi.* Enkomerero yabwe ejja KUTAGGULULA byonna bye babadde beenyumirizaamu; abatatya Katonda/abatali balongoofu mu mitima, babeera mu nsi ey`ebirooto; bajja kweerebwa mulundi gumu baveewo. Eyo y'enkomerero yabwe.

C. ***Enyiriri 21-26: Embeera yennyini ey'abatya Katonda ye nga bw'agiraba.***

1. **Enyiriri 21-26**—Asafu afuna ekifaananyi ekituufu eky`abo abatya Katonda.
    - Eky'okuddamu ekirimu okutegeera okw'omunda okulimu ebitundu ebibiri, n`okwo okuva ewa Katonda okukwata ku lwaki *"Mazima Katonda wa kisa eri Isiraeri, eri abo abalina emitima emirongoofu":*
2. Ekitundu ekisooka**—enyiriri 21-22** = ze zimu **n'enyiriri 13-14.**
    - Obwenkanya/okusalirwa omusango: Eky'okuddamu *ekibi* ekikola ku abo *abatatya Katonda.*
3. **Enyiriri 23-26** = ekitundu eky`okubiri eky`okutegeera okw'omunda/eky'eky'okuddamu:
    - Eky'okuddamu *ekirungi* ekikola ku abo *abatya Katonda*: *Katonda yennyini ali wamu nabo* era *y'oyo abamatiza OKUVA KAAKANO okutuusa EMIREMBE GYONNA.* Ekyo kye kifaananyi ekituufu eky`abo abatya Katonda.
4. KYA BUNTU NNYO.
5. KIMALA—**enyiriri 23-24 =** Ebikolwa bisatu ebya Katonda: (1) *"Okukwata";* (2) *"Okulung'amya";* (3) *"Okukkiriza okuyingira."*
6. ENJAWULO ennene mu *bigambo* by'akozesa; ezirabiddwa mu Luebbulaniya:
    - **Olunyiriri 17**—*"nkomerero yabwe"* geraageranya **n'olunyiriri 24**—*"oluvannyuma"* = omulandira gwe gumu: (Luebbulaniya, *ahar*).
    - **Olunyiriri 18**—*"ebifo eby'obuseerezi"* geraageranya **n'olunyiriri 26**—*"omugabo gwange" ("ekitundu ekyange")* = omulandira gwe gumu (Luebbulaniya, *halaq*).
    - **Olunyiriri 12**—*"ennaku zonna"* geraageranya **n'olunyiriri 26**—*"emirembe gyonna"* = ekigambo kye kimu (Luebbulaniya, *olam*).

D. ***Aleeta ebyo byonna mu kuwunzika mu nyiriri ebbiri ezisembayo:***

1. Nga bwe yatandika Zabbuli eno mu ngeri y'emu ne **Zabbuli 1**, era bwatyo Asafu amaliriza nga **Zabbuli 1 (1:6).**
2. **Enyiriri 27-28—** Laba nga bw'azze asembera, n`engeri ebintu gye bikyuseemu:
    - Akizudde nti eky'okuddamu tekiri mu bintu ebirabika ku ngulu oba ebweru, si mu mbeera z'omuntu, naye mu *Katonda Yennyini:*
    - Y'enjawulo wakati w'okubeera *ewala okuva ku Katonda* (**olunyiriri 27**), *n'okubeera kumpi naye* (**olunyiriri 28**).
3. Ddamu olabe engeri gy'akileeta eka n'enkozesa ye ey'ebigambo eby'ogera EKIRALA N'OKWAWULA — akozesa *ebigambo by`ebimu* bye yakozesezza, naye ate kati nga ataddemu okutegeera okupya:

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

- **Olunyiriri 12**—"*Laba* abo be babi, ababeera mu bulamu obwangu" geraageranya **n'olunyiriri 27**—"*Laba* abakuli ewala balizikirira"
- **Olunyiriri 2**—"*Naye nze,* ebigere byange byali kumpi n'okugwa" geraageranya **olunyiriri 28**—"*Naye kirungi nze* nsemberere Katonda"

4. **Olunyiriri 28**—*"Mukama Katonda mmufudde ekiddukiro kyange"*
   - *"Mukama Katonda" ≠ Adonai Elohim,* naye *Adonai Yahweh = Erinnya lya Katonda ery'obuntu* (**Kuv 3:13-14**)*,* erilabika mu zabbuli eno omulundi ogusooka wano wennyini: kati ayinza okuyita Katonda na linnya.
5. Kale, Asafu awunzika *n'eky'obuntu ekifaanana n'engeri gye yatandiseemu*:
   - **olunyiriri 1**—"Mazima Katonda wa kisa *eri Isiraeri"* geraageranya **n'olunyiriri 28**—" *Naye kirungi nze* nsemberere Katonda*."*

Ekiteeso: Newakubadde nga endabika ey`ebweru eraga kirala, Katonda yekka bwe bukuumi bwaffe era essuubi lyaffe.

Ebyo kye bitegeeza/empunzika:

A. ***Tekyewuunyisa nti Zabbuli 73 y`entandikwa y`Ekitabo III, ekitabo eky`omu makkati, ekya Zabbuli:***

1. Eddayo emabega ne yejjukanya **Zabbuli 1.**
2. Ekwata okuva ku **Zabbuli 72** eyalengera mu maaso eri Kabaka omutuukirivu, okutumanyisa nti Katonda yennyini ye kabaka omutuukirivu afuga kati era nga gwe mugabo gwaffe n`ekiddukiro kyaffe.
3. Etuweerawo eky'okuddamu kya zabbuli eddako, **Zabbuli 74** nga yo eraga okukaaba olw`ennaku ennyingi ennyo nga ekifo ekitukuvu ekya yekaalu kisaanyiizibbwawo.
4. Elengera mu maaso ng'esuubira Zabbuli ez`Okusinza ezikomekkereza Zabbuli ezo.

B. ***Ffe ab`Endagaano Empya tusobola okubeera ne bye tuyitamu eby'amazima agali mu Zabbuli 73 ebisinga ne ku ebyo Asafu bye yayitamu:***

1. Asafu yalina kuyingira mu kifo ekitukuvu nga tanaba kufuna okutegeera kwe okunene.
2. Tuli yekaalu ya Katonda; tuli ekifo ekitukuvu (**1 Kol 6:19**).
   - Mu Mwoyo Omutukuvu atuula mu ffe (**Yok 14:16-17; 16:7**).
3. Tumulina.
   - Yagamba nti talituleka (**Beb 13:5; Mat 28:20**).
   - Tewali kiyinza kutujja mu mikono gye (**Bar 8:35-39**).
4. Tulina omubiri gwe, ekkanisa (**1 Kol 12:12-27**).
   - Atufudde ab`omu nju ye (**Bar 8:15-16; 1 Tim 3:15; 5:1-2**).

C. ***N`olw`ekyo, sanyuka Omukristaayo omwagalwa, awatali kutunuulira embeera ezikwetoolodde:***

1. Si kyokka nti Katonda ali kumpi naawe, naye ali mu ggwe—*kale lekeraawo okwegerageranya n`abalala*:
   - Katonda akulonze—n`olw`ekyo kikola njawulo ki eri obulamu bwo singa abantu abalala babeera n'ebintu ggwe by'otolina?
   - Tulibeera abalamu emirembe n'emirembe era tubeera n'ebintu byonna.
2. Kuuma *okutegeera okw'emirembe egitaggwaawo* ku bintu nga Asafu kwe yalaba mu **lunyiriri 17.**
   - Ebiseera ebisinga engeri gye tulabamu ebintu tulyoke tubitegeere nyimpi okusukka.
   - Ensi eno ya kaseera buseera, naye ate tujja ne twerabira nti bye tukola wano ku nsi birina ebibivaamu eby`olubeerera (**Mat 10:24; 1 Tim 6:19**).
   - N`olw`ekyo, kozesa ebiseera byo ng'okola bulungi eri banno, kubanga oyagala Yesu (**Bag 6:10**).
3. Sigala ng`oli mwesigwa—leka abeere okumatira kwo, era omugabo gwo emirembe gyonna.
   - Okukola kye yalaba nga kye kituufu, newakubadde nga teyalabirawo mpeera ye, ekyo kye kyakuuma Asafu obutasimattuka n'agwa okuva ku kalebwelebwe.
   - Okukola ekyo kye tumanyi nti ky`ekituufu, newakubadde nga empeera tetugirabirawo, kujja kutuyamba okusigala kumpi ne Mukama, era—nga Asafu—kijja kutuyamba okukozesa ku buyambi bwe singa tusisinkana okubuusabuusa, okutya n`emitawaana.
   - Okufaananako nga Asafu, bwe tumukkiriza okutukwaata ku mikono atukulembere (Omwoyo; Ekigambo—**Yok 16:13**), ajja kutwaaniriza mu kitiibwa (**Yok 14:3**).
4. Kubanga Mukama atuyingizza mu luganda lwe—ekkanisa, funa obuyambi okuva ku luganda olwo, ate oyambe n'ab`oluganda bo abalala.
   - Amaka gafa ku bantu baayo.
   - Tandika "okutunuulira", n'okuyisa, abakkiriza abalala nga ba maama bo, ba taata bo, baganda bo, ne bannyoko (**1 Tim 5:1-2**).
   - Kuza ow`oluganda omukristaayo omu oba babiri b'osobola okubeera okumpi nabo nga baganda bo oba banyoko ab'omubiri.
   - Kolayo ekintu eky`omugaso mu wiiki eno—katugambe, yita omuntu oyo ku ky`emisana; muwe ekirabo—osobole okuggulawo enkolagana empya eneegenda ewala.
   - Katonda akimanyi nti twetaaga enkolagana egenda ewala n'abantu, nga bwe twetaaga enkolagana egenda ewala naye, bwe tutyo tusobole okwang'anga ebizibu n'obutali bwenkanya ebingi bye tulaba mu nsi eno—n`olw`ekyo, atuwadde amaka ge, ekkanisa, etuyambe: tutandikirewo okukozesa oluganda lwa'tuwadde mu maka ago mu bujjuvu.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

EBYONGERWAKO H

Kub 19:11-21—Obulambulukufu bw'Enjiri y'Ekitundu ky'Ebyawandiikibwa [8]

Enyanjula: Engero ku bintu ebikyamula abantu bye baayitamu/sineema/ebitabo/engero okuva mu biseera eby'edda ezitottolwa abakadde mu maka.

Ekigambo ekiteesiteesi: Tugenda kutambula okuyita mu kitundu kino ddaala ku ddaala tulabe nga amazima gakyo bwe gakwata ku bulamu bwaffe.

I. Ebiri mu kitundu kino (**enyiriri 11-16**)
A. Kristo akomawo ku nsi.
B. Kino kibuuliddwa okuviira ddala ku ntandikwa y`Okubikkulirwa.
C. Ebyafaayo byonna bibadde bilindirira ekiseera kino.
D. Amanya ag`omugoba w`embalaasi enjeru (**enyiriri 11, 13, 16**).
E. Ebifaananyi (enyinyonnyola/enneeyisa) y`omugoba w`embalaasi enjeru (nyonnyola obubonero obulimu).

II. Akatabanguko (**enyiriri 17-19**)
A. Amagye g`ekisolo gakung'aanye okulwanyisa Kristo.
B. Akabonero akalaga abatali babe bonna naye nga bamujeemera.
C. Ekisolo, ne bakabaka, n`amagye gaabwe gonna bakung'aanye okulwaanyisa omusajja omu—ani asinga amaanyi?

III. Eky'okukola (**enyiriri 20-21**)
A. Newakubadde enkoloboze ezilamba ebifo by`entalo zikubiddwa, tewali lutalo lutandiseewo.
B. Tewali ayinza kuyimirirawo n`amera mu kujja kwa Kristo.
C. Ekisolo ne nabbi ow`obulimba bakwatiddwa; buli muntu yenna attiddwa: okuzikirira awamu n`obuswavu.
D. Ekikula ky'omusango omunene.
E. Yesu ye muwanguzi ow'oku ntikko, asembayo ow'ebyafaayo byonna!

Ekiteeso: Tuteekwa okubeerawo nga tulina obukakafu obulimu essuubi mu kukomawo kwa Kristo okw'obuwanguzi.

Kye kitegeeza:
A. ***Eri abalokoleddwa:***
1. Tusobola okubeerawo nga tuli bamativu
2. Obumativu obwo bulina okutukubiriza okukuuma okukkiriza kwaffe, n`addala nga embeera ze tulimu nzibu nnyo.

B. ***Eri abatanalokolebwa:***
1. Omusango omunene gujja, ensi gw'etalabangako kasookedde ebaawo.
2. Bw'oba tomanyi Kristo, weenenye, era weweeyo gy'ali katikati.

EBYONGERWAKO I

1 Sam 30:1-31—Obulambulukufu bw'enjiri erimu Nze-Ffe-Katonda-Ggwe-Ffe

I. Enyanjula (Nze/Ffe).
A. ***Embeera yange—okulabirira/okuyonja enyumba.***
1. "Kituuse ku ekyo?"—tewakyali kukola sente, n'ebirala.
2. Okugeraageranya ekyo Yesu kye yatuukiriza mu myaka esatu nange.
3. Okwewulira nga tolina mugaso/toliimu makulu.

B. ***Enneewulira ng'ezo osanga teziri ku nze nzekka.***
1. Bamaama abatuula/abakuuma awaka— bawulira nga bagudde mu mutego: "Sirina bulamu."
2. Omusajja (oba omukazi) mu mulimu gw'otosobola kugumiikiriza.
3. Abayizi: "Lwaki nkola Chemistry? "Sigenda kumukozesa mu maaso eyo."
4. Abawummuze ku mirimu: "Obulamu bung'enzeeko—sijja kuddamu kulaba ku baana bange."
5. Abakristaayo: "Katonda ali ludda wa? Simulaba."

Ekitundu ekisanyusa okuva mu Byawandiikibwa ekiyinza okutuyamba bwe tuba n`endowooza ng'ezo—**1 Sam 30:**

Ekiteeso: Ekitundu kino kye kitutegeeza kiri nti: *"Katonda asasula obwesigwa."*
- N`obuntu obutono *tebwerabirwa*, era nabwo N`obuntu obutono tebwerabirwa, era nabwo buyinza okuba obw'omugaso enyo gy'ali.

Emboozi Enteesiteesi: Ka tutambule nga tuyita mu byawandiikibwa bino kitundu-ku-kitundu, tulabe engeri Katonda

[8] Obulambulukufu buno obw'Ekitundu ekirimu Ebiwandiiko mu bufunze bulaga ng'ekitundu ekyo mu Byawandiikibwa bwe kiyinza okubuulirwa nga kikoseza enteekateeka ez'enjawulo (geraageranya kino n'obulambulukufu bwa EPA obw`ekitundu ky`ekimu [Eby'okwongerwako F]).

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

gy'asasulamu obwesigwa bwaffe.

II. Enyanjuluza ya Bayibuli (Katonda).

A. *Ebisookerwako* (enyiriri 1-6). [SOMA]

1. Zikulagi (**1 Samwiri 27**)—Dawudi adduka Sawulo; n`agenda abeera n`Abafirisuuti ebbanga erisukka omwaka gumu; aweebwa Zikulagi (obuvanjuba bwa Gaza).
2. Abafirisuuti bagenda okulwanyisa Sawulo ne Isiraeri (**1 Sam 29:1**).
   - Dawudi ali mu mbeera enzibu ennyo.
   - Ne bwe yabeera n'Abafirisuuti, Dawudi yali tannalumba Isiraeri (**1 Sam 27:8-12**).
   - Kye tukola mu biseera eby`okweraliikirira ennyo kiraga bulungi ekyo kyennyini kye tukkiriza, era oba nga ddala tuli beesigwa oba nedda.
3. Katonda asasula obwesigwa bwa Dawudi.
   - Abaduumizi b`Abafirisuuti tebeesiga Dawudi (**1 Sam 29:2-3**).
   - Katonda yasasula obwesigwa bwa Dawudi eri Isiraeri—newakubadde nga Dawudi yadduka okuva mu Isiraeri, Katonda yatema ekkubo n'atalumba bantu be.
4. **1 Sam 30:2-6—**Zikulagi attibwa; abakazi batwalibwa; Abasajja ba Dawudi banakuwavu nnyo baagala okukuba Dawudi amayinja.
   - Ebiseera bingi tuggwamu essuubi ne tulemwa okulaba obugabirizi bwa Katonda gye tuli.
   - Dawudi teyaddirira, naye yakkiriza obuvunanyizibwa era n`afuna amaanyi okuva eri Mukama.
   - Olugero olw`ekiddugavu: "Mu kukaaba, omukulembeze ateekwa okusigala ng'agguddewo amaaso ge alabe ekkubo."
   - Ng`omunnyo n'ekitangaala, Abakristaayo bonna bakulembeze: okukulembera abantu okubaleeta eri Kristo; okubalaga ekkubo ettuufu mwe bateekwa okutambulira—okuyita mu bigambo n`eky`okulabirako. Katonda awa ekitiibwa obwesige ng`obwo.
5. **Enyiriri 7-10 [SOMA]**
   - *Ekkanzu* = kyambalo kituuka ku maviivi; kabona omukulu yalinanga ulimu ne suminu asobole okutegeera okwagala kwa Katonda.
   - **enyiriri 9-10**—abo 200 abaasigalawo—baakoowa, naye baakola ekikolwa ekikulu ennyo, nga bwe tujja okukilaba mu maaso.

B. *Enyiriri 11-20—Olutalo* [SOMA]

1. **Enyiriri 11-15**—Omumisiri: "Katonda asasula obwesige" (amakubo gombi).
   - *Omumisiri* yawonya obulamu bwe lwa kuwaayo amawulire.
   - *Dawudi/Isirae*ri baafuna amawulire ag'omugaso ennyo ge baali betaaga—Dawudi yaalibadde amutta (yali munnamawanga ate nga yali ku luuyi lw`omulabe eyali abanyagako ebyaabwe); naye ate n'alaga ekisa (laba **Mat 10:42**).
   - Tuleme kutunuulira nnyo "ebintu ebinene" ebiri mu bulamu bwaffe, oba bye twagala okukolera Katonda, ne twerabira obuntu obulabika okuba obutono n'abantu "abatalina mugaso".
   - Katonda alina enteekateeka ku lwabwe (ne ku lwaffe) era "ebintu ebinene" *biyinza okwetooloolera ku buwagizi bwabwe* ("Olw'okwagala omusumaali")—wano, obuwanguzi bwa Dawudi bwasinziira ku Mumisiri ono eyali alabika ng'atalina mugaso, ate nga mulwadde.
   - Geraageranya enjawulo eriwo wakati w`ekisa kya Dawudi eri omulabe *n`obutaba na kisa* obwalagibwa omukulu Omwamaleki eri omuddu we Omumisiri—obutaba na kisa obwo bwakomawo ne buttisa Abamaleki bangi—mazima, "Katonda asasula obwesige."

C. *Enyiriri 21-25—Ebyaaliwo ng`entalo zaakaggwa* [SOMA]

1. Dawudi yakizuula nti "Katonda asasula obwesige" (**olunyiriri 23**—*"Mukama atuwadde"* obuwanguzi).
2. Abasajja 200 ne 400:
   - *Abasajja 200 baali bakooye nnyo, naye baali beesigwa mwekyo kye baali balinawo*—baakuuma ebintu (**olunyiriri 24**).
   - *Era baakola ng'abakuumi okuva emabega*—Zikulagi yali atwaliddwa kubanga Dawudi yali tataddeeyo basajja balwaanyi okukuuma ekibuga.
   - Mu lutalo olw`okununula emyoyo, abamu bagenda ebweeru (mu buminsani); abalala beetaagibwa okusigala emabega nga bawaayo ensimbi; n'abalala beetaagibwa okusigala nga bakuuma amaka.
   - *Abasajja 400 abaalwana baali ba mululu*—kasita baalowoozanga nti banaagufuna, ogwo omunyago gw'abanga *munyago gwa Dawudi"* (**olunyiriri 20**)—balaga nti *sente zaffe ziraga kiki ddala kye tufaanana.*
   - *Era abasajja 400 baali balabira kumpi*—mu ntalo eziddako, abasajja abo 200 baali bajja kwetaagibwa (abamu ku abo 400 bayinza okuba nga baali bakuumi)—naye baali beetegefu okuleka 1/3 eky`abalwaanyi ba Dawudi okuddayo.
3. "Katonda asasula obwesigwa," *naye akozesa abantu be okukola ekyo.*
   - Wano Katonda akozesa Dawudi *okulaga ennono n'okugituukiriza.*
   - Dawudi yateekebwamu obwesige kubanga teyakweka omunyago gwe—*yakulembera nga bw'awa eky'okulabirako.*

D. *Enyiriri 26-31—Ebyavaamu ebyatwaala ekiseera ekiwanvu.* [SOMA]

1. Dawudi naye yagabana ku munyago n`abakadde ba Yuda.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

2. Era yagabana ku munyago n`emikwano gye mu *"bifo byonna Dawudi yennyini n`abasajja be gye baateranga okugenda"* (**olunyiriri 31**).

- Dawudi bwe yali ng'adduka Sawulo, abantu bano baali bamulaze omukwano awamu n`okumubudabuda.
- Baali beesigwa gyali, mpozzi obulamu bwabwe ne babuteeka mu katyabaga.
- Kiyinzika okuba nti baali tebasuubira mpeera yonna, nga n`okwerabira beerabidde ebikolwa eby`ekisa bye baali bakoze.

III. <u>Okuteeka mu nkola awamu n`okwoolesebwa/empunzika (Ggwe/Ffe).</u>

A. *Okuteeka mu nkola (Ggwe)*

1. Embeera zonna—n`ezo ezirabika okuba ng'ezitaliimu, okufaananako ng'abasajja 200 abakoowu n'Omumisiri omulwadde—za mugaso.
   - Bw'obeera omwesigwa mu bintu ebitono, ekyo Katonda takyerabira (**Luk 16:10**).
2. Ekitulabikira okuba ng'ekitalina mugaso kiyinza okuba omukutu oba olujegere olutugatta ku kintu ekinene ennyo era eky'omugaso ("Olw'okwagala omusumaali").
3. Entegeera eno esaana okutulaga nti obulamu bwaffe obulabika ng'obutaliimu makulu awaka, oba ku ssomero, oba ku mulimu, si nti tebulina makulu n`akamu—naye bulimu amakulu.
   - Tuyinza obutalaba bibala oba empeera okumala ebbanga eddene (ng'abantu abaali mu Beseeri, Lamoosi ne Yatiiru), naye tetuggwaamu maanyi.
4. Kubanga Katonda akozesa abantu be okusasula obwesigwa, tusobola okunoonya ebikolwa eby`obwesigwa bw'abalala (nga Dawudi bwe yakola), ne *tubazzaamu amaanyi*, *n`okubamanya, n`okubawa empeera.*
5. Wiiki eno, tugezeeko okwetegereza n'okumanya—era n`okuwa empeera—ekikolwa kimu kyokka eky`obwesigwa obwakolebwa omuntu omulala: *Ani amanyi ekyo gye kiyinza okututuusa?*

B. *Okwoolesebwa/Empunzika (FFE)*

Kyandibadde kitya singa fenna tutandika okulowooza n`okukola engeri eyo?

1. Okumulumuunya awamu ne "nga ndabye" byalibadde bitono.
2. Abantu be tukola nabo, bayizi bannaffe, n'ab`emikwano, bayinza okulaba nti seewaayo eri obutaba na ssuubi oba obukaawu ng'abalala—ekyo kiyinza okumpa ekkubo eryangu ery`okwogera nabo ku Yesu.
3. <u>Lowooza ku ngeri gye kyalibadde kizzaamu omuntu amaanyi ne gye kyalimukubirizzaamu singa tumanya obwesigwa obw`abantu abalala:</u>
   - Ensi tekikola ekyo.
   - Awo ekkanisa weesobola okwawukana n'ensi.
4. <u>"Katonda asasula obwesigwa"</u>—Tatwerabidde oba okutubuusa amaaso. Katonda awa empeera obwesige. Ayagala kutukozesa ng`ebyombo bye ebikozesebwa mu kuwa obwesigwa bw'abalala ekitiibwa.

<u>EBYONGERWAKO J</u>

http://cecl.glcc.org/PDF/Lori_Carrell/sermons%20likley%20to%20succeed.pdf

<u>ENGIRI EZISUUBIRWA OKUTUUKA KU BILUUBIRIRWA</u>
Bya LORI CARRELL

Engiri zikyusiza ddala enzikiriza n'empisa? Waliwo okunoonyereza okugenda mu maaso okubikkula amazima amazibu.

Okunoonyereza okupya kuvumbula embala z'engiri ezikwata ku bantu lubeerera. Okunoonyereza okwo kwatandika n'okwetegereza awamu n'okubuuliriza okugeraageranya endowooza z'omuwuliriza n'ez'omusumba mu makanisa 102 mu ggwanga. Kati omulimu guno, oguyambibwa Lilly ng'akolagana n'Enkulungo y'Obusuffu mu Bukulembeze bw'Ekkung'aniro mu Lukung'aana lwa Green Lake, gweyongeramu amaanyi abasumba 52 ab'Ekipolotesitanti n'abawuliriza baabwe abasukka ku 5,000 bwe beetaba mu mulimu gw'okwekenneenya embuulira y'engiri. Ekyo ekyakava okuzuulibwa mu kunoonyereza okwo kiri nti abawuliriza balaba omugaso gw'okubuulira, era bagamba nti okubuulira engiri kitundu ku buweereza bw'ekkanisa ekisuubirwa okukola ku kukula kwabwe okw'omwoyo. Amazima gali nti, abawuliriza baagala ababuulizi baabwe era balangirira eky'omwanukuzi omu kye yayogera mu bigambo bye yawandiika, "Omusumba taweddeemu—temumutereeza!" Mu kaseera ke kamu, okwanukula kw'abawuliriza kulaga nti engiri eteri ya bulijjo yeeleeta okukyusibwa okw'olubeerera. Abasumba n'abawuliriza bakkiriza nti okukyusibwa okwo ky'ekigendererwa ekiva mu kubuulira enjiri, naye ate nga tekitera kubaawo. Okwekenneenya kw'engiri ezo ezitatera kubaawo "ezitera okukola obulungi" mu mulimu ogusoomooza ogw'okukyusibwa okw'omwoyo kulaga embala zino wammanga:

Engiri Ezituuka ku Kiluubirirwa Zikubiriza Okukyuka

Engiri ezituuka ku kiluubirirwa zizimbibwa ku kiluubirirwa ekiva mu Byawandiikibwa nga kyesigamizibwa ku kukyuka okwogeddwako mu ngeri etegeerekeka; ka tugambe, "Abawuliriza bajja kusabira abalabe baabwe" (Matayo 5:46-48). Mu ngiri ezitatera nnyo kukyusa abantu, okwanukula okuluubirirwa kuyinza obutayogerwako butereevu oba eyinza okutegeeza obutegeeza ("tegeera ekisa"), naye abawuliriza tebayinza kuzuulamu okuyitibwa okukyuka. Ekisanyusa, okunoonyereza kulaga nti abawuliria bakyamatira engiri ezitabasaba kukyuka, naye bakimanyi nti ekivaamu kuzzibwamu amaanyi, si kukula. Mu ngiri ezitalina nnyo maanyi, obudde bw'okubuulira obusinga bumalibwa mu kunyonnyola, ekintu ekikola engiri ezimanyisa obumanyisa okusinga okuba ezikyusa. Ekirala, okwanukula kw'abawuliriza kulaga nti ebyo ebibanyonnyolwa baba baabimanya dda. Abawuliriza bwe baba bamaze dda

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

okukkiriziganya n'ebiri mu ngiri, bayinza batya okusuubirwa okukyuka? Engiri ezituuka ku kiluubirirwa zisindika abantu okukola ekintu. Okusinga okumala gakubiriza abantu okubeera ab'enjawulo (eky'okulabirako, "Yyee, nalyagadde okubeera omuntu asonyiwa okusingako awo"), engiri ezikyusa abantu lubeerera zireeta ebirowoozo eby'okuteeka bye bawulidde mu nkola, nga zibuulira ku maanyi ga Katonda n'ekisa kye okusobozesa okukula okwo okw'omwoyo. Enkola ey'okutuukiriza ekyo bw'ebaweebwa okuyita mu ngero oba emitendera egimanyiddwa, okuyitibwa okukyuka kwandikola obulungi ssinga ebirowoozo ebikwata ku "ngeri y'okukikola" bibaamu.

Engiri Ezituuka ku Kiluubirirwa Zitegekebwa olw'Okuwuliriza

Engiri ezituuka ku kiluubirirwa zeezo abawuliriza ze bayinza okujjukira. Entegeka y'ebirowoozo ekola kinene mu kujjukira ebiba biwuliddwa. Okusinziira ku bawuliriza, engiri ezitegekeddwa obulungi eziyinza okujjukirwa ntono. Ababuulizi bangi, ekitundu ky'ebyawandiikibwa kye kibawa enzimba, olunyiriri olw'okubiri ne lugoberera olusooka, ne babuulira nga bayita mu kitundu ekyo, nga bwe banyonnyola ebirowoozo bye basangamu. Enkola ng'eyo eyinza okuvaamu ebirowoozo ebitabuletabule, ekintu abawuliriza kye bayita okujabulajabula wano na wali. Ebiri mu ngiri bwe birabika obutakwatagana, amaanyi ag'okuwuliriza, okusigala n'abantu, n'obusobozi obw'okukola ekintu bikendeera. Abawuliriza bwe baabuuzibwa kiki ekileetera engiri okuba enzibu okugoberera n'okujjukira, eky'okuddamu ekisookera ddala kyali "obuteetegeka."

Oluvannyuma lw'okwekenneenya ebyawandiikibwa, ababuulizi ababuulira engiri ezikyusa abantu lubeerera bamala obudde obw'okuteekateeka mu *kutegeka ebirowoozo mu ngeri abawuliriza gye bayinza okubigobereramu*. Engiri ng'ezo zizimbibwa olw'empuliziganya ekwatagana n'okuwulira; omubuulizi ayogera abawuliriza ne bawulira. Okulonda enzimba y'engiri eyeesigamizibwa ku bawuliriza mulimu mukulu ogukwatagana n'obukulembeze eri abasumba nga bwe banoonya okutwala abawuliriza eri okukula mu mwoyo. Ebitundu ebikulu eby'engiri ezitegekeddwa ku lw'abawuliriza birimu:

• Okuggulawo okukwata ebirowoozo by'abawuliriza okwekaliriza ebirowoozo by'abawuliriza ku mutwe ogw'ogerwako obulungi;
• ekiluubirirwa ekimanyiddwa eky'okukula mu mwoyo ekyogeddwako mu nyanjula;
• ensonga enkulu bbiri oba ssatu nga ziyungiddwa ebigambo ebiyinza okujjukirwa;
• ebiyunzi by'ebirowoozo wakati w'ensonga enkulu ezijja abawuliriza okuva ku kirowoozo kimu okugenda ku kirala;
• okuddamu okwetegereza obulungi okutaliimu ebigambo ebiteetaagibwa mu ngiri eyo; ne
• okukaka ebigambo ebisembayo ebikwatagana n'ekiluubirirwa eky'okukula mu mwoyo.

Engiri ezitegekebwa ku lw'abawuliriza zisigala ku mulamwa obudde bwonna, era zigenda wala. Okutegeka eky'okumanyisa abantu ku lw'okuwuliriza okulungi nakwo kulimu okweteekamu empisa mu kulondamu ebigambo ebirina okukozesebwa engiri zisobole okugenda ewala mu kifo ky'okubeera engazi. Engiri engazi zibeera n'embala ey'ensonga enkulu bbiri, okukwata ku mutwe ku ngulu, okuyitiriza okunyonnyola ensonga, ebirowoozo ebifaanagana ebileetebwa nga engero enjiiye, okudding'ana omutwe gw'ebyo by'obuulira, okukyuka okwa mbagirawo, oba obuwanvu bw'engiri obuteetaagisa. Mu ngiri engazi, amaanyi ag'okuwuliriza, n'agagirimu agakwata ku bantu gatera okuba matono. Engiri ezituuka ewala ziba ngagga mu bintu ebigirimu ebitava ku era mulamwa:

• ebisigala nga bitambula n'Ebyawandiikibwa;
• awatali kubuusabuusa ebiyunga omuwuliriza ku kiluubirirwa ky'okukyuka ekisuubirwa;
• ebiyamba abawuliriza okutegeera;
• ebyenkanyankanya amagezi ag'obwongo n'obusimo;
• ebiwa abawuliriza ebirowoozo ebibayamba okutuukiriza bye bawulidde; ne
• ebilangirira ekisa kya Katonda n'amaanyi ge okusobozesa abantu okukyuka.

Engiri Ezituuka ku Kiluubirirwa Zibuulirwa Bulungi

Engiri ezituuka ku kiluubirirwa ziyinza okubuulirwaabalina enkola ez'enjawulo ez'okubuulira, okuva ku musumba ayogera n'obukakkamu, n'ekisa okutuuka ku mubuuluzi akuma omuliro mu bawuliriza n'abateekamu okuyaayaana. Ekintu ekiriwo mu buli mbeera kwe kubuulira okutuusa enkolagana n'obusimo.

Wansi wa 2 ku buli kikumi ku basumba baanoonyereza ku ngiri ez'okwegezaamu nga boogera bwogezi. Obuzito bw'emirimu emingi bwe bubeetaagisa okubuwa obudde bwabwe, abasumba balaga nti okubuulira engiri si kye kimu ku bintu ebikulu ebirina okukolebwa. Abawuliriza balina endowooza ey'enjawulo, nga bagamba nti okubuulira engiri ddala nsonga nkulu. Na ddala, empisa ezimu ez'okubuulira (ka tugambe nga okusoma oba okunyonnyola okuyinza okusuubirwa) zileetera abawuliriza okulabika nti omusumba "tafaayo." Engeri gye twogeramu ebyo bye twogera ewa amaku agalimu enkolagana n'obusimo. Mu bugenderere oba mu butali bugenderere.

Engeri omusumba gy'ayogeramu ebigambo by'engiri etuusa omutima gwa Katonda gwennyini eri abantu ba Katonda. Okubuulira era kutuusa obusimo bw'omusumba obukwata ku bawuliriza, omutwe gw'ebyo by'ayogera, n'ekikolwa eky'okubuulira.

Oluusi abasumba abakola ennyo okubuulira (oba okuyigiriza) engiri mwe banyonnyolera ebintu mu ngeri enyangu, eya bulijjo n'etegeerekeka" bamalamu ebigambo amaanyi mu butali bugenderevu. Ku ludda lw'okunoonyereza okwo okugenderera okuzuula "obusuffu" bw'abasumba "obw'enjawulo", "enkozesa y'olulimi ey'amaanyi n'esindika abantu okubaako kye bakola" ge gaali amaanyi agatatera kulabika. Ennonda y'ebigambo erina ky'ekola ku kujjukira kw'abawuliriza ne mu kubawa amaanyi okubaako kye kola. Abawuliriza bayaayaanira "okulung'amizibwa" nga kimu ku bintu ebibayamba okukula mu mwoyo; abawuliriza era bazuula engiri ezirimu enkozesa y'ebigambo ey'amaanyi nga ezilung'amya okusinga ezo ezikozesa olulimi olunyonnyola. Obumanyirivu mu nkozesa y'ebigambo ebitonda ebifaananyi ebitegeerekeka era ebirabika; ennonooganya y'ebirowoozo by'abawuliriza ng'okozesa ebigambo ebikola enjogera ey'ebifaananyi mu kifo ky'omulimu omunene ogw'omwoyo; okutabula emyoyo gy'abawuliriza n'ebigambo ebibacamula ng'ofuula ebigambo, okozesa ennyiriri ezikkiriganya, n'ebigambo

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ebiwulikika ng'ebintu bye bitegeeza—byonna biyinza okusangibwa so si mu ngiri ezikwata ku bantu lubeerera zokka, naye ne mu kubuulira Yesu mu lujjudde lw'abantu.

Engiri Ezituuka ku Kiluubirirwa Zigatta Wamu Endowooza z'Abawuliriza

Engiri ezisaamu ekitiibwa mu bulamu bw'abawuliriza ne zibugatta awamu zitera okutuuka ku kiluubirirwa kyazo ekikulu. Eno abasumba nga bafaayo nti okuyaayaana kw'abawuliriza okuweebwa 'ekyo ekibakwatako' kwandiba okuyaayaana okwawukana n'Ebyawandiikibwa, abawuliriza banyonnyola obwetaavu bwabwe mu ngeri ez'enjawulo. Kubanga 78 ku buli kikumi ku bawuliriza teboogerangako n'abasumba baabwe ku ngiri, tekyewuunyisa okulaba nti endowooza z'abantu ku nsonga eyo zaawukana nnyo. Abasumba abasinga teboogera ku ngiri nga tezinabuulirwa oba oluvannyuma lw'okuzibuulira, ate nga bonna basuubira ebibala eby'okukyuka kw'obulamu mu bawuliriza. Ekivaamu, abasumba bangi bateekateeka engiri nga basinziira ku bye balowooza ku bawuliriza eby'awamu (eky'okulabirako, omuwendo oguteeberezebwa ogw"abanoonyi") naye ne bagenda mu maaso nga tebalina kutegeera kwonna ku ndowooza z'abawuliriza ku nsonga gy'alonze okwogerako oba ekitundu ky'ebyawandiikibwa ky'akutte.

Abasumba bayinza batya okugenda ewala okusukka ku bye balowooza obulowooza mu kuyunga ebiri mu ngiri zaabwe n'abawuliriza? Omulimu ogukwatagana n'engiri ezituuka ku kiluubirirwa kwe kwogera ku ngiri okukolebwa ekibiina ky'abantu nga engiri tennabuulirwa omusumba "mwawulirira abawuliriza." Mu kwogera okw'ekika ekyo okwetegeka kw'omusumba kw'ongezebwamu amaanyi olw'okwogera kw'abawuliriza ku ngeri ebyawandiikibwa by'engiri ejja oba omutwe gw'ebyo ebigenda okwogerwako gye bisisinkanamu n'eng'endo zaabwe ez'omwoyo. Okunoonyereza okwo kulaga nti okuwuliriza ng'okwo kuyinza okwongera amaanyi g'engiri ag'okukyusa abantu mu ngeri...

- **y'okuteekamu ebirowoozo ebiggya mu ngiri (obwetaavu obwa waggulu okusinziira ku basumba);**
- **y'okwongeramu amaanyi g'engiri agakwata ku bantu (obwetaavu obwa waggulu okusinziira ku bawuliriza);**
- **y'okwongera amaanyi agateekebwa mu kuwuliriza mu kiseera eky'okubuulira engiri;**
- **y'okwongera okubeera ku ekyo ekikwatibwako n'obudde bwe batwala nga bawuliriza ebyo abantu bye bagamba oluvannyuma lw'okubuulira engiri; ne**
- **y'okuwa abasumba amaanyi mu buntu ne mu bukugu okuyita mu buwagizi bw'abawuliriza n'okusaba mu budde obw'okuteekateeka engiri.**

Yyee, engiri zisobola okukyusa enzikiriza z'abantu n'empisa zaabwe, naye ate waliwo bingi eby'okuyiga okuva eri abawuliriza n'ababuulizi abeetaba mu kunoonyereza kuno okw'embuulira y'engiri ekyusa abantu. Amayengo gano agasooka ag'ebizuuliddwa ebitangaaza embala z'engiri "ezituuka ku biluubirirwa" ganonooganye ebirowoozo byo, goongere amaanyi mu kusaba kwo, ne mu kukyusibwa kwo okw'olubeerera.

LORI CARRELL, *Ph.D., (Omukenkufu mu Buyigirize obukwata ku Mpuliziganya mu Ssettendekero lya Wisconsin-Oshkosh) ye muwandiisi wa* The Great American Sermon Survey *(1999) era kati akulembeera okunoonyereza ku "Mbuulira y'Engiri Ekyusa" mu bantu abeenyigira mu Kifo ky'Obusuffu mu Bukulembeze bw'Ekkung'aniro n'Obuwagizi bw'ensimbi okuva eri Lilly, Ekifo ky'Enkung'aana ekya Green Lake, n'enkola eya UW.*

EBYONGERWAKO K

http://cecl.glcc.org/PDF/Lori_Carrell/wasting%20time.pdf

OYONOONA OBUDDE BWO OBW'OKUTEEKATEEKA ENGIRI?
Bya LORI CARRELL

Eno nga bw'anyiga ekipiira mu mukono gumu nga n'eno bw'asambasamba ekigere, mukwano gwange omusumba yannyanukula mangu bwe namubuuza ku ky'okuteekateeka engiri: "Siyinza kufuna budde bulala, n'olw'ekyo tewali nsonga ya kukyogerako!" Eri abo ababuulira, okunyigirizibwa mu kuteekateeka engiri kye kintu ekibeera kijja obutalekaayo. Okunoonyereza okubaddewo ennaku zino ku "kufissaawo ku budde obw'okuteekateeka engiri" kuvuddemu enyanukula ezisukka ku 50,000. Naye okunoonyereza kwaffe kwalaze nti mu kifo ky'okugezaako okuteekateeka engiri mu budde obutamala, kiba kya mugaso okwebuuza "Nnyinza ntya okukozesa mu ngeri esinga obulungi obudde obutono bwe nnina obw'okuteekateeka engiri?" Ekibiina ky'abasumba abeewandiisa mu Kifo ky'Obusuffu mu Bukulembeze bw'Ekkung'aniro mu Kifo ky'Enkung'aana mu Green Lake n'enkumi z'abawuliriza baabwe, olw'ekisa batuwa akakisa akatabangawo okuyiga okuva ku bumanyirivu bwabwe. Tukkiriza wamu nabo nti okubuulira engiri bulijjo kulina okuvaamu enkyukakyuka ey'olubeerera mu bulamu bw'abantu. N'olw'ekyo tugezaako okunoonya kiki ekikola, nga tukozesa ebyo abawuliriza bye batuddiza nga ekipimo ky'ekyo engiri ky'ekoze. Mu kitundu ekyo eky'okunoonyereza, abasumba baakuuma bulungi empapula eziraga obudde obw'okwetegeka n'ebyo bye baakola mu kugezaako okuteeka amaanyi agakyusa mu ngiri zaabwe. Kye twazuula kiri nti *engeri* abasumba gye bakozesaamu obudde bwabwe obw'okuteekateeka engiri nsonga nkulu okusinga *obungi* bw'obudde bwe bakozesa.

Ebikolwa Ebitera Okubaawo

Oyinza okuba nga weebuuza ku ngeri okwetegeka kwo okugenda okubuulira engiri gye kugeraageranyizibwamu n'ebikolwa ebitera okukolebwa ababuulizi abalala. Ekintu ekisooka ky'olina okumanya kiri nti abasumba abalonda omutwe gw'engiri mwezi gumu nga tebannabuulira engiri eyo n'abo abalinda okulung'amya kw'ekiro ky'olw'omukaaga bonna bakkiriziganya ku kintu kimu: *Teri* budde bumala obw'okwetegeka.

Kitwalira ababuulizi abasinga budde ki okutegeka engiri zaabwe?

Obudde nga buva ku ssaawa ttaano okutuuka ku 20, obudde obwa wakati obw'okwetegeka butera kuba wakati

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

w'essaawa 12 ne 13 mu wiiki. Naye ababuulizi bangi banyonnyola "okubeera n" ebiwandiiko mu wiiki yonna—ng'onaaba, ng'okubiriza olukiiko olulimu abantu abatayagala kukyusa, oba ng'oli ku lugendo.

Abasumba bakola ki mu budde obw'okutegeka engiri?

Kumpi bonna baamala obudde bwabwe obw'okutegeka nga buli omu ali yekka, basoma Ebyawandiikibwa nga bwe bateeka ebyo bye bayize mu bufunze. Ebintu ebikolebwa mu ttuluba ery"okusoma Ebyawandiikibwa" birimu okwekennenya Ebyawandiikibwa, okwetegereza ebitundu by'ebyawandiikibwa by'oliko byonna, okugeraageranya n'ennyiriri endala, okusoma ebitabo ebinyonnola, n'okunoonyereza ku bigambo eby'omugaso. Ebintu ebirala eby'okukola birimu okuddamu okwetegereza bye wawandiika n'okubilongoosaamu (57 ku buli kikumi), okwogera ebyo by'owandiise nga bw'obidding'ana mu mutima gwo (47 ku buli kikumi), okusoma ebitabo ebikwatagana n'ensonga gy'ogenda okubuulirako (47 ku buli kikumi), n'okutonda ebirabika (36 ku buli kikumi).

Eby'okukikolera Ebitali bya Bulijjo

Okunoonyereza kuno nga kugenda mu maaso, abasumba baateeka mu nkola ebintu bye baalina okukola ebikwata ku kwetegekera engiri okufuula okubuulira kwabwe okw'ekika ekikyusa abantu. Newakubadde obudde bwe baamalanga bwe bumu, baakyusanga ku ngeri gye baabukozesangamu. Abasumba baakendeezanga ku budde bwe baamalanga mu kusoma ebitabo ebirala ebikwata ku nsonga gye baaliko, okulaba ebintu ebikwata ku nsonga eyo, n'okulongoosaamu ku bye baali bategese. Mu kifo ky'ebyo, baakola ki? Wano wammanga waliwo ebintu bina ebikwata ku kwetegeka ebyabayamba okutegeka engiri abawuliriza ze baasanga nti zikyusa abantu.

1) Okumanya obulungi ekigendererwa ky'engiri

"Okusoomoozebwa kwange okukulu kwali kubeera nga nnina kye ng'enderera era nga nsigadde ku ekyo engiri ky'esaba abantu okukola."

Oyinza okumpa amannya g'okwanukula okwali kuluubirirwa mu ngiri zo essatu ezaakabuulirwa? Abawuliriza bo bayinza okukola ekyo? Abasumba abasinga basobola okuwa emitwe gy'engiri gyokka, Ebyawandiikibwa bye baakozesa, oba ebirowoozo abawuliriza bye balina okuba nga *babitegeera* kati. Abasumba mu kunoonyereza okwo baagamba nti okubeera n'ekiluubirirwa ekitegeerekeka kuwa okuloowza kwabwe ekifaananyi mu budde obw'okutegeka engiri. Okusooka, nga bwe weetegereza Ebyawandiikibwa, kola nga ogenderera okwogera ku mutwe gw'engiri ogutegeerekeka, ogukubiriza abawuliriza okubaako kye bakola, ogukkiriziganya n'Ebyawandiikibwa. Omutwe ogwo bwe gumala okuzuulibwa, kkiriza ekiluubirirwa ky'okwanukula ekimanyiddwa, ekirina okusuubira okw'amaanyi okubaawo. Obudde obw'okwetegeka obumalibwa mu kukolawo ekiluubirirwa eky'okukula mu mwoyo kikendeeza ku budde obumalibwa mu kutereeza by'otegese era buvaamu ebintu ebisigala ku mulamwa mu ngiri. Obudde obw'okwetegeka obukozesebwa mu ngeri eyo busasulibwa mu nkyukakyuka ekoleddwa mu bawuliriza.

2) Eby'okukola ebikuyamba okukula mu mwoyo

"Nali neetaaga okulekera Omwoyo Omutukuvu ekifo akole."

Abasumba bangi baakizuula nti baali bavudde ku ng'endo zaabwe ez'omwoyo. Abo abaakola enkyukakyuka ku ludda olw'okwetegekera engiri baakizuula nti obwesigwa bwabwe bwali bweyongedde, n'okulung'amizibwa kwabwe, nga bafunye n'amaanyi amaggya. Enkyukakyuka zennyini mu kubuulira ezaalabika okugoberera ebintu ebyo ebitali bya bulijjo ebikolebwa mu kwetegekera engiri zaali za njawulo: Abamu beeyongera okulabisibwa kubanga obutangaavu bwali tebuliiwo, ate nga abalala, okulabisibwa kwakendeera kubanga okwetegeera kwakendeera. Awatali kufa ku nkyukakyuka ezo, abasumba nga bwe beeyongeranga okutwala obudde mu kufumiitiriza, okukuuma ebiwandiiko ebiraga ebigenda mu maaso, oba okusaba ok'womu, abawuliriza boogera ku maanyi g'engiri ageeyongedde ku bulamu *bwabwe* obw'omwoyo.

3) Okwegezesaamu ng'okozesa bigambo

"Emyaka nga bwe gyekulungula, ntataaganyizibwa ebintu ebinkooya ebinzija ku kutegeka engiri—ate nga malala. Mu kulowooza nti mmanyi kye nkola, neeyongera okutwala obudde obutono nga ntegeka. Nnali sirowooza nti neetaaga okwegezesaamu ng'okozesa bigambo. Nali mulungi ekimala."

Abasumba abasinga bagaana okukozesa obudde obw'omugaso obw'okwetegeka mu kulongoosa engiri. Newakubadde kituufu okugenda nga oddamu okwegezesa okubuulira engiri eyo kulongoosa enkozesa y'olulimi n'okwogera obulungi, ekyo si ky'eky'omugaso ekisinga ekyazuuliddwa. Okukyuka okuva ku kwegezesaamu *okw'omunda* ("okugenda nga weegezesamu okubuulira okwo mu mutwe gwo") okudda ku kwegezesaamu ng'okozesa *bigambo* kulina kye kukola ku nteekateeka yo. Okwogera n'eddoboozi ery'omwanguka kuyamba ababuulizi okutereeza obulungi ensonga enkulu, okusigala ku mulamwa, okwewala okukyukakyuka, okuzimba engeri amakubo ag'okukyuka, okufuula enyanjula n'okuwunzika, ebirimu amakulu mangi okusinga era ebisoomooza, n'okukozesa obudde bwabwe obw'okutegeka engiri mu ngeri esinga obulungi. Abawuliriza bagamba ki? Engiri ezisinze okutegekebawa obulungi z'engiri ezisinga okukyusa abantu.

4) Okwogera n'abalala

"Mmala obudde bungi obusukkiridde nga nkola ku ky'okwebuusabuusa nga bwe nneebuuza ku mugaso gw'ekyo kye nkola. Nneetaaga birowoozo bipya. Nninda okulung'amizibwa naye ate nina okufuba okulaba nti ekyo kikolebwa. Mulimu gwa kubeera ng'oli omu."

Eri abasumba abatono aboogerako ne bakazi baabwe ku ebyo ebiri mu ngiri gye baba bategese, abawuliriza, oba abasumba abalala, amaanyi g'engiri geeyongera. Kubanga abasumba batono batwala obudde nga bakola ekyo, okubikkulirwa okwo kwe kusinga okubuusibwabuusibwa. Naye weetegereze: Abawuliriza nga bwe bayaayaanira eky'engiri okuba nti ebakwatako n'abasumba nga basuubira okulongoosa ekintu kye kimu, nga beetaba mu kwogera ku

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ngiri zaabwe n'abalala nga tezinnabuulirwa, kuyinza okuwa amaanyi entekateeka y'engiri n'amaanyi gaayo. Okwogeramu ne bakazi baabwe ne bannaabwe (wadde okuyita mu masimu) nakyo kikola enjawulo. Okubuulira engiri kye kintu ekikolebwa eri *abantu abangi;* okwetegeka ng'oli wekka mu kifo ekikusifu kuyinza obutakola bulungi kimala.

Oyagala engiri yo okubeera n'amaanyi mangi? Oyinza obutaba na budde busingako awo obw'okugitegeka, naye osobola okukozesa obudde obwo mu ngeri ey'enjawulo. Enkyukakyuka ng'ezo zireeta omulimu munene. Omusumba omu agamba, "Buli wiiki tusaba abantu okukyuka, naye ate okukyusa empisa zange ez'okubuulira ky'ekyali ekintu ekizibu okusinga bwe nali ndowoozezza." Mu kufuba okukola ku kunyigirizibwa okwo n'okuwa engiri amaany g'oyinza okugiwa, lowooza ku bikolwa bino ebitali bya bulijjo mu kutegeka engiri, era osabire ebibivaamu ebitali bya bulijjo.

LORI CARRELL *mukenkufu mu by'empuliziganya mu Ttendekero Ekkulu erya Wisconsin-Oshkosh. Agenda mu maaso n'okunoonyereza kwe n'abasumba aba CECL (cecl.glcc.org). Laba "Dr. Lori's Blog" ku mukutu askgodtv.com*

EBYONGERWAKO L

http://cecl.glcc.org/PDF/Lori_Carrell/not%20so%20simple%20sermon%20solutions.pdf

EBY'OKUKOLERA ENGIRI EBITALI BYANGU

Bya LORI CARRELL

Onoonya amakubo amangu ag'okuwa engiri yo amaanyi? Koma awo—kubanga tegaliiyo. Okunoonyereza kwaffe ku by'empuliziganya nga bwe kugenda mu maaso, ekintu kimu kitegeerekeka bulungi: Teri kintu kyangu ky'oyinza okukikolera. Wabula, lowooza ku kwewaayo okulimu okwemanyiiza okukola ekintu, okw'ekiseera ekiwanvu, so si kumala gakikola. Okkiriza nti okubuulira kulina kuvaamu okukyusibwa kw'obulamu bw'abawuliriza, amakanisa, abantu abali mu kitundu, n'obuwangwa? Okubuulira *kwo*, si kubuulira eri abantu okutwaliza awamu? Oli mwetegefu okusoomoozebwa okwongera amaanyi agakyusa abantu mu ngiri yo? Oba bwe kiri, wano wammanga waliwo eby'okukikolera ebitali byangu—ebisinga ku byo nga byetaaga okwenyigiramu kw'ow'omukwano omwesigwa.

Twala Okubuulira nga Ekintu Ekikulu Ekisookerwako

Okukyuka kwonna kweetaaga okuteekebwamu amaanyi. Eky'okulabirako, bw'oba omumativu n'obusente obutono obuba bweyongeddeko, tebugenda kuvaawo. Omusumba omu yakkiriza nti essuubi lye lyali likendedde mu myaka egyo egiyise, n'okubuulira kwe nga kufuuse "omulimu gw'okukuuma ebiriwo." Abawuliriza mu ggwanga lyonna baaliweddemu amaanyi singa bawulira ekintu ng'ekyo. Basuubira okubuulira engiri okubeera omulimu gw'omusumba waabwe ogw'obukulembeze ogusinga okubeera ogw'omugaso. Ggwe biki by'osuubira? Osabiddwa okuyimirira mu kifo kya Yesu obuulire ekigambo kya Katonda kyennyini. Oli mumalirivu oba oli mumativu n'ebiriwo? Ekintu ekileetera abantu okukyuka ky'ekiseera eky'akabi, naye okumanya okuyitibwa kwo nakyo kikuwa amaanyi. Katonda yakuyita okubuulira engiri? Ddamu okuzza obuggya omulimu ogwo.

Beera wa Mazima mu ebyo Ebivaamu

Bw'oba oyagala okukola enkyukakyuka mu kubuulira kwo, tandika n'okukola olukalala lw'obuyambi obukuweebwa ow'omukwano otwale n'obudde ng'ofuna okumanyisibwa ne feedback. Kiba kya mugaso nnyo okukola bino wammanga okumalako Ssabbiiti eziwera bw'oba oyagala okwekenneenya obulungi okutegeka kw'engiri yo n'ebinaakuvaamu.

Pima Enkozesa y'Obudde bwo obw'Okutegeka Engiri.

Nga omufumbi bw'alina okulabirira ebika by'emmere by'alina okufumba n'engeri gy'abifumbamu, weetaaga okukuuma obudde bwo obw'okutegeka engiri ne by'okola. Kiki ky'okola mu budde bwo obw'okutegeka engiri? Otwala budde ki okukikola? Do you ruminate when driving? Oteeka amafuta mu mmotoka yo eno nga bw'owuliriza ku nyimba? Okusaba kusisinkanira wa n'ekyo ky'okola? Okumanya ekyo ekiyinza okukukolera, yogera ku nkola zo ez'okuteekateeka ne mukwano gwo eyakkiriza okukwatagana naawe mu mulimu.

Engiri zo ziteeke ku ntambi era ziwulirize.

Ne bwe kikwetaagisa okweyazika oba okugula ebyuma otendeke omuntu okukwata engiri zo ku ntambi, kikole. Kimanye nti olutambi olubi telujja kukukolera bulungi (teebereza ng'oli mabega w'ekituuti). Kati waliwo eky'okukola ekizibu: Funa seppiki y'emberenge ne mukwano gwo oyo omwesigwa owulirize engiri zo. Gezaako okwetwala nga omuwuliriza, so si nga apima obulungi bwayo. Buuza, "Katonda yayogera atya okuyita mu mubuulizi ono?" Teeka mu buwandiike by'olowoozezzaako obyogereko ne mukwano gwo.

Saba abawuliriza bakuwe okwanukula kwabwe ku ngiri zo era kulowoozeeko.

Kolayo okunoonyereza okutonotono ng'obuuza abawuliriza bakubuulire kye bagamba ku ngiri zo (kino tekitegeeza kukolokota okubuulira kwo). Buuza ebibuuzo nga "Kiki ky'ogamba ku ngiri eno?" oba kola olukalala lw'ebibuuzo abawuliriza bye bakkiriziganyako ne bye batakkiriziganyako. Eky'okulabirako, "Engiri eyo yanzijukizza ekintu kye nnali nakkiriza; nsuubira okubaako ky'enkola oluvannyuma lw'okuwulira engiri eyo; oba, Nsazeewo okukyusa bye nzikiriza." Leka abawuliriza basigale nga tebakuwadde mannya gaabwe, osabe omuntu okunoonya okwanukula kwabwe. Yogera ku ebyo ne mukwano gwo omwesigwa, nga bw'onoonya emilamwa.

Copyright © 2007-2014 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Kola Enteekateeka Eyeesigamizibwa ku Maanyi

Ng'olina okukkiriza nti Katonda akuyise okubuulira, weetegereze ebivudde mu kunoonyereza kwo omanye amaanyi go mu kubuulira. Mu mulimu gwaffe ogw'okunoonyereza nga tubuuza ebibuuzo, tugenderera okumanya "obusuffu obw'enjawulo" obwa buli mubuulizi, katugambe nga ku bino: okubeera omuntu asaanidde, okutegeerekeka, ekisa, obuvumu, okuyiiya, okubeera omwangu mu kuteeka ekintu mu nkola, okubeera n'obusobozi obw'okutegeera mangu, okubuulira okulung'amya, obwangu bw'obw'ongo, enkola erimu okukolagana n'abalala, enkozesa y'olulimi, amazima ag'okukkiriza, okubuulira engero, okunonooganya ebirowoozo, okwolesebwa, oba amagezi. Ne bw'oba nga tolina bantu b'okola nabo omulimu gw'okunoonyereza, mukwano gwo omwesigwa asobola okuba ow'omugaso gy'oli mu kumanya amaanyi g'olina. Newakubadde oyinza okwagala okwekaliriza enteekateeka yo ku kwetegereza obunafu bwo, enkola yaffe ennungi ekusaba okutandikira ku maanyi g'olina nga bw'ogenderera okutuuka ku kiluubirirwa eky'okukyusa abantu mu kubuulira kwo. Wano waliwo eby'okulabirako ebiwerako okuva eri abasumba mu kunoonyereza kwaffe:

• *Okuzimba obusuffu bwange obw'enjawulo mu kubuulira engero, nja kulaba nti buli kiseera nkozesa engero mu ngiri zange nga ekitundu ekiwagizi mu ngiri yange*

• *Okuzimba obusuffu bwange obw'enjawulo okumpa okutegeera n'okunonooganya ebirowoozo byange, nkozesa amagezi ago so si mu kwekenneenya n'okunyonnyola ebyawandiikibwa kwokka naye ne mu kukozesa ebirowoozo ebikwata ku kukula abawuliriza bange kwe bayayaanira.*

• *Okuzimba obusuffu bwange obw'enjawulo mu kuwa ensonga, nja kugenda mu maaso n'okuwa, a linear summary okusobola okukuuma okutegeerekeka kwange abantu bangi kwe basiima—naye nja n'okufuba okulaba nti nteekamu enkola ez'enjawulo ez'enteekateeka mu ngiri zange. Kino kijja kwongera amaanyi n'okussangayo omutima mu bawuliriza abalowooza era abayiga mu ngeri ey'enjawulo okwawukanako nange.*

Okwewaayo Okulaganga by'Okola olw'Okukuyimirizaawo

Ka tuddeyo eri ekifaananyi eky'omufumbi kye twalabye waggulu. Ssinga wabaawo omuntu akebera by'okola omulundi gumu mu wiiki, kikubeerera kyangu okutuuka ku kiluubirirwa kyo. Abatendesi bo ne banno abalabirira omulimu banyiriza ebiluubirirwa. Okunoonyaayo babuulizi banno kuyinza okuba eky'omutawaana ennyo eri abasumba abaagala okukola ebintu bokka, naye ate nga kino kya mugaso nnyo. Abasumba abaali mu kunoonyereza kwaffe abasobodde okutandika okuwa engiri ezikyusa abantu babadde babuulira ekibiina ky'abantu oba ow'omukwano ku ntegeka zaabwe, nga buli omu alina engeri gy'awagiramu munne okuyita mu mulimu gw'okukyusaamu.

N'olw'ekyo, noonyaayo omubuulizi omulala okubeera munno gw'onoobuuliranga ku by'okola. Muteeketeeke ebiseera eby'okwogeranga ku kubuulira, ne bwe kiba nga kibeetaagisa okwogeranga okuyita mu bbaluwa, era musabiraganenga olw'ekyo engiri zammwe kye zigenda okukola mu bantu. Ekirala, noonya ekibiina ky'abasumba boonoosisinkananga nabo mwogere ku kubuulira ku busonga obusirikitu ku Katonda oba obutali bukulu bwe musanga. Omusumba omu eyaakatweyungako agamba, "Kiyiteko. Toyinza kuba omusumba yekka ali mu kitundu kyo agoberera Kristo…guno mulimu gwa bwakabaka. Mwoli?"

Oyinza okuba nga okyebuuza, "Naye *okakasa* nti teri kintu kyangu kye tuyinza okukikolera? Eky'okusooka, nneesiga Omwoyo Omutukuvu mu kukola omulimu gwa Katonda nga nkozesa buli kintu kye mba nnina ku kituuti." Naye nga tonnabeera mumativu mu ekyo, weebuuze, "Nkoze buli kimu kye nsobola okukola nga nkozesa ebirabo n'amagezi Katonda by'ampadde?" Oluvannyuma lw'okumala emyezi ena nga nteeka mu nkola enteekateeka zange ez'okukola emirimu, munnange omu yansiindikira akabaluwa ng'agamba: "Mmaze ebbanga ggwanvu nga mbuulira bw'entyo. Okukyusaako kubadde lutalo lunene, naye ate ne kintuukako—Nsaba abantu okukyuka buli wiiki."

LORI CARRELL *mukenkufu mu by'empuliziganya mu Ttendekero Ekkulu erya Wisconsin-Oshkosh. Atandika omutendera omupya ogw'okunoonyereza ku ngiri omuli okutendekebwa mu mpuliziganya wakati w'omubuulizi n'omuwuliriza. Ebyo waggulu bya musanvu ku lukalala lw'ebivude mu kunoonyereza mu Kifo ky'Obusuffu mu Bukulembeze bw'Ekkung'aniro ekiteekebwamu amaanyi Lily. Abeetaba mu mulimu guno bayinza okufuna eby'emabegako mu kung'aniro ly'ebitabo ery'eby'emabegako ku Rev.org.*

OMUWANDIISI

Jonathan Menn abeera Appleton, WI ekya America nga yasoma bya bufuzi eby'ekikugu mu ssettendekero wa Wiscionism Madison gye yafuira ddiguli mu mwaka gwa 1974, era bw'atyo yawandiisibwa mu ttyendekero lya Phi Beta Kappa gye byatyandika okukolera. Bwe yava n; agenda asoma ddiguli esookerwako mu by; amateeka mu ttendekero lya Comell era nga lino litendeka bannamateeka, ng'ali eno yayitira waggulu ddala mu mwaka gwa 1977, ng; avudde eyo, yawandii-sibwa mu Order of Coif era nga na lino ttendekero lya bannamateeka. Bwe yava awo yatandikira ddala okukola emirimugye nga mummamateka omutendeke okumalira ddala emyaka 28 mu Chicago, oluvannyuma, yeegatta ku bannamateeka banne mu kitongole kya MennLaw Firm mu Appleton, WI. Katonda nga bw'ali omulamu, mu 1982, yakkiriza era n'ayatula Kristo ng; omulokoziwe. Teyaggya okwo, yeeyongerera ddala okwagala okumanya Katonda era n; obuweereza, kye yava asoma ddiguli ekwata ku by; enzikiriza mu ssettendekero wa Trinity Evangelical Divinity School nga lisangibwa mu Deerfield, IL. Awo we yava ne yeegatta ku ttendekero lya TEDS, Summa ne yeeyongera okukuguka mu nsongha z; enzikiriza era ngali eno yakbira waggulu ddala nnyo n; atikkirwa mu Muzigo wa 2007.Okuva mu 2007okutuuka mu 2013 ye yali akulira ekitongole ekiyitibwa Equipping Pastors International. We twogerera, Jonathan y; akuliraekitongole ki Equipping Church Leaders -East Africa (**www.eclea.net**). Awandiise ebitabo bingi ebisomesa ku Bayibuli nga biri ne ku Mitimbagano ku kibanja **www.eclea.net**. Osobola n; okumuwandiikira ku ndagiriroye eno: **jonathanmenn@yahoo.com**.